# YIMIRIRA!

Ekitabo ekirambika abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu Afirika ku kwerinda kwabwe

DEFENDDEFENDERS.ORG

DEFENDDEFENDERS

East And Horn Of Africa Human Rights Defenders Project

# Yimirira!

## Ekitabo ekirambika abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu Afirika ku kwerinda kwabwe

Kifulumiziddwa mu February 2017

East and Horn of Africa Human Rights Defenders Project |Human Rights House Plot 1853

|Lulume Road |Nsambya |P.O. Box 70356 |Kampala |Uganda

**Essimu**: +256 (0)393 265 820 |+256 (0)414 510 263

**E-mail**:program@defenddefenders.org |executive@defenddefenders.org
**Omukutu gwa yintaneeti:**www.defenddefenders.org

Ekitabo kino kisangibwa ku yintaneeti ku mukutu: www.defenddefenders.org/our-publications

Kifulumizibbwa n'obuyambi okuva mu bitongole okuli: Open Society Initiative for Eastern Africa (OSIEA), Swedish International Development Cooperation Agency (Sida) n'ekya Soleterre - Strategie die pace ONLUS.

Kiwandiikiddwa ab'ekitongole ky'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ekimanyiddwa nga *DefendDefenders (East and Horn of Africa Human Rights Defenders Project)*.

Ekitabo kino ekiri mu ngeri ya alipoota kigabibwa awatali kusasulirwa.

Omulimu guno guli wansi wa layisinsi y'etteeka ly'ensi yonna erikkiriza ebiyiiye okusaasaanyizibwa ku bwereere (*Creative Commons Attribution 4.0 International License*).

CC BY NC ND

Yimirira! Eddembe ly'amaka gaffe, ery'ebitundu bye tubeeramu n'ery'abatuuze bannaffe liteekeddwa okukuumibwa era ggwe oteekeddwa okulirwanirira! Batuuze bannaffe, ab'omu maka ne mu bitundu byaffe balina okubeera mu mirembe, okwetaaya, okwogera awatali abakuba ku mukono, okubeera mu bifo ebiyonjo era ebirimu obulamu, okwetaba mu nteekateeka z'okwesalirawo n'ebiringa ebyo. Mu bufunze, bateekeddwa okweyagalira mu bisuubizo amawanga gaabwe bye gaatongoza mu nzikiriziganya y'ensi yonna eyassibwako emikono ku kutakabanira eddembe ly'obuntu (Universal Declaration of Human Rights).

Wadde ng'ekyo kiri bwe kityo, eddembe lino terimala gafunika mu Afirika. Okulwanirira eddembe ly'obuntu si 'kulya mungu buteesokoola'. Abalwanirizi b'eddembe okwetooloola olukalu lwa Afirika batiisibwatiisibwa, batulugunyizibwa, basibwa mu makomera, bamenyebwamenyebwa n'okuttibwa ne battibwa olw'endowooza zaabwe n'omulimu gwe bakola mu kulaba ng'embeera ekyuka.

Waasomyeko kko ku mawulire n'olaba? Mu mawanga ga Afirika nga bwe gasengekeddwa okuva ku lisooka ku lukalala mu kugoberera ennyukuta A okutuuka ku Z; kwe kugamba okuva ku Algeria okutuuka ku lisembayo erya Zimbabwe, tulaba engeri ez'enjawulo abantu mwe banyigirizibwa ne batabaganya kwetaaya bokka na bokka, okukuŋŋaana n'okwogera kwebyo ebibaluma. Wadde waliwo ejawulo mu kunyigirizibwa, ekituufu kiri nti ne mu mawanga agali yaddeyaddeko mu by'eddembe abantu we balabika ng'abeetaaya, era ojja kusangayo kiremya naddala ssinga ogezaako okwekiika mu 'kkubo ly'omugaati' gw'abalina obuyinza.

Olina eky'okweyambisa ky'okutte mu mikono gyo kikutaase okugwa mu bulabe obukwolekedde mu kkubo lyo erikutuusa ku biruubirirwa byo. Kikozese okwongera okutegeera ebikulemesa n'ebikuyambako awo w'oli, ozuule ebikumalamu amaanyi ate otondewo ebyo ebisoboka ebipya okusobola okwaŋŋanga ebikusoomooza.

Ekyokulwanyisa kino kirimu ebitabo bibiri (2) ebiwandiikiddwa okwanukula ebibuuzo eby'enjawulo ku kwerinda kwo by'oyinza okusisinkana mu bulamu bwo ng'omuntu, ekitongole oba ekibiina kyo mw'oyita okulwanirira eddembe ssaako ne mu nkozesa yo eya tekinologiya w'empuliziganya.

**Ekitabo Ekisooka** kirambika enneerinda y'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ku mutendera gw'omuntu ssekinnoomu wamu ne mu nteekateeka yo n'eyo ey'ekitongole kyo. Yiga enneeteekateeka etandikirwako mu kwekkaanya n'okuteekerateekera ensonga z'ebyokwerinda kwo wamu n'ebikuyambako ebiriwo ku ddaala ly'ebitundu ebyawuddwamu okugattira awamu amawanga ne ku ddaala ly'ensi yonna.

**Ekitabo Ekyokubiri** kirimu ebikwata ku nneerinda yo ku bintu by'okozesa mu mpuliziganya eya tekinologiya, emikutu gyo egikuyunga mu kuwuliziganya n'abantu abalala n'ebyempuliziganya. Yingirako ebuziba mu kuyiga ku ntambuza y'okwerinda mu mulembe gwa tekinologiya w'empuliziganya n'okwekenneenya obulabe obuyinza okweyolekeramu era oyige emitendera egy'ensonga ddala okukuuma embikkuliro (akawunti) zo ez'oku ssimu, kompyuta, email (ebbaluwa empandiike ku yintaneeti), emitimbagano gya yintaneeti, emikutu emiyungabantu n'ebirala by'obeera okozesa mu kulwanirira eddembe ly'obuntu.

Ebikulambikiddwa / ebikulagiddwa mu bitabo bino ebibiri bikozese mu bulamu bwo era okwatizeeko ne banno ssaako ebitundu mwe mubeera nabo/nabyo bakole/bikole kye kimu naawe onoolaba ebibala mu kufaayo ku butebenkevu, empuliziganya ennungi, n'enneeteekateeka mu bitundu ebirimu abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu, ssaako obwangu mu kwaŋŋanga okutiisibwatiisibwa okuba kuzze mu ngeri y'okulumbibwa.

Yimirira! Leka tukikole nga twegattidde wamu ffenna, ate tukikole mu ngeri ennuŋŋamu.

# OKWEWONGA

Okukukubira essimu ezikutiisatiisa, okukulumbagana maaso ku maaso oba okutiisa aboolugandalwo byonna byonna biruubirira ekintu kimu: kukugira aba abasitukiramu okulwanirira eddembe ly'obuntu okugenda mu maaso n'omulimu gwabwe. Wabula waliwo engeri nnyingi abalwanirizi b'eddembe ze bayinza okukozesa okukkakkanya embeera n'okwekuuma okutiisibwa okwengeri ng'eno ne basobola okukola emirimu gyabwe nga bagumu ne gituukirira.

Okwetoloola ekitundu ky'obugwanjuba kyonna, waliwo bingi ebiwandiikiddwako ebiyinza okukosa emirembe gy'abalwanirizi b'eddembe. Bino bizingiramu; okulondoolwa ku ssimu oba yintaneneti, okukozesa kkooti okubaggulako emisango eminene babatiise, okubakolako obulumbaganyi ku mibiri gyabwe oba ab'omu makagabwe, okumenya ofiisi z'ebibiina by'obwannakyewa ezirwanirira eddembe ly'obuntu ne babbamu ebiwandiiko n'ebirala bingi.

Nga tukola emirimu gyaffe bulijjo wamu n'abalwanirizi b'eddembe, tukizudde nti olw'okwagala n'okwewaayo kwe balina mu kulwanirira abalala, balina okweresa oba okuwaayo obulamu bwabwe. Wabula nga nze omu ku bo era olumu mukwano gwange yategeeza nti "omufu tasobola kulwanirira balala"  Kitukakatako nga ffe n'abo betuweereza kino okukikuumira mu bwongo.

Engeri yintanenti gy'ebunyisibwamu ku misinde emiyitirivu, eyongedde okuwa ekizibu kino amaanyi. Abalwanirizi b'eddembe balaze amagezi ag'obuyiiya n'okutetenkanya okwenjawulo mu kukozesa tekinologiya okwanika ebikolobero oba oli awo ebyandibadde bikolebwa mu nzikiza ne biyita nga tewali abaitegedde. Wabula era bino byonna naffe byongera okututeeka mu bulabe.

Obubaka butambuzibwa okuyita ku mikutu abalala gye basobola okulingizaamu ebitongole bya gavumenti n'abalala abalina ebigendererwa ebyabwe , kino kikolebwa ekitundu kimu kyakubiri ku biwandiiko byonna ebitambuzibwa mu nsi.

DefendDefenders kyatandikibwawo okuyambako okukuuma abalwanirizi b'eddembe ku biyinza okubagwako. Wabula ekiseera kye tumaze nga tuweereza tukizudde nti waliwo bingi ebiyinza okukolebwa okukuuma abalwanirizi b'eddembe nga tebatuuse mu bulabe obwengeri eno. Olina okubeera omwegendereza ng'osooka kulowooza ku kwerinda kwo ng'omuntu, okukola enteekateeka z'engeri y'okwekuumamu ez'omuzinzi era n'ozituukiriza.

Ekitabo kino kirimu amakubo n'emitndera n'amakubo amagumu omulwaniriz w'eddembe ly'obuntu akolera mu Buvanjuba ne Horn of Africa by'alina okuteeka mu nkola mbagirawo okusobola okunyweeza obukuumi bwabwe oba ebitongole mwe bakolera. Nkubiriza bannange bonna abalwanirizi b'eddembe bino byonna babikuumire ku mutima.



**Nze munno ddala,**
Hassan Shire

- Akulira DefendDefenders (the East and Horn of Africa Human Rights Defenders Project)
- Sentebe wa Pan-African Human Rights Defenders Network.

# EKITABO I

## OKWEKUUMA N'OKUNYWEZA ENSONGA Z'OKWERINDA



Ekitabo ekisooka kizimbirwa ku miramwa egyayanjulwa nga bwe girambikibwa mu ndagaano ya "New Protection Manual for Human Rights Defenders and Guide for facilitators" okutaasibwa ku ddaala ly'ensi yonna n'ekitabo ekirambika emitendera abakulemberamu okulwanirira eddembe ly'obuntu gye balina okuyitamu okwetaasa singa beesanga mu buzibu.

# EKITABO I

## Ebirimu

Ennyanjula ........ 8

Ebissiddwako essira n'Ennyinyonnyola yaabyo........ 9

- Omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu y'ani?
- Okunnyonnyola amakulu g'okwerinda, obutebenkevu n'obukuumi
- Lwaki entambuza y'okwerinda ennungi egasa abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu?
- Ebitera okulemesa n'okwekiika mu mbeera y'obutebenkevu n'okwerinda kw'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.
- Emitendera egiyitibwamu mu ntambuza y'okwerinda

Okwekenneenya Embeera ........ 12

- Lwaki kyetaagisa okwekenneenya embeera
- Ebikulu ebirina okulowoozebwako mu kwekenneenya embeera

Obulumbaganyi........ 14

- Ebyokulabirako by'obulumbaganyi
- Engeri y'okuziyiza obulumbaganyi

Okwekenneenya Okutiisibwatiisibwa ........ 16

- Okunnyonnyola amakulu g'okutiisibwatiisibwa
- Lwaki abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batiisibwatiisibwa?
- Ebyokulabirako ku wabadde okutiisibwatiisibwa

Okwekenneenya Embeera ey'Amatigga n'Obulabe ........ 18

- Okwesanga mu matigga g'okutuusibwako obulabe kye ki?
- Ebyokulabirako ebitera okubaawo ne byoleka amatigga abalwanirizi b'eddembe ge beesangamu mu kitundu ky'Afirika kino eky'Obuvanjuba n'ekyo ekyetondese obuyembe ku buvanjuba bwa Afirika
- Okwekenneenya embeera ey'amatigga g'okutuusibwako obulabe
- Okuzuula obunafu we buli
- Okuzuula obusobozi we buli
- Ensonga ezivuddeko abalwanirizi b'eddembe okweyongera okwesanga mu matigga
- Ensobi ezitera okukolebwa mu kugezaako okwaŋŋanga embeera y'amatigga abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe beesanga

Okukola enteekateeka ku kwerinda.......................................................................................................21
- Enteekateeka y'okwerinda y'eruwa?
- Enkola ku kwerinda n'enteekateeka y'okwerinda
- Engeri y'okukola n'okussa mu nkola enteekateeka y'okwerinda
- Okussa mu nkola enteekateeka y'okwerinda
- Engeri y'okussaawo amakubo aganyweza okwerinda

Empenda eziriwo omuyitibwa okukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu .........................................23
- Omutunuulizi era Omwogezi Owenjawulo mu Kibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) avunaanyizibwa ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu
- Omutunuulizi era Omwogezi Owenjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu ku kakiiko ka Afirika akakola ku ddembe ly'obuntu n'eddembe ly'abantu.
- Empenda ku mutendera gw'eggwanga eziyitibwamu okukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu

Ebyongerezeddwako.........................................................................................................................25
- Ekiwandiiko ekifunze eky'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) ku Balwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu

Okwongerezaako ...........................................................................................................................25
- Mu bufunze kino kye Kiwandiiko ekirambika emirimu, obuwagizi n'engeri y'okutaasa abalwanirizi b'eddembe n'okukunga abasobola okubawa obuwagizi mu by'ensimbi.)

# Ennyanjula

## Engeri y'okwerinda okw'awamu ku mutendera gw'omuntu ssekinnoomu n'ogw'ekitongole

Okutongoza enzikiriziganya y'ensi yonna mu Kiwandiiko ekyassibwako emikono amawanga ageegattira mu Kibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) okutakabanira ensonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu mu 1998 ssaako okussaawo Omutunuulizi era Omwogezi Owenjawulo mu Kibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) avunaanyizibwa ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu mu 2000 byaggulawo essuula empya ey'omuzinzi mu kukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okwetooloola ensi yonna. Wabula, abalwanirizi b'eddembe bakyeyongera okutiisibwatiisibwa ssaako obulamu bwabwe okubeera mu matigga g'okutuusibwako obulabe wadde nga enkola ezo ezibataasa weeziri.

Okwetooloola Afirika, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu abatumbula n'okukuuma eddembe lino mu mbeera y'ebyobufuzi ey'obusambattuko, bateeka obulamu bwabwe mu matigga, gamba ng'okuttibwa, okulumbibwa n'okukubwa, okukwatibwa ne basibwa mu buduukulu, okutiisibwatiisibwa n'okubulwa we bayinza okukolera omulimu gwabwe. Bulijjo aboobuyinza mu mawanga omuli bino balemwa okukola okunoonyereza ku kutyoboolwa kw'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.

Okusobola okunyweza ebyokwerinda kw'abalwanirizi b'eddembe n'okusobozesa omulimu gwabwe okugenda mu maaso, abalwanirizi b'eddembe bavuddeyo n'engeri ze bakwatamu okwerinda kwabwe ku mutendera gw'omuntu ssekinnoomu n'omutendera gw'ekitongole mwe beegattira awamu nga bayita mu kwekenneenya embeera ey'amatigga ge balimu wamu n'okussaawo entegeka eziyamba okusobola okuziyiza obulabe obuboolekera.

Okuwaayo obudde wamu n'ebikozesebwa mu kukola ku nsonga z'okwerinda kiyamba abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okutambuza emirimu gyabwe

ku ddembe ly'obuntu ssaako okunyweza

obutebenkevu n'okwerinda kwabwe.

'Lwanirira Abalwanirizi' – Defend Defenders (pulojekiti y'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu eyindira mu Buvanjuba bwa Afirika n'Ekitundu ekyetondese Obuyembe mu Buvanjuba bwa Afirika) kitabo ekirambika embeera y'okwerinda

egendererwamu okukola ng'ekyokweyambisa ky'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu Buvanjuba bwa Afirika n'Ekitundu ekyetondese Obuyembe mu Buvanjuba bwa Afirika. Okulambika kuno kubawa entegeka n'engeri gye balina okwolekera embeera z'obutabanguko ezibeetoolodde mwe bakolera.

Ekitabo kino kyoleka Abalwanirizi b'eddembe bye bazze bayitamu mu myaka 11 egiyise, ng'essira liteekeddwa ku kunyweza obutebenkevu, okwerinda, n'obukuumi bwabwe ngabayita mu misomo egikwata ku ngeri y'okukwatamu okwerinda kwabwe, obuyambi mu byekikugu, okuluŋŋamizibwa ku kwerinda kw'abalwanirizi b'eddembe naddala abo abasinga okubeera mu matigga n'engeri y'okuyambibwa okuva mu kitongole. Ekitabo kino omuli ebyo ebyogeddwako waggulu kyakolebwa ttiimu evunaanyizibwa ku nsonga z'okwerinda mu kitongole ekitwala ebyokwerinda (Protection Department) eby'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu aba DefendDefenders. Bayambibwako ebitongole n'abantu be bakola nabo omulimu gwe gumu, ebibiina by'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu mawanga n'ekitundu kya Afirika omuyindira pulojekiti eno.

Ekitabo kino kyongereza ku biriwo ebikwata ku ngeri gye banywezaamu ensonga z'okwerinda nga kiwa amagezi n'ebyokweyambisa eri abalwanirizi b'eddembe mu kitundu kya Afirika kino eky'Obugwanjuba n'ekyo ekyetondese Obuyembe mu Buvanjuba bwa Afrika wamu ne ssemazinga yenna okutwaliza awamu.

# Ebissiddwaako essira n'ennyinyonnyola yaabyo

## OMULWANIRIZI W'EDDEMBE LY'OBUNTU Y'ANI?

Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bantu ssekinnoomu oba nga bali n'abalala, abaliko kye bakola okutumbula oba okukuuma eddembe ly'obuntu nga bwe lirambikiddwa mu Nzikiriziganya y'ensi yonna mu Kiwandiiko ekitongole eky'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) ku Ddembe ly'Obuntu ekya 1948 (United Nations Universal Declaration of Human Rights 1948 (UDHR)). Ekiwandiiko ekyassibwako emikono amawanga ageegattira mu Kibiina ky'Amawanga Amagatte ku kutakabanira Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu mu 1998 kikwata ku "bantu ssekinnoomu, ebibiina n'ebitongole ebirina kye bikola okumalawo okutyoboolwa kw'eddembe ly'obuntu n'eddembe ly'abantu abalina ekibagatta oba abantu ssekinnoomu ery'obwebange ery'ebika eby'enjawulo."1

Omuntu yenna asobola okuba omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu awatali kufa ku buyigirize bwe, bye yasomerera, ekikula kye, emyaka, oluse lwa langi ye, ekibinja mw'agwa oba eggwanga lye. Ssinga omusuubuzi atundira ku nguudo oba omutunzi w'amenvu awakanya okutulugunyizibwa okutuusibwa ku munne nga kukolebwa aboobuyinza abasolooza empooza, awo atwalibwa okuba omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu. Oluusi, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu basobola okuba mu bitongole by'obwannannyini n'ebya gavumenti. Ebikolebwa byonna abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu biteekeddwa okuba nga bya mirembe.

## OKUNNYONNYOLA AMAKULU G'OKWERINDA, OBUTEBENKEVU N'OBUKUUMI

Okutegeera amakulu g'ebigambo okuli okwerinda, obutebenkevu n'obukuumi, ssaako bye bifaanaganya n'enjawulo wakati waabyo,

kujja kuyamba abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okukola okwekenneenya obulungi amatigga g'obulabe bwe bwe balimu basobole okukola wamu n'okussaawo entegeka n'empenda z'okwerinda ez'omuzinzi

Mu kitabo kino, **okwerinda** kinnyonnyolwa ng'embeera omutali bikolwa bya bulabe bigenderere ate **obutebenkevu** ne kinnyonnyolwa ng'embeera omutali bikolwa bya bulabe ebitali bigenderere. Okwerinda n'obutebenkevu muzingiramu obulabe. **Obukuumi** z'empenda eziyitwamu abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu oba abantu abalala okunyweza okwerinda2 n'obutebenkevu.

Ebyokulabirako by'amakubo aganyweza obukuumi:

- Okukebera abagenyi abayingira;
- Kkamera enkessi (CCTV) okulondoola n'akade akabagulizaako nti waliwo obuzibu;
- Olukomera olw'amasannyalaze;
- Ebyuma ebizikiza omuliro;
- Akabokisi omuli ebyeyambisibwa mu kuwa obujjanjabi obusooka.

> "Mu kwekalakaasa kw'omu mwezi Gwomwenda (September) 2013 mu ggwanga lyange, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu battibwa, baasibwa era ne batulugunyizibwa poliiisi n'ebitongole by'okwerinda ebya gavumenti kuba tetwalowooza ku kwerinda kwaffe, tetwekenneenya matigga ga bulabe obwali butwolekedde era tetwalowooza ku ntegeka z'okwerinda okuziyiza embeera etuteeka mu matigga."

## LWAKI OKUNYWEZA ENSONGA Z'OKWERINDA KWA MUGASO ERI ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU?

Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu, ng'abantu abeewaayo okukuuma eddembe ly'abalala beesanga mu matigga g'obulabe era n'eddembe lyabwe ery'obwebange ery'ebika eby'enjawulo lityoboolwa ntakera.

1 Ekiwandiiko mu bujjuvu kiyitibwa "Ekirangiriro ku Ddembe n'Obuvunaanyizibwa bw'abantu Ssekinnoomu, Ebibinja by'abantu, n'Ebitongole mu bantu Okutumbula n'Okukuuma Eddembe ly'Obuntu n'ery'Obwebange ery'ebika eby'enjawulo Eryayisibwa era Erikkiririzibwamu Ensi yonna (Declaration on the Right and Responsibility of Individuals, Groups and Organs of Society to Promote and Protect Universally Recognized Human Rights and Fundamental Freedoms) wadde nga kimanyiddwa nnyo nga "Ekiwandiiko ekiruŋŋamya ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu ( The Declaration on Human Rights Defenders) http://www.ohchr.org/EN/ Issues/SRHRDefenders/Pages/ Translation.aspx

2 Front Line Defenders, 'Workbook on security: Practical Steps for Human Rights Defenders at Risk' 2011, https://w w w.front- linedefenders.org/en/ resource-publication/workbook-security-prac- tical-steps-human-rights-defenders-risk, Accessed 23 June 2016.

Mu Buvanjuba bwa Afirika n'Ekitundu ekyetondese Obuyembe mu Buvanjuba bwa Afirika, ekitongole kya DefendDefenders kizudde ng'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batuusibwako obulabe omuli okuttibwa, okutulugunyizibwa, okukwatibwa n'okusibwa awatali musango, babeewerera okubatta, batulugunyizibwa, boogerwako ebya kalebule, n'okusiigibwa enziro. Kuno kw'ossa okukugirwa ne bataweebwa ddembe lyabwe okwetaaya/okutambula okugenda eyo yonna gye baagala, bakugirwa okwogera n'okwetaba n'abantu abalala ssaako okukuba enkuŋŋaana ez'emirembe.

Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu era bavunaanibwa obwemage ne bavunaanibwa mu ngeri eteri ya bwenkanya era ne basalirwa emisango mu bukyamu. Okwongereza kwebyo, abo abawakanya embeera embi eriwo, gamba nga balwanirira eddembe ly'abakazi n'eddembe ly'abantu okusinziira ku kikula kyabwe oba okweyisa mu kikula kye baagadde okubeera, batera okusanga okusoomoozebwa okwegatta ku matigga n'obulabe bwe balimu.



*OBUTEBENKEVU:*

*Omukazi ng'akozesa akatimba k'ensiri okukuuma omwana we aleme kulumwa nsiri eziyinza okumulwaza omusujja gw'ensiri ogwa malaria. Ensiri terina kigendererwa kya kuleeta musujja gwa malaria: etambuza butambuza kawuka akalwaza omusujja gw'ensiri.*



*OKWERINDA:*

*Ab'ebyokwerinda baalumba ne bakwata munnamawulire omugundiivu ng'akwata ebyali mu kwekalakaasa ng'abantu bawakanya okulinnya kw'ebisale by'entambula n'ebintu ebikozesebwa mu bulamu obwa bulijjo. Ab'ebyokwerinda baalina ekigendererwa okulumya munnamawulire okusobola okumulemesa okukwata n'okwogera ebikolwa ebityoboola eddembe ly'obuntu.*

Okunyweza ensonga z'okwerinda kw'abalwanirizi b'eddembe kwa mugaso nnyo mu Afirika, embeera y'ebyobufuzi gy'etera okuba ey'obusambattuko era n'eddembe ly'abantu okweyogerera gye ligenda nga likendeera. Enkola z'amateeka eziriwo okukuuma eddembe ly'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu kyenkana tezikola oba obutayambira ddala wadde okufunika. Ekisembayo ku nsonga eno, ab'omu maka gaabwe n'abantu be bakolagana nabo batiisibwatiisibwa. Awo nno, entegeka ennuŋŋamu mu kunyweza ensonga z'okwerinda zirina okukolebwa.

## EBITERA OKULEMESA N'OKWEKIIKA MU MBEERA Y'OBUTEBENKEVU N'OKWERINDA KW'ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU

Wadde nga beesanga mu matigga g'okutuusibwako obulabe olw'emirimu gye bakola, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu abamu tebafaayo kutwala makubo ganyweza ngeri gye basobola

okwerindamu. Abamu bagamba nti tebalina kumanya na bukugu mu kyo era nga y'ensonga lwaki tebakifaako, ate abalala tebakiwa budde olw'emirimu gyabwe egibamalawo. Olw'obutabaawo kumanyisibwa ku matigga agaboolekedde, ensimbi n'ebikozesebwa ebitamala, n'obutaagala kutwala buvunaanyizibwa kufaayo kunyweza kwerinda kwabwe bye bitera okuvaako ensonga z'okwerinda kw'abalwanirizi b'eddembe obutakwatibwa bulungi.




## AMAKUBO AGAYITIBWAMU MU KUNYWEZA ENSONGA Z'OKWERINDA

**Okunyweza ensonga z'okwerinda** y'enkola ezingiramu okwekenneenya embeera z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu, okugeraageranya n'okwanukula ebintu ebibaawo ku nsonga z'okwerinda n'okutiisibwatiisibwa, ssaako okwekenneenya amatigga ge balimu n'okubaako ebiteekebwateekebwa okuyamba mu kwerinda. Buli limu ku makubo gano ggazi era buli limu lizimbirwa ku linnaalyo. Okwekenneenya amatigga kwesigamizibwa ku kutunuulira embeera era gwe musingi gw'enteekateeka z'okwerinda. Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bakubirizibwa okuyita mu nkola eyogeddwaako waggulu kuba okunyweza okwerinda kwabwe bulijjo tekukoma.




*Obukuumi: Amakubo agayitibwamu abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu oba abantu abalala okunyweza okwerinda n'obutebenkevu.*

# OKWEKENNEENYA EMBEERA

Okusobola okukwata ensonga z'okwerinda kwabwe obulungi, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bateekeddwa okutegeera embeera eziriwo, abalwanirizi b'eddembe abalala abaliwo ssaako abakwatibwako abalala abeekuusa obutereevu oba mu butali butereevu ku mirimu gyabwe n'okubateeka mu matigga g'okutuusibwako obulabe, oba okubaziyiza okugwa mu bulabe. Mu kukola emirimu gyabwe, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batera okwesanga nga boolekaganye n'aboobuyinza. Awo nno, kyetaagisa okufaayo ku bintu ebikulu mu mirimu gyabwe egya buli lunaku era ne bikwanyizibwa ku ngeri gye biyinza okubakosaamu oba okubayamba mu mulimu gwabwe.

Abalwanirizi b'eddembe tebasobola kumanya mu bujjuvu matiga ge balimu okuggyako nga bategedde bulungi embeera y'ekifo n'ebibeetoolodde mwe bakolera. Okusobola okwekenneenya obulungi engeri y'okwerinda, balina okuddira ebyo ebyekuusa ku kwerinda bye baali bayiseemukko ne babikwanya n'ebyo ebigenda mu maaso okubeetooloola obutereevu oba mu butali butereevu, era ekyenkomeredde kye basalawo kikolebwa mu kutunuulira embeera zaabwe zitali za bulijjo.




## LWAKI KYETAAGISA OKWEKENNEENYA EMBEERA

Embeera kye kisinziirwako mu kusalawo buli kintu ekikwatagana n'okwerinda. Amatigga abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe beesanga, gaawukanya obulabe okusinziira ku mbeera eba eriwo. Amatigga omuntu mw'ayinza okutuusibwako obulabe gakyukakyuka okusinziira ku mbeera era gakyuka okusinziira ku bintu ebyetoolodde ekifo omuntu w'ali. Mu ngeri y'emu, n'oamakubo ag'obukuumi nago gasinziira ku bigenda mu maaso mu mbeera eba eriwo. Okugeza, wadde nga kkamera enkessi zisobola okuziyiza obulabe obumu mu mbeera erimu okwekengera okw'amaanyi, ate zisobola okussa omulwanirizi w'eddembe ku bunkenke ng'abadde tamanyidde kuteekebwa ku bunkenke mu ngeri eyo.

Okutegeera obulungi embeera era kulina okuba nga kukwanyizibwa ku pulogulaamu z'ekitongole n'ebikolebwa, era ne kusinziirwako okumanya amakubo ag'okweyambisa okuvvuunuka amatigga, ssaako ebiseera ebintu mwe bikolerwa, n'okumanya ebikozesebwa oba ensimbi we zigenda okuteekebwa ssaako okukola enteekateeka ezisaanira. Okugeza, mu mawanga agamu wansi w'eddungu Sahara, gamba nga Somalia, kirungi okukolera mu bubinja obutono obw'abantu abatasukka bataano era mu bifo ebitali bya kyererezi.

**Ebikulu ebirina okulowoozebwako mu kwekenneenya embeera:**

- **Embeera y'ebyobufuzi:** weebuuze ku basinza enkizo n'okuba ku mwanjo mu byobufuzi; ebigendererwa byabwe eby'olwatu n'ebitali bya lwatu bye biruwa; waliwo akatabanguko konna era bwe kaba nga weekali, ka kika ki; enkolagana y'aboobuyinza mu byobufuzi eri etya era emirimu gy'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bagiraba mu ngeri ki, n'ebiringa ebyo;
- **Embeera z'obulamu obwa bulijjo:** ensonga z'enneeyisa eya bulijjo, eddiini, emisango, n'engeri abantu gye balabamu ebintu mu kitundu abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe bakolera emirimu gyabwe, okusingira ddala ensonga ezikwata ku ddembe ly'abakazi n'eddembe ly'abantu okusinziira ku kikula kyabwe oba okweyisa mu kikula kye baagadde okubeeramu;
- **Ebyatekinologiya:** engeri abantu gye bawuliziganyaamu, okusingira ddala empuliziganya ey'omulembe gwa digito (ebisingawo ku nsonga eno, k'ebera mu Kitabo II eky'ennambiko eno ku kwerinda mu nsonga z'empuliziganya eya digito), n'ebyentambula mu kitundu omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu mw'akolera oba mw'asuubira okukolera;
- **Ebyamateeka:** amateeka n'ebirambikibwa mu ssemateeka w'eggwanga lyonna era n'engeri gye gassibwa mu nkola; engeri ensonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu gye zizze zikwatibwa okuva emabega; biki ebyesigamibwako n'ebikola amateeka agakwata ku kitundu abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe bakolera oba mwe basuubira okukolera; ekitongole ekiramuzi tekirina ludda kwe kyekubira?
- **Embeera endala:** ebyobulamu obwa bulijjo, embeera y'obudde, enkula y'ekitundu eyinza okuteeka abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu matigga oba mu bulabe nayo yeetaaga okwekenneenyezebwa.

Mu kwekenneenya embeera, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu era bateekeddwa okwebuuza ebibuuzo bino wammanga:



# OBULUMBAGANYI

Obulumbaganyi kye kintu kyonna ekigwawo ne kiteeka abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu n'ebitongole byabwe mu bulabe.

Ebituli mu kwerinda ebireeta obulumbaganyi bibeera ssomo eri abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu n'ebitongole byabwe ne kiyamba mu nkola y'emirimu gyabwe era n'okumanya ebigendererwa by'abantu ab'enjawulo. Biwa n'omukisa abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu n'ebitongole byabwe okuddamu okwekenneenya ensonga z'okwerinda kwabwe n'amakubo omuyitibwa okunyweza obukuumi.

Ebyokulabirako by'obulumbaganyi:

- Ebiseera ebimu, abantu basindikibwa ku woofiisi z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okuzuula ddi lwe batuuka ku mirimu na ddi lwe bannyuka oba okuva ku woofiisi, entambula gye bakozesa, langi z'emmotoka zaabwe, n'ebiringa ebyo.
- Olumu amawulire agasomolwa ku nsonga ez'enkiso gavaako okuteeka eby'okwerinda mu matigga era oluusi abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ne baggalirwa mu makomera, okulondoolwa n'okutiisibwatiisibwa okuva eri omuntu yenna asongeddwaamu olunwe mu kutyoboola eddembe ly'obuntu;
- Singa abagenyi tebakeberwa n'okusunsulwamu n'ebibakwatako ne biterekebwa, omuntu yenna asobola okuyingira woofiisi z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu n'azzaayo omusango oba okutaataaganya eby'okwerinda kwabwe. Abantu ng'abo bayinza n'okugenda ne watabaawo bibonerezo bibaweebwa kuba tewali kiba kiraga nti baayingira woofiisi ezo.

**ENGERI Y'OKUZIYIZA OBULUMBAGANYI**

Okuzuula oba omulimu gw'omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu guvuddemu ebibala oba temuvuddeemu, kisobola kumanyika okusinziira ku bantu mu kitundu kye bagamba. Singa wabaawo obulumbaganyi, omulwanirizi w'eddembe alina okukwata amakubo agawerako okulaba ng'ensonga eyo egonjoolwa. Amakubo gano gasobola okwawuka mu mitendera oba obutafaanagana okusinziira ku nsonga eba ekolwako.

"Nafunye obubaka obugamba nti oliko abazungu b'okolagana nabo ng'obayamba. Tukumanyi erinnya, gy'obeera era ne gy'okolera."

**Omutendera Ogusooka: Okuloopa ekituli mu kwerinda**

Ssinga omulwanirizi w'eddembe asanga oba alaba ekituli mu kwerinda, alina okukirooperawo mu bwangu eri omuntu avunaanyizibwa ku byokwerinda mu kitongole kye oba eri akulira ekitongole. Ebirina okuba mu kuloopa kuno ebikulu mwe muli bino wammanga[3]:

- Ani aloopa?
- Kiki ekyabaddewo? Kyabadde wa? Kyabaddewo ddi? (mu ngeri ennyangu era etegeerekeka nga bwe kisoboka);
- Baani abaakoseddwa era biki ebikwata ku baakoseddwa?
- Ekyatuuseewo ku bantu abo kyenkana wa, n'ebikwata ku mbeera yaabwe ku budde buno;
- Ani yakoze obulumbaganyi buno, n'ebitonotono ku muwendo gwabwe, ebissi/ebyokulwanyisa bye baabadde nabyo, gye bateeberezebwa okuva oba abaabasindise, n'ebiddiridde ng'obulumbaganyi bumaze okubaawo?;
- Ebifunze ku mbeera nga bw'eri kati era oba waliwo embeera enzibu oba tewali;
- Singa kiba nga waliwo embeera enzibu, kusalawo kwa ngeri ki na biki omutunuulizi era omwogezi ow'enjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu by'ateesa oba by'agenda okukola/by'akozeewo era biki by'asabye bikolebwe.

Okuloopa obulumbaganyi kuyinza okuba mu buwandiike oba n'emimwa. Wabula, obuwandiike bwabwo bulina okubaawo okusobola okuziyiza ebituufu ku bwo okubula. Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu baweebwa amagezi okukozesa engeri z'empuliziganya ezitabateeka mu bulabe mu kuloopa obulumbaganyi (ebisingawo ku nsonga eno, kebera mu Kitabo II eky'ennambiko eno ku kwerinda mu nsonga z'empuliziganya eya digito).

**Omutendera Ogwokubiri: Okwekenneenya ebibaddewo**

Mu kwekenneenya ebibaddewo, ensonga ezimu zirina okulowoozebwako: baani abayinza okuba nga be beenyigiddemu, wa awaabadde obulumbaganyi, waliwo ebisago ebituusiddwa ku bantu oba ebintu ebyonooneddwa, mu kuteebereza, ekigendererwa ky'abo abalumbye kye kiriwa? Bino bye bijja okusinziirwako mu kumanya ddi era na kiki ekirina okuddako okukolebwa mu kwaŋŋanga ensonga. Ku mutendera guno, olina okumanya amaanyi g'obulumbaganyi okusobola okuzuula oba obulumbaganyi bubadde bwa maanyi oba si bwa maanyi.

**Omutendera Ogwokusatu: Okubaawo ekikolebwa oba obutabaawo kikolebwa**

Ssinga mu kwekenneenya kizuulwa ng'obulumbaganyi bubadde bw'amaanyi, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bateekeddwa okubaako bye bakolawo nga bwe kyetaagisa. Ebikolebwa bisinziira ku kika ky'obulumbaganyi, Singa bamenye woofiisi, kkufulu empya n'ebintu ebikola ku byokwerinda ebipya birina okuteekebwawo. Singa obulumbaganyi buba si bwa maanyi, abalwanirizi b'eddembe bayinza obutabaako kye bakola naye bateekeddwa okuwandiika byonna ebikwata ku bulumbaganyi obwo olw'ensonga kibe nti singa obujulizi bwetaagibwa eyo gye bujja, bube nga ddala weebuli.




"Ofiisi yange bagimenye ne babba kompyuta yange ekika kya laputoopu n'ebbaluwa z'eddwaliro ez'abantu abaakosebwa"

# OKWEKENNEENYA OKUTIISIBWATIISIBWA

Okutiisibwatiisibwa kuyinza okunnyonnyolwa ng'ekyogerwa oba akabonero akalimu ekigendererwa ky'okutuusa obulabe, okubonereza oba okulumya."[4]

## LWAKI ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU BATIISIBWATIISIBWA?

Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batiisibwatiisibwa olw'okuba omulimu gwabwe guteeka abantu ab'enjawulo ku nninga. Abantu abo beeyambisa eky'okutiisatiisa okutuukiriza ebigendererwa byabwe era baleme kukisasulira. Mu ngeri eya bulijjo, okutiisibwatiisibwa tekutwalibwa nga nsonga okutuusa nga waliwo atuusiddwako obulabe. Mu kunyweza ensonga z'okwerinda, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu basobola okutema empenda z'okuvvuunuka okutiisibwatiisibwa kuno ssinga baba bategedde engeri gye kujjamu.

Ebyokulabirako wammanga biraga abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bye bayitamu n'engeri gye baŋŋangamu okutiisibwatiisibwa.

Mohammad munnamawulire akolera mu kitongole ky'amawulire ekimanyiddwa ennyo mu kulwanirira eddembe ly'okweyogerera. Yatandika okufuna essimu okuva eri omusajja gw'atamanyi eyamugamba okulekeraawo okukola omulimu gwe yali akola. Omwezi ogwaddako, Mohammad bwe yali adda awaka okuva ku mulimu, yalaba abasajja mukaaga abamugoberera mu kkubo bulijjo lye yayitangamu. Baamutuukako ne bamuyimiriza, naye ne yeerema era kwe kusalawo okukuba enduulu, eyasomboola abadduukirize. Abasajja kwe kudduka.




**Ebiraga okutiisibwatiisibwa?**

- Essimu z'atategeera gye zivudde;
- Abantu okumulondoola;
- Ekikolwa kyennyini eky'okugezaako okukwata/ okuwamba/okulumya oba okutta Mohammad.

**Ekigendererwa ky'okutiisatiisa?**

- Okuziyiza kaweefube w'emirimu gya Mohammad ku kulwanirira eddembe ly'okweyogerera.

**Ebyandikoleddwa okwaŋŋanga okutiisibwatiisibwa kuno**

- Mohammed yandiroopye ku poliisi, nga ssinga baddamu okumutiisatiisa, poliisi esobola okutandika omuyiggo gwayo ng'erina ebikwata ku ssimu ze baamukubira;
- Okwewala okukozesa ekkubo erimu;
- Okuyiwa abapoliisi oba abakuumi ku woofiisi Muhammad w'akolera.

4 Front Line Defenders, ' Workbook on security: Practical Steps for Human Rights Defenders at Risk' 2011, https://w w w.front- linedefenders.org/en/resource-publication/workbook-securi-

Kigozi, omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu kayingo, yali anaatera okwogerera mu ttabamiruka w'Olukiiko lw'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte ekivunaanyizibwa ku Ddembe ly'Obuntu (UN Human Rights Council - UNHRC) okubategeeza embeera y'eddembe ly'obuntu bw'eyimiridde mu ggwanga lye. Yatandika okufuna essimu ezimukubirwa okuva ew'omuntu eyeeyita munnamawulire nga yeetaaga okumanya endowooza ya Kigozi ku nsonga ze yali agenda okwanja mu ttabamiruka. Omusajja oyo oluvannyuma yamutegeeza nga bw'ali omukungu okuva mu b'ebyokwerinda kw'eggwanga era n'amutegeeza nti ab'ebyokwerinda bamanyi bulungi Kigozi ne banne bye beenyigiddemu mu kulwanirira eddembe ly'obuntu. Nga wayise ennaku nga ziizo, omusajja eyagamba nti amanyi ku bigendererwa bye eby'okugenda mu ttabamiruka w'Olukiiko lw'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte ekivunaanyizibwa ku Ddembe ly'Obuntu (UNHRC) yaatiisatiisa okutta Kigozi.

Ng'olugendo lwe luli kumpi okutuuka, yayitibwa omu ku bakozi banne mu bwangu agende asisinkane omu ku bababteekamu ssente. Ng'atuuse ku woofiisi awagenda okubeera ensisinkano, Kigozi yagasimbagana na ba byakwerinda abaamuwalaawala okumuyingiza emmotoka ey'endabirwamu enzirugavu ezibikka ekiri munda era ku mudumu gw'emmundu ne bamugaana okugenda mu ttabamiruka. Mu kugezaako okubabuuza be baani era n'ani eyali abasindise, baakuba mukube nga bakozesa ebitolima bya bbaasitoola zaabwe. Kigozi yawalirizibwa okusazaamu olugendo lwe era oluvannyuma yakyusa n'ekifo w'asula.

### Ebiraga okutiisibwatiisibwa?

- Essimu z'atategeera gye zivudde nga zimutiisatiisa ave ku kaweefube we ow'okulwanirira eddembe ly'obuntu;
- Okumutiisa okumutta okuva ew'omuntu gw'atamanyi;
- Okumwegezaamu okumutta n'okumutuusaako obulumi okuva eri ab'ebyokwerinda abaamuyingiza mu mmotoka ne bamusongamu n'emmundu;
- Ab'ebyokwerinda okulemesa olugendo.

### Ekigendererwa ky'okutiisatiisa?

- Okulemesa Kigozi kaweefube we ku kulwanirira eddembe ly'obuntu erityoboolwa mu ggwanga lye.

### Ebyandikoleddwa okwaŋŋanga okutiisibwatiisibwa kuno?

- Okuloopera poliisi nti waliwo essimu ezimukubirwa naddala bwe kiba nga kyali kyekuusa ku byakwerinda by'eggwanga;
- Okugezaako okufunayo banne abalala abandyogedde bye yalina okwogera mu ttabamiruka;
- Okutegeezaako ku banne b'akola nabo omulimu gwe gumu nga tannaba kwanguwa kuddamu ssimu ez'amangu ezimukubirwa;
- Okukyusa ennamba z'essimu z'akozesa.

Mu kugezaako okuziyiza obulabe obumu, obwandiyinzizza n'okuvaako okuttibwa mu nfunda ebbiri, kikulu nnyo abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okwekaliriza okutiisibwatiisibwa kuno babeeko ne bye basalawo eby'ensonga. Mu nfunda ebbiri, kikulu okwebuuza lwaki abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu baafuna okutiisibwatiisibwa okwo. Kino kitutuusa ku nsibuko y'okutiisibwatiisibwa kuno era n'engeri gye kuyinza okwaŋŋangibwa.

# OKWEKENNEENYA EMBEERA EY'AMATIGGA

### OKWESANGA MU MATIGGA KYE KI?

Okwesanga mu matigga kisobola okunnyonnyolwa ng'embeera yonna esobola okuzaala/okuvaamu obulabe. Embeera ey'amatigga busobola okuba obulabe obwolekedde abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu mirimu gyabwe egya buli lunaku.

Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu beesanga mu mbeera ey'amatigga olw'okuba omulimu gwabwe gulemesa abantu abalina obuyinza okutuukiriza ebigendererwa byabwe. Kino kiteeka bo bennyini, abantu b'omu maka gaabwe, ebitongole byabwe n'abantu be balwanirira mu bulabe.

Ebyokulabirako ebitera okubaawo ne byoleka amatigga abalwanirizi b'eddembe ge beesangamu mu kitundu ky'Afirika kino:

- Okuggalawo ebitongole by'eddembe ly'obuntu;
- Okussa envumbo ku akawunti z'omu bbanka ez'ebitongole by'obwannakyewa n'eza bammemba baabyo;
- Okuttibwa kwa bannamawulire n'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu abanoonyereza ku nsonga ez'amaanyi;
- Okwogerwako kalebule;
- Okubulawo kw'ebiwandiiko eby'ensonga;
- Okwonoona ebintu by'abantu n'ebikalu bya bizinensi;
- Envumbo ku kutambula;
- Okukubibwa; •Okutulugunya;
- Okuwaŋŋangusibwa;
- Okukwatibwa, okusibibwa mu ngeri emenya amateeka n'okubuzibwawo aboobuyinza;
- Okutulugunyizibwa n'obutafuna bwenkanya mu kkooti ne mu byobukulembeze.

### OKWEKENNEENYA EMBEERA EY'AMATIGGA

Okwekenneenya embeera ey'amatigga kuzingiramu okwetegereza okutiisibwatiisibwa, okuzuula obunafu we buli n'okumanya obusobozi we buli. Emitendera gino esatu buli gumu gugatta ku gunnaagwo nga bwe kiragibwa mu lukangaga ku ddyo.

| EMITENDERA | EBINNYONNYOLA |
|---|---|
| 1. Okwekenneenya embeera ey'amatigga | Ku mutendera guno, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu banokolayo era ne beekenneenya ebyoleka embeera ey'amatigga. Awo baba basobola okumanya amaanyi g'embeera ez'enjawulo ezeekuusa ku kutiisibwatiisibwa n'ebivaamu. |
| 2. Okuzuula obunafu we buli | Wano, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batunuulira ebintu ebivaako embeera eyinza okuviirako obulabe. Kizingiramu n'okumanya obunafu bwabwe mu kwaŋŋanga embeera ey'amatigga gye beesangamu. |
| 3. Okuzuula obusobozi we buli | Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu banokolayo obusobozi n'ebisobola okweyambisibwa mu kwaŋŋanga embeera ez'amatigga ze beesangamu ssaako ebyetaagisa okusobola okunyweza okwerinda kwabwe. |

## OBUNAFU

Obunafu y'embeera eyinza okuviirako obulabe eri abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okweyongera oba obulabe okuba obw'amaanyi: nga langi n'akawoowo k'ebimuli bwe bireetera ebiwuka okubyettanira. Ebintu omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu by'alina oba bye yeeteekako oba ebintu by'akola oba by'atakola biyinza okumuteeka mu mbeera ey'obulabe.






## OBUSOBOZI

Okufaananako n'obunafu, obusobozi by'ebyo ebyoleka amaanyi n'ebisoboka okukolebwa okukendeeza obulabe oba ne butabeera bwa maanyi: nga kino kifaananako okukozesa omukebe oguterekebwamu ssukaali nga kuliko akasaanikira akanywezeddwa ennyo okuziyiza munyeera okuguyingiramu. Waliwo ebintu eby'enjawulo ebivuddeko embeera y'obulabe eri abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okweyongera.

**Embeera y'ebyobufuzi**
Embeera y'ebyobufuzi abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe bakolera, butereevu erina akakwate ku mbeera ez'enjawulo ez'amatigga mwe beesanga. Okugeza, ebiseera by'okulonda mu mawanga agamu biba bya bunkenke mu Buvanjuba bw'Afirika n'ekitundu ekyetondese obuyembe ku buvanjuba bwa Afirika, ekiteeka abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu matigga g'okutuusibwako obulabe.

**Ebya tekinologiya**
Ekyasa ekya 21 kibaddemu enkyukakyuka mu bya tekinologiya mu ngeri ey'omuggundu, ekyongedde ku busobozi bw'abalwanirizi b'eddembe n'amaanyi mu nkola y'emirimu gyabwe. Empuliziganya wakati w'abalwanirizi b'eddembe, amawanga ne ssemazinga eziri ku nsi yeeyongedde, kyokka entambuza y'obubaka mu ngeri ya digito nayo ne yeeyolekeramu obunafu n'okwongera ku mbeera ez'amatigga abalwanirizi b'eddembe mwe beesanga.. Bino biva ku mbeera y'emikutu gy'empuliziganya egikugirwa n'okulumikibwa, okukettebwa, okubbibwako amawulire/obubaka okutuuka ku mbeera y'okuggala emikutu n'ebikozesebwa mu mpuliziganya eya digito. N'awo ekisoboka we kikoleddwa okunywezaamu mu mitendera egiyitibwamu okuwuliziganya, waliwo oluusi abantu abagirumika n'okugiyingirira lwe basobola okutaataaganya empuliziganya.

**Emiramwa egy'okulwanirira**
Omulimu gw'okulwanirira eddembe ly'obuntu oluusi gulabibwa aba Gavumenti n'abantu abalala abatali mu Gavumenti ng'ogugenderera okusiiga ekifaananyi ekibi eky'ebyo ebikolebwa ssaako okubiyingirira mu ngeri y'okubiremesa, Waliwo emiramwa egiwerako egy'okulwanirira, era awatali kuwannaanya, gireetedde abalwanirizi b'eddembe ebizibu. Emiramwa gino mwe muli eddembe ly'abantu abawanguddwa, eddembe ly'abakazi n'ery'ekikula ky'abantu, eddembe ly'abantu ery'obwebange n'ery'ebyobufuzi, ssaako eddembe ku byobugagga eby'omu ttaka n'ery'obutondebwensi.

**Ensobi ezitera okukolebwa mu kwaŋŋanga embeera y'amatigga abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe beesanga**

- Okuteeka essira ku kwetaasa ng'ekizibu kimaze okugwawo: Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu abasinga banyweza okwerinda kwabwe oluvannyuma lw'okukizuula nti bali mu matigga oba oluvannyuma lw'okufuna okutiisibwatiisibwa. Okumanya n'okwekenneenya embeera eziteeka abalwanirizi b'eddembe mu matigga ng'obulabe tebunnagwawo kikendeeza ku maanyi gaabwo ku bo n'emirimu gyabwe. Mu kino, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu basobola okutema empenda z'okwaŋŋanga embeera ez'amatigga n'okuziyitamu nga tebakoseddwa;
- Enkola ey'okusimbuliza ekintu awalala naawe n'okikozesa: Abalwanirizi b'eddembe abamu banyweza okwerinda kwabwe nga bakoppa enkola ze balabye nga zikolera abalala obulungi. Abalwanirizi b'eddembe balwanirira emiramwa egyawukana era bakolera mu mbeera ezaawukana ku za bannaabwe abalala, nga mu ngeri eyo, kyetaagisa okwekenneenya embeera omulina okweyambisibwa enkola ezimu ku kunyweza okwerinda. Okugeza, okussaawo kkamera enkessi kiyinza okuyitira abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu byalo obuzibu kuba buli omu abeera kw'aggusiza amaaso engeri yo (mu byalo) gye zitasangikasangika;
- Obuzira: Obuvumu obuyitiridde oluusi buteeka abalwanirizi b'eddembe mu matigga g'okutuusibwako obulabe ekiteetaagisa. Baweebwa amagezi okupimaapimamu obunafu bwabwe n'ebibateeka mu matigga nga babigeraageranya n'amaanyi g'okutiisibwatiisibwa kwe basanga;
- Okutabula emirimu gy'okulwanirira eddembe n'emirala: Oluusi, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batabula ebyobufuzi n'emirimu gy'okulwanirira eddembe ly'obuntu. Kino kisobola okulemesa okwogeraganya wakati w'aboobuyinza n'abantu ba bulijjo. Okwenyigira mu byobufuzi kitondawo embeera gavumenti mw'etandikira okwekengera abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu sso nga ate bombi balina kukolera wamu nga buli omu ayambako munne;
- Omuntu okulagajjalira ensonga z'okwerinda kwe: Ebiseera ebimu, abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batera okussa ennyo amaanyi ku mirimu gyabwe n'abantu abatyoboolebwa. Kino kibeerabiza nti omusingi okuzimbirwa emirimu gyabwe kwe kwerinda kwabwe era awatali kwerinda, okulwanirira eddembe ly'obuntu kuba kuzibu.

**Ebifunze**

- Embeera ey'amatigga – ekiyinza okubaawo oba obulabe;
- Okutiisibwatiisibwa – kino kiranga nti waliwo obulabe obujja;
- Obunafu – obunafu obulemeddwa okukolwako munda;
- Obusobozi – eby'okweyambisa ebisoboka era ebiriwo;
- Okwesanga mu matigga g'okutuusibwako obulabe tekyewalika mu mirimu gy'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu;
- Abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu beesanga mu bulabe bwa ngeri ez'enjawulo ng'obw'omuntu omu bwawukana okuva ku bw'omulala;
- Kendeeza ebivaako okutiisibwatiisibwa okole ne ku bunafu bwo nga bw'oyongera ku busobozi bw'olina bw'oba wa kusobola okwaŋŋanga embeera ey'amatigga gy'oyinza okwesangamu ne kikuviirako okutuusibwako obulabe.

# OKUKOLA ENTEEKATEEKA MU KWERINDA

## ENTEEKATEEKA Y'OKWERINDA Y'ERUWA?

Enteekateeka y'okwerinda kye kiwandiiko ekirimu ebintu ebikolebwa okwetangira obulabe nga tebunnagwawo ssaako amakubo agayitibwamu okukola ku nsonga z'okwekuuma ng'obulabe bumaze okugwawo eri omuntu kinnoomu oba ekitongole mu kunyweza obutebenkevu n'ensonga z'okwerinda. Kuno kwe kutambulira ensonga z'obutebenkevu n'okwerinda mu nzirukanya y'emirimu gy'ekitongole, abakozi ssaako abo abasinga okukwatibwako ensonga (abalwanirirwa).

## ENKOLA KU KWERINDA N'ENTEEKATEEKA Y'OKWERINDA

Enkola ku kweronda bye biragiro eby'awamu, emisingi n'okuluŋŋamizibwa okutambulirwako mu kitongole ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu okusobola okunyweza obulungi ensonga z'okwerinda. Enteekateeka y'okwerinda era esobola okwetooloolera ku kussa mu nkola ebiragiro ebyo, emisingi n'okuluŋŋamizibwa okutambulirwako bisobole okutuukira mu mbeera emu okusinziira ku budde obw'enjawulo oba omulimu oguba gukolebwa ekitongole.

Okugeza, ekitongole ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu kiyinza okukola enteekateeka y'okwerinda olw'omusomo oba olukuŋŋaana era ne kiteekawo ebiragiro eby'awamu oba enkola okutambulirwa nga mu kutereeza entambula z'abakozi baakyo.

## ENGERI Y'OKUKOLA N'OKUSSA MU NKOLA ENTEEKATEEKA Y'OKWERINDA?

Okukola enteekateeka y'okwerinda, abakozi b'ekitongole ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu balina okusisinkana okukubaganya ebirowoozo ku bulabe obuyinza okubajjira. Wammanga gye mitendera egy'okugoberera mu kukola enteekateeka y'okwerinda.[5]



## OKUSSA MU NKOLA ENTEEKATEEKA Y'OKWERINDA

Okussa mu nkola enteekateeka y'okwerinda muzingiramu bino:

- Abakozi bonna ab'ekitongole ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu okwetabamu ate n'abakikulira ne babawawa obuwagizi;
- Empuliziganya wakati w'enjuuyi zonna ezikwatibwako era ezeetabye mu kukola enteekateeka y'okwerinda okusinziira ku birimu n'engeri gye bikwata ku buli luuyi;
- Amakubo aganaakwatibwa okulaba nti enteekateeka eyo egobererwa;
- Okuzzanga obuggya enteekateeka eyo n'okugyekenneenya okulaba eby'okwongeramu n'eby'okuggyamu.

5 Protection International (PI), Guide for Facilitators, Page 96, http:// protectioninternational.org/wp-content /uploads/2014/04/PI-FACILI- TATORS-GUIDE_EN.pdf , accessed 2 August 2016.

## ENGERI Y'OKUSSAAWO AMAKUBO AGANYWEZA OKWERINDA

Muleete entegeka ku kwerinda era mulowooze ku by'okukola ku buli ttuluba erinokoddwaayo. Okusobola okukkirizibwa abantu ab'enjawulo abakwatibwako, omuntu alina okukola ebintu ebinaaleetera abantu abo okukimanya nti nabo omulimu gwabwe gwe bakola gwa mugaso. Okukkirizibwa eri abalala okw'engeri eno kukendeeza ku bulabe obuyinza okujja n'ekivaamu kunyweza nsonga ya kwerinda mu mulimu gw'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.

## Eby'okulowoozaako mu kukola enteekateeka y'okwerinda?

- Enteekateeka y'okwerinda erina kuba nnyimpi naye nga ya makulu agategeerekeka, ntuufu etebuusibwabuusibwa era ng'esobola okufunika ng'ekiwandiiko ekijulizibwako, nga nnyangu okusoma era nga yeekuusa n'okwongera ku mbeera eziriwo;
- Erina okwaŋŋanga okutiisibwatiisibwa okutera okweyoleka ng'okusinga yeetooloolera ku ngeri y'okwekenneenya amatigga n'obulabe abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mwe beesanga;
- Ku buli nsonga eraga obunafu obuteeka abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu matigga, wabengawo ekirina okukolebwa okusobola okugonjoola embeera eyo awo nno amatigga n'obulabe ebyo bisobole okuvuunikibwa.




| OLUWENDA | EBISOBOLA OKUKOLEBWA |
|---|---|
| Okukkirizibwa | Okumanyisa abantu ku bikwata ku mirimu gy'omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu; Okulwanirira eddembe ly'obuntu; Abantu okwetaba mu kulwanirira eddembe ly'obuntu mu bitundu mwe babeera; okunoonya obuyambi n'ebirala. |
| Okuziyiza obulabe | Okuzimba ekikomera; ggeeti ennyweevu; okussaawo abakuumi; kkufulu ez'amaanyi; emitayimbwa mu nzigi n'amadirisa; okussaawo amataala; kkamera enkessi n'ebirala. |
| Okuseeseetula / okweggyako obulabe | Okukola n'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu abali wansi mu bitundu nga bano bo tebasanga buzibu mu kutuukirira bantu kuba babeera bamanyiddwa era nga baanirizibwa mangu eri abantu nga n'ekitundu kibamanyi; Okukolagana n'ebitongole ebirala; Okukolera awamu ekitole sso si ng'omuntu ssekinnoomu; Okukolera mu mikago egigatta ebibiina oba ebitongole ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu; Okuteeka obulamu bw'abalwanirizi n'ebintu by'ekitongole mu yinsuwa n'ebirala. |

Mu ngeri endala, mu kweyambisa oluwenda olw'okuziyiza obulabe muzingiramu okussaawo emiziziko egiziyiza abantu abateetaagibwa kuyingira mu kifo abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu we basinziira okukolera emirimu gyabwe. Oluwenda olw'okuseeseetula/okweggyako obulabe luzingiramu eky'omulwanirizi w'eddembe okunyweza okwerinda kwe nga yeggyako obulabe n'amatigga ge yandyesanzeemu n'abiseeseetula ne bidda ku bantu abalala abalina obusobozi okwaŋŋanga n'okuvvuunuka amangu amatigga n'obulabe obwo. Ngeri efaananako n'okwekweka emabega w'abo abasingako ku buvumu n'amaanyi.[6]

6 Van Brabant 2000, p.57

# EMPENDA EZIRIWO OMUYITIBWA OKUKUUMA ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU

### OMUKUNGU (OMUTUNUULIZI ERA OMWOGEZI) OWENJAWULO MU KIBIINA KY'AMAWANGA AMAGATTE (UN) AVUNAANYIZIBWA KU NSONGA Z'ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU

Mu mwaka gwa 2000, Akakiiko k'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) akavunaanyizibwa ku Ddembe ly'Obuntu (United Nations Commission on Human Rights) kassaawo ekifo ky'Omukungu (omutunuulizi era omwogezi) Owenjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu. Kino kyakolebwa okusobola okussa mu nkola enzikiriziganya y'ensi yonna mu kiwandiiko ekyassibwako emikono amawanga ageegattira mu Kibiina ky'Amawanga Amagatte ku kutakabanira Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu mu mwaka gwa 1998 (1998 Declaration on Human Rights Defenders).[7] Omukungu ali mu kifo kino ku budde buno ye Mw. Michel Forst.[8]

Okusinziira ku buvunaanyizibwa bw'ekifo kino, emirimu emikulu egy'Omukungu ono Owenjawulo mwe muli:

- Okunoonya, okufuna, okwekenneenya n'okwanukula amawulire ku mbeera y'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu;
- Okuteekawo enkolagana n'okukubiriza enteeseganya ne gavumenti ez'enjawulo ssaako abantu abalala abakwatibwako mu kutumbula n'okussa mu nkola obulungi ebirambikiddwa mu Kiwandiiko ky'Amawanga Amagatte ku ddembe ly'obuntu;
- Okusemba wabeewo amakubo amalungi agakwatibwa okusobola okukuuma obulungi abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu era n'okulaba ng'ebyo ebisembebwa bikolebwa;
- Okukwanaganya abantu ab'ebikula eby'enjawulo okulaba nga tewali aboolebwa olw'ekikula kye.

Empenda eziwerako mu kitundu kino ekya Afirika zitemeddwa okukuuma eddembe ly'obuntu oluvannyuma lw'okussaawo Omukungu Owenjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.

7 OHCHR, 'resolution 2000/61 establishing the mandate' http://ohchr.org/EN/Issues/SRHRDefenders/Pages/Mandate.aspx, accessed 1 August 2016.

8 OHCHR, 'Resolution 25/18. Mandate of the Special Rapporteur on the situation of human rights defenders' https://docu- ments-dds-ny.un.org/doc/UNDOC/GEN/G14/134/52/PDF/G1413452. pdf ?OpenElement, accessed 1 August 2016.




*Okuva ku kkono okudda ku ddyo: Pierre Claver Mbonimpa (Pulezidenti w'Ekitongole ky'Ensi yonna omwegattira Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu), Hassan Shire (Akulira Ekitongole ekirwanirira abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ekya DefendDefenders), ne Michael Forst (Omukungu Owenjawulo alondoola emirimu n'okwogerera abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu) bwe baali mu kukubaganya ebirowoozo mu ttabamiruka ow'omulundi ogwa 31 ow'Akakiiko k'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte akavunaanyizibwa ku nsonga z'eddembe ly'obuntu (UN Human Rights Council).*

Ekigendererwa mu kino, kwe kwongera ku bukuumi bw'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu. Wammanga ge makubo amakulu agassiddwaawo mu kitundu ky'Afirika kino eky'Obuvanjuba n'ekyo ekyetondese obuyembe ku buvanjuba bwa Afirika:

- Omukungu (omutunuulizi era omwogezi) Owenjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ku Kakiiko ka Afirika ak'Eddembe ly'Obuntu n'ery'Obwebange eriweebwa abantu (African Commission on Human and Peoples' Rights (2005))[9];
- Omukungu (omutunuulizi era omwogezi) Owenjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu ku Kakiiko akagatta amawanga ga Amerika akavunaanyizibwa ku ddembe ly'obuntu[10];
- Okuluŋŋamizibwa ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu mu Kibiina ky'Amawanga ga Bulaaya (European Union - EU) nga ebirambikiddwa byakkiriziganyizibwako baminisita b'ensonga z'ebweru ab'amawanga ga Bulaaya mu mwaka gwa 2004[11].

9 The African Commission on Human and Peoples' Rights, '69: Resolution on the Protection of Human Rights Defenders in Africa' 4 June 2004, http://w w w.achpr.org/sessions/35th/resolutions/69/ accessed 1 August 2016.

10 Inter-American Commission on Human Rights, AG/RES. 1842 (X X XII-O/02), 'Human Rights Defenders: Support for Individuals, Groups, and Organizations of Civil Society Working to Promote and Protect Hu- man Rights in the Americas' http://w w w.oas.org/juridico/english/ga02/ agres_1842.htm, accessed 1 August , 2016.

11 EUR-Lex, Access to European Union Law, 'EU guidelines on human rights defenders' 8 December 2008, http://eur-lex.europa.eu/ legal-content /EN/ T X T/ ?uri=URISERV%3Al33601, accessed 1 August 2016.

Ekiragiro ky'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) kikwatagana n'amakubo agakwatiddwa mu kitundu kya Afirika kino okukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu. Enkolagana eno ezingiramu okuwaanyisiganya ebibatuuseeko, n'amawulire ssaako okwongeramu amaanyi mu nkola y'emirimu wamu n'okuzuula ebigendererwa eby'awamu ne bikwataganyizibwa.

Ku mutendera gw'eggwanga, amawanga agawerako mu nsi yonna gagoberera ebisalibwawo Ekibiina ky'Amawanga Amagatte n'okutema empenda ku musingi gw'eggwanga ezigendererwamu okuyambako mu kukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu. Empenda zino mwe muli okukola ssemateeka n'amateeka, okutereeza enkola y'essiga eddamuzi n'okussaawo ebitongole by'eggwanga ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu.

## OMUKUNGU OWENJAWULO AVUNAANYIZIBWA KU NSONGA Z'ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU KU KAKIIKO KA AFIRIKA AK'EDDEMBE LY'OBUNTU N'ERY'OBWEBANGE ERIWEEBWA ABANTU

Mu mwaka gwa 2004, Akakiiko ka Afirika ak'Eddembe ly'Obuntu n'Eryobwebange eriweebwa abantu (African Commission on Human and Peoples' Rights - ACHPR) kassaawo obuvunaanyizibwa n'ekifo ky'Omukungu Owenjawulo avunaanyizibwa ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.[12] Omukungu ali mu kifo kino ku budde buno ye Reine Alapini-Gansou, munnamateeka okuva e Benin.[13] Obuvunaanyizibwa bw'omukungu owenjawulo ali mu kifo kino mwe muli:

- Okunoonya, okufuna, okwekenneenya n'okwanukula amawulire ku mbeera y'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu Afirika;
- Okuwaayo alipoota ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu buli lutuula lw'Akakiiko ka Afirika akavunaanyizibwa akakiiko ka Afirika ak'Eddembe ly'Obuntu n'Eryobwebange eriweebwa abantu;
- Okukolagana n'amawanga agalina obwammemba ku kakiiko ssaako okuteesa nago. Kuno kw'assa okukolagana n'okuteeseganya n'ebitongole bya gavumenti ebikola ku kukuuma eddembe ly'obuntu, ebitongole by'ensi yonna ebikwatibwako, amakubo agaliwo mu nsi yonna ne mu kitundu kya Afirika kye tulimu ag'okukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ssaako abalala abakwatibwako;
- Okukola n'okusemba wabeewo amakubo amalungi agakwatibwa okusobola okukuuma obulungi abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu era n'okulaba ng'ebyo ebisembebwa bikolebwa;
- Okusaasaanya ebikwata ku kaweefube n'okulafuubana okulaba ng'Ekiragiro ky'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) ku kukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu Afirika kissibwa mu nkola.

Okuva obuvunaanyizibwa buno lwe bwassibwawo, Abakungu Abenjawulo bakwataganye n'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu okuyita mu kwetaba enkiiko z'omu kitundu kya Afirika kino, bakyalidde amawanga agawerako omuli n'oluusi lwe bajja n'Omukungu Owenjawulo ow'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte ne bafulumya n'ebiwandiiko eri abaamawulire ku mbeera y'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu nga bw'eri.[14]

Omukungu Owenjawulo era afuddeko okukubiriza abantu n'ebitongole by'obwannakyewa okuloopa emisango egikwata ku balwanirizi b'eddembe ly'obuntu eri Akakiiko ka Afirika ak'Eddembe ly'Obuntu n'Eryobwebange eriweebwa abantu (ACHPR). Wansi w'Enzikiriziganya y'amawanga ga Afirika ku ddembe ly'obuntu n'ery'obwebange (African Charter on Human and Peoples' Rights), Akakiiko ka Afirika ak'Eddembe ly'Obuntu n'Eryobwebange eriweebwa abantu (ACHPR) kaweebwa obuyinza okufuna n'okukola ku bikaloopeddwa okuva eri abantu n'ebitongole.[15]

---

12 The African Commission on Human and Peoples' Rights, '69: Resolution on the Protection of Human Rights Defenders in Afri-ca' 4 June 2004, http://w w w.achpr.org/sessions/35th/resolutions/69/ accessed 1 August 2016.
13 The African Commission on Human and Peoples' Rights, '69: Resolution on the Protection of Human Rights Defenders in Afri- ca' 4 June 2004, http://w w w.achpr.org/sessions/35th/resolutions/69/ accessed 1 August 2016
14 DefendDefenders, 'Defending Human Rights, A Resource Book for Human Rights Defenders, East and Horn of Africa Human Rights Defenders Project, 2nd edition, page 8
15 Article 55 of the African Charter on Human and Peoples' Rights

## EMPENDA KU MUTENDERA GW'EGGWANGA EZIYITIBWAMU OKUKUUMA ABALWANIRIZI B'EDDEMBE LY'OBUNTU

Enzikiriziganya y'ensi yonna mu Kiwandiiko ekyassibwako emikono amawanga ageegattira mu ibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) okutakabanira ensonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu kikinogaanya nti obuvunaanyizibwa obukulu obw'okulwanirira n'okukuuma eddembe ly'obuntu n'ery'obwebange biri mu mikono gya Gavumenti. Awo nno, gavumenti ziteekeddwa okukakasa nti abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu batebenkedde era bakuumibwa okuyita mu kussa mu nkola Ebiragiro mu nzikiriziganya nga bwe birambikiddwa ku balwanirizi b'eddembe ly'obuntu.

Mu Gwomukaaga (June) 2016, Ivory Coast yayisa "Etteeka ku Kulwanirira n'Okukuuma Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu". Ogwo gwe mulundi ogukyasookedde ddala eggwanga lya Afirika okuyisa etteeka ng'ekigendererwa kyalyo kyennyini kwe kukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.[16]

Bino by'ebyokulabirako by'amakubo agayitibwamu okukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu ku mutendera gw'eggwanga:

- **Obukulembeze:** ebitongole bya gavumenti ebirwanirira eddembe ly'obuntu, ebitongole by'amateeka gamba ng'essiga eddamuzi, okukwasisa amateeka, poliisi, ebitongole ebikuumaddembe, palamenti ne gavumenti z'ebitundu.

- **Okuyisa amateeka:** Okukola ssemateeka n'amateeka agenjawulo gamba nga "Etteeka ku Kulwanirira n'Okukuuma Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu" eryayisibwa mu Ivory Coast.

16 Download the Côte d'Ivoire Law on human rights defenders here (French only), http://w w w.ishr.ch/sites/default/files/documents/jo_loi_defenseurs.pdf

# AKAWAAYIRO

## Ekiwandiiko ky'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) ku nsonga z'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu mu bufunze

Okuteesa ku Kiwandiiko ky'ensonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu17 kwatandika mu 1984 ne kuggweera mu kuyisa ekiteeso okwa Ttabamiruka w'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte mu 1998, ku mukolo gw'okujaguza emyaka 50 egy'Enzikiriziganya y'ensi yonna mu Kiwandiiko ekyassibwako emikono Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (Universal Declaration of Human Rights). Kaweefube ow'awamu ow'ebitongole by'obwannakyewa ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu ssaako Gavumenti ezimu yayambako okulaba nga ekiwandiiko ekisembayo kiba kya maanyi, kya mugaso ddala era nga kisoboka okussibwa mu nkola. Oboolyawo, okusinga Ekiwandiiko si kya Gavumenti zokka n'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu, naye kikwata ku buli omu. Kitugamba nti ffenna tulina omulimu ogw'okutuukiriza ng'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu era kikinogaanya nti waliwo ekisinde ky'ensi yonna ekirwanirira eddembe ly'obuntu ffenna mwe tutambulira.

### 1. Ebyamateeka

Ekiwandiiko si tteeka ku bwakyo, wabula, kirimu ebirambikiddwa n'ebirambike ku ddembe ery'ebika eby'enjawulo ebyesigamiziddwa ku mutindo ogukkirizibwa ku ddaala ly'ensi yonna eby'amateeka nga bwe galambika – gamba nga Endagaano y'Ensi yonna ku Ddembe ly'Obwebange n'ery'Ebyobufuzi (International Covenant on Civil and Political Rights). Okugatta kw'ebyo, Ekiwandiiko kyayisibwa mu Ttabamiruka w'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte, era kyoleka obumalirivu n'okwewaayo kw'amawanga ku kukissa mu nkola. Gavumenti zigenze zeeyongera mu kulowooza ku ky'okutwala Ekiwandiiko kino ng'etteeka ly'eggwanga ettongole.

### 2. Ebirambikiddwa mu Kiwandiiko

Ekiwandiiko kirambika ensonga z'okuwagira n'okukuuma abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu mbeera mwe bakolera omulimu gwabwe.

Tekissaawo birambike bipya ku bika by'ddembe ery'enjawulo ebirala wabula kinnyonnyola ebika by'eddembe ebiriwo mu ngeri ekifuula ekyangu okubissa mu nkola mu ngeri erabwako ne mu mbeera y'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu. Kikuba omulanga, gamba nga, okuvujjirirwa mu byensimbi okw'ebibiina/ebitongole by'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu n'okukuŋŋaana wamu n'okusaasaanya amawulire ku ddembe ly'obuntu nga bwe lirina okukuumwa n'engeri gye lityoboolebwamu. Ekiwandiiko kirambika obuvunaanyizibwa obulina okutuukirizibwa Gavumenti n'obuvunaanyizibwa bwa buli omu ku bikwata ku kulwanirira eddembe ly'obuntu, mu kwongereza ku kunnyonnyola obukwatane bwakyo n'amateeka g'eggwanga. Ebisinga ku birambikiddwa mu Kiwandiiko bifunziddwa mu bitundu wammanga.18 Kikulu nnyo okukiggumiza nti abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu balina eddembe okusinziira ku Kiwandiiko okukola emirimu gyabwe mu mirembe.

#### (a) Eddembe n'obukuumi obuweebwa abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu

Ennyingo 1, 5, 6, 7, 8, 9, 11, 12 ne 13 ez'Ekiwandiiko zirambika engeri abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu gye balina okukuumibwa, omuli n'eddembe:

- Okulwanirira n'okulaba ng'eddembe ly'obuntu likuumibwa ku musingi gw'eggwanga n'ogw'ensi yonna;
- Okukola emirimu gy'okulwanirira eddembe ly'obuntu nga ssekinnoomu wamu ne bwe babeera n'abalala;
- Okukola ebibiina mwe beegattira n'okukola ebibiina by'obwannakyewa ebitali bya gavumenti;
- Okukola enkuŋŋaana mu ngeri ey'emirembe;
- Okunoonya, okukuŋŋaanya, okufuna n'okutereka amawulire ku ddembe ly'obuntu;
- Okuvaayo n'ebirowoozo ssaako ebirambike ebipya ku ddembe ly'obuntu wamu n'okubikubaganyaako ebirowoozo ssaako okubirwanirira bisobole okukkirizibwa/okuyisibwa abavunaanyizibwa;

---

17 OHCHR, Declaration on Human Rights Defenders, http:// w w w.ohchr.org/EN/Issues/SRHRDefenders/Pages/Declaration.aspx accessed 3 August 2016.

18 Okunnyonnyola okusingawo kwakolebwa mu lipooti y'omuwandiisi- mu lutuula lw'omulundi ogw'okutaano olw'akakiiko k'eddembe ly'obuntu omwaka gwa 2000 (E/CN.4/2000/95). Lipooti era esemba okuteeka mu nkola ebyasalibwawo. Okweyongerayo, mu July 2011, Margaret Ssekaggya yafulumya ekiwandiiko ku balwanirizi b'eddembe ly'obuntu nga kisimba essira ku byasalibwawo nga yeesigama ku mawulire ne lipooti zaaze afuna.

- Okuwaayo eri ebitongole bya gavumenti wamu n'ebirala ebikwatibwako okwemulugunya kw'abantu n'ebiteeso ku kulongoosa enkola yaabyo wamu n'okukuba omulanga ku kintu kyonna mu mirimu gy'ebitongole ebyo ssinga wabaawo okutyoboola kw'eddembe ly'obuntu;
- Okwemulugunya kun kola eziba zitongozeddwa n'ebikolwa ebyekuusa ku ddembe ly'obuntu era n'okulaba ng'enkola ezo zikyusibwa;
- Okuwa obuyambi bw'ekikugu ku byamateeka oba amagezi amalala n'obuyambi mu kulwanirira eddembe ly'obuntu;
- Okwetaba mu kuwozesa emisango okusobola okwekenneenya oba empozesa egoberera amateeka g'eggwanga n'ebiragiro by'eddaala ly'ensi yonna ku ddembe ly'obuntu;
- Okuwuliziganya n'ebibiina by'obwannakyewa n'ebitongole by'ensi yonna awatali kutaataaganyizibwa;
- Okuganyulwa mu kugonjoola ebizibu/emirerembe mungeri ennuŋŋamu;
- Okukola emirimu mu bukugu bwabwe nga abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu;
- Okukuumwa wansi w'amateeka g'eggwanga mu kuvumirira oba okuwakanya, mu ngeri y'emirembe, ebikolwa oba ensobi za Gavumenti ezivaako okutyoboola kw'eddembe ly'obuntu;
- Okunoonya, okufuna n'okukozesa obuyambi olw'ekigendererwa ky'okukuuma eddembe ly'obuntu (omuli n'okufuna ensimbi okuva ebweru w'eggwanga).

### (b) Obuvunaanyizibwa bwa Gavumenti

Gavumenti zivunaanyizibwa okussa mu nkola n'okussa ekitiibwa mu byonna ebirambikiddwa mu Kiwandiiko. Ennyingo 2, 9, 12, 14 ne 15 ziraga obuvunaanyizibwa bwa Gavumenti era ne ziraga nti buli Gavumenti erina obuvunaanyizibwa obw'okutuukiriza n'omulimu ogw'okukola:

- Okukuuma, okutumbula n'okussa mu nkola ebika by'eddembe ly'obuntu byonna;
- Okukakasa nti abantu bonna wansi waayo basobola okweyagalira mu bika by'eddembe n'emirembe mu mbeera eza bulijjo, ebyenfuna, ebyobufuzi n'ebirala;
- Okuyisa amateeka n'okussaawo amakubo g'obukulembeze nga bwe kyetaagisa okukakasa nti eddembe n'emirembe egy'ebika eby'enjawulo gikuumwa;
- Okubaako engeri etegeerekeka gy'egonjoola ensonga z'abantu abalumiriza nti baatuusibwako obuzibu mu kutyoboola eddembe lyabwe ery'obuntu;
- Okukola okunoonyereza mbagirawo ate nga temuli kyekubiira ku biba bigambibwa ku kutyoboola eddembe ly'obuntu;
- Okukwata amakubo gonna ageetaagisa okulaba nga buli muntu akuumibwa aleme kutuusibwako bulabe, kutiisibwatiisibwa, kwesasulizibwako, kusosolwa, kuteekebwako kazito oba okukolebwako ekikolwa ekirala kyonna ekitali mu mateeka nga kiva ku muntu oyo okweyagalira mu ddembe lye nga bwe lirambikiddwa mu Kiwandiiko;
- Okufaayo okulaba ng'abantu bamanyisibwa n'okutegeera eddembe lyabwe ery'obwebange, ery'ebyobufuzi, ery'ebyenfuna, ery'embeera eza bulijjo n'ery'ebyobuwangwa;
- Okukakasa nti ebitongole by'eggwanga bitondebwawo okutumbula n'okukuuma eddembe ly'obuntu ssaako okubiwagira mu mirimu gyabyo. Bino mwe muli okussaawo bakaliisoliiso/abatunuulizi oba obukiiko obukola ku ddembe ly'obuntu;
- Okufaayo okutumbula n'okusasulira enteekateeka z'okusomesa abantu ebika by'eddembe ly'obuntu ku mitendera gyonna egy'ebyenjigiriza entongole n'okutendekebwa okw'ebyekikugu.

### (c) Obuvunaanyizibwa bwa buli omu

Ekiwandiiko kikinogaanya nti buli omu alina obuvunaanyizibwa eri ekitundu ne mu kitundu mw'ali era kitukubiriza ffenna okubeera abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu. Ennyingo 10, 11 ne 18 zirambika obuvunaanyizibwa bwa buli omu ku kulwanirira eddembe ly'obuntu, okulwanirira eddembe ly'okwesalirawo n'ebitongole ebivunaanyizibwa ku nsonga eyo, era n'obutatyoboola ddembe lya buntu n'ery'ebika ebirala. Ennyingo 11 nayo erambika mu ngeri eyenjawulo obuvunaanyizibwa bw'abantu abakola emirimu egyekuusa ku ddembe ly'obuntu ery'abalala, era okusinga likwata ku baserikale ba poliisi, bannamateeka (balooya), abalamuzi, n'abalala ab'engeri eyo.

### (d) Omulimu gw'amateeka g'eggwanga

Essuula 3 ne 4 zirambika obukwatane wakati w'Ekiwandiiko n'amateeka g'eggwanga ssaako ag'ensi yonna n'ekigendererwa ky'okunyweza omutindo ogusingayo waggulu ogw'eddembe ly'obuntu ery'ebika eby'enjawulo.

# EKITABO II

## OKWERINDA MU MPULIZIGANYA YA TEKINOLOGIYA W'EKIKA KYA DIGITO




Akatabo ak'ebikwata ku nsonga z'Okwerinda mu Byempulizigaya ya tekinologiya w'ekika kya Digito kalimu kalonda akwata ku bantu b'omutendera ogwogerwako nga biggyiddwa mu kitabo ekyawandiikibwa ku ngeri omuntu gy'ayinza okwekuuma ng'ayita mu kwekebera n'ebyo by'akozesa (Surveillance Self

Defense) nga kino kyafulumizibwa ekitongole kya Electronic Frontier Foundation era nga bifulumizibwa wansi w'olukusa lwa layisinsi y'emu eyo.

Bifulumiziddwa wansi wa Layisinsi mu ndagaano erambiddwa n'ennamba CC-BY-3.0, era oli wa ddembe okubikoppa n'oddamu okubisaasaanya mu mikutu egy'engeri yonna ne mu ndabika ey'engeri yonna era osobola okutaggamu ebirowoozo ebirala oba okukyusaamu n'ozimbira buzimbizi ku bubaka buno olw'ekigendererwa eky'engeri yonna, kasita olaga nti obisimbulizza kuva mu mulimu gw'abawandiisi baabyo abaasooka era abatongole.

# EKITABO II

## Ebirimu


Ennyanjula: Ekitabo ku Kwerinda mu Mpuliziganya ya tekinologiya w'ekika kya Digito ......................... 30

- Okwekenneenya Embeera ey'Amatigga n'Obulabe
- Ebiruubirirwa ebitaano mu kwerinda/bukuumi
- Obukuumi obusookerwako ku bintu ebikozesebwa mu kuwuliziganya
- Enkuuma ya fayiro (data) eziterekebwa ku byuma bikalimagezi, ku buti obuteresi (flash disks), obuuma obutereka fayiro (external drives), ne ku ssimu ez'omu ngalo
- Enkuuma ya fayiro (data) ezitambulira mu mikutu egiyungibwa n'amayengo g'empewo
- Okukuuma akawunti z'emikutu egikozesebwa mu kuwuliziganya
- Enkuuma y'essimu
- Engeri y'okukozesaamu ekitabo kino

Okwekenneenya Embeera ey'Amatigga n'Obulabe ........................................................................ 32

Okwerinda okw'Ebitundu Ebitaano mu Mpuliziganya ya tekinologiya w'ekika kya Digito Obukuumi obusookerwako ku bintu ebikozesebwa mu mpuliziganya ................................................................ 34

- Nneekuuma ntya eri ebiwuka ebirwaza kompyuta n'ebikozesebwa ebirala mu mpuliziganya?
- Pulogulaamu kalimagezi ezirwanyisa/ezitangira ebiwuka
- Obubonero obulaga nti olumbiddwa ebiwuka
- Okwongera ku bukuumi n'okwetangira eri ebiwuka
- Ebikolebwa okukuuma pulogulaamu kalimagezi obutalumbibwa biwuka

Enkuuma y'obubaka (data) obuterekebwa ku bintu ebikozesebwa mu mpuliziganya ............................ 40

- Okukuuma fayiro (data) zo obulungi mu ngeri y'okwekisiza
- Pulogulaamu kalimagezi ez'okwekisiza n'engeri y'okuzikozesa
- Entereka ya fayiro (data) awalala okuzitaasa okubula

Enkuuma ya fayiro (data) ezitambulira mu mikutu egiyungibwa n'amayengo g'empewo ....................... 44

- Engeri Yintaneeti gy'ekolamu
- Empuliziganya n'abalala
- Enkola ya 'twekisize' (end-to-end encryption) gy'ekolamu mu mpuliziganya
- Essimu ezikubwa
- Obubaka obuweerezebwa (mesegi) ne mesegi z'oku yintaneeti
- Email
- Enkuuma ya email (GPG/PGP)
- Enkola ya 'twekisize' (end-to-end encryption) by'etesobola kukola
- Engeri y'okwewala okulingirizibwa ku mikutu gya yintaneeti omuyitibwa okuwuliziganya

- Obukodyo obusaamusaamu
- Emikutu gya yintaneeti egitaloopa kifo mw'oli (web-based proxies)
- Okukyusa erinnya eriraga ekifo w'osangibwa ku yintaneeti (DNS)
- Okukweka emikutu gy'okozesa ne giraga nti oli mu ggwanga ddala (Virtual private networks)
- Okukweka ekifo mw'oli gw'owuliziganya naye aleme kukitegeera (Tor)

Enkuuma y'akawunti z'emikutu gy'empuliziganya........................................................................ 53

- Okutondawo paasiwaadi ez'amaanyi
- Okulonda paasiwaadi ez'amaanyi
- Paasiwaadi ez'emirundi egisukka mu gumu (Multi-factor authentication) ne paasiwaadi ez'omulundi ogumu (one-time passwords)
- Okutiiisibwatiisibwa mu ngeri y'okutuusibwako obulabe oba okusibibwa mu kkomera

**Enkuuma y'Essimu**........................................................................................................ 56

- Ebizibu ebyetooloolera ku ssimu z'omu ngalo
- Okulondoola ekifo essimu w'eri
- Okulondoola omulongooti essimu kw'eyungiddwa
- Engeri obubaka n'embikkuliro (apps and web browsing) gye biroopa ekifo akozesa ekifo w'ali
- Okuggyako essimu
- Obukessi/obwambega ku mpuliziganya y'oku ssimu
- Okulwaza essimu ebiwuka
- Essimu ekika kya 'seereza': embikkuliro (apps) n'ebikolebwa okunyweza obukuumi bw'essimu
- Obukuumi obusookerwako obw'essimu
- Siba olutimbe lw'essimu yo
- Essimu yo gikuume nga nnamu bulungi
- Toteekako mbikkuliro (Apps) okuva awantu awatali watongole
- Ggyako pulogulaamu ya 'bluetooth' esobozesa omuntu omulala okulaba ebiri mu ssimu yo ng'asinziira ku ssimu endala egiriraanye
- Enkuuma ya fayiro (data) eziri ku ssimu yo
- Enkuuma ya fayiro (data) ezitambulira ku mikutu gya yintaneeti
- Okukuuma akawunti z'emikutu egikozesebwa mu kuwuliziganya
- Obukuumi obulala mu nkozesa y'essimu

Ebiwandiik**o ebirala eby'okujulizaako** ......................................................................... **63**

# ENNYANJULA

## Ekitabo ku Kwerinda mu Mpuliziganya ya tekinologiya w'ekika kya Digito

Oli Mufirika Omulwanirizi w'Eddembe ly'Obuntu ow'Ekyasa eky'abiri mw'ekimu (21). Ebyokulwanyisa by'olina mwe muli amagezi ag'ekika ekya waggulu, obumanyi obwa waggulu ku nsonga z'obuntubulamu, enkwatagana n'ebitundu, essimu ey'omu ngalo, essimu ekika kya iPad ne kompyuta ennyangu okutambula nayo (ey'ekika kya laptop). Emyaka abiri egiyise, wandisobodde okubeera n'ebisooka ebisatu waggulu awo, naye essimu mu nsawo yo ne kompyuta ekika kya laptop bisinze kucaaka mu kyasa kya 21.

Tekinologiya w'ekika kya 'Digito' akalubyamu ku busobozi bwaffe mu kwekenneenya amatigga n'obulabe bye twesangamu ng'abantu ne mu mirimu gyaffe kubanga kyenkana kizibu okutegeerera ddala enkozesa yaabyo. Awatali kumanya kwa ngeri eyenjawulo era okw'ekikugu, kizibu okutegeera engeri ebintu ebikozesebwa mu mpuliziganya ya digito gye bituyiwayo mu kutereka fayiro ez'omugaso era ne mu kuwaanyisiganya obubaka obw'ekyama.

Afirika eyogerwako lunye nga bwe yeeyubudde n'eva ku tekinologiya omukadde gamba ng'ow'essimu z'oku mmeeza eziyungibwa ne waya z'oku bikondo olw'akatale k'essimu z'omu ngalo gye kamaamidde olukalu lwonna olwa Afirika ku misinde egya yiriyiri okusinga bwe guli awalala mu nsi yonna. Wadde ng'ebyo biri bityo, enneeyisa mu bya tekinologiya kati aliko mu nsi, mu byamateeka ssaako ne mu by'eddembe ly'obuntu ku kwekisiza ensonga ezimu n'okwerinda birina kinene nnyo kye bikola mu mbeera abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu Abafirika n'abantu okutwaliza awamu mwe babeera nga buli kimu kyolekera ebintu ebyo mu ngeri ezitenkanankana.

Olutalo lw'ensi yonna ku butujju lulanze mu kiseera kye kimu ne tekinologiya w'empuliziganya ku mutendera gwa ssekinnoomu gye yeeyongedde okusaasaana gamba nga mu ngeri y'emikutu nga *Email, Skype, Facebook Messenger* ne *Whatsapp* era kivuddeko okwebuuza oba amaanyi gateekebwe mu kukuuma ebyama ku mutendera gwa ssekinnoomu oba okwerinda okw'awamu era okwa bonna.

Mu kiseera kye kimu, kkampuni enkuumi ez'obwannannyini ezikola pulogulaamu kalimagezi ezirumika ebyama ne ziziguza gavumenti ez'enjawulo, kitegeeza nti ebitongole ebikwasisa amateeka bisobola okufuna engeri gye biketta n'okusomola ebyama mu mikutu gya digito.

Ekitabo kino kiwandiikiddwa okukuwa omusingi omuggumivu ku kumanya ebya tekinologiya okusobola okwekenneenya amatigga n'obulabe bw'olimu ng'okozesa ebintu bya digito kuba kirina gye kyekuusa ku mulimu gwo ogw'okulwanirira eddembe ly'obuntu. Ekitabo era kiraga amakubo g'oyinza okuyitamu okuvvuunuka amatigga n'obulabe obwo. Mu kitabo kino, tujja kuggyayo embeera n'emboozi z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu Abafirika nga bwe bavvuunuka okusoomoozebwa mu mpuliziganya ya tekinologiya wa digito ssaako ebibuuzo mu mulimu gwabwe. Ekitabo kino kitegekeddwa mu buzimbe obw'engeri eno wammanga:

### OKWEKENNEENYA EMBEERA EY'AMATIGGA N'OBULABE

Ebituli mu kwerinda ku byuma bikalimagezi kitiisa buli muntu eyeeyambisa tekinologiya w'ekika kya digito, okuva ku bawejjere okutuuka ku bapulezidenti b'amawanga. Kyokka bw'oba obageraageranyizza n'abakozesa ebya digito abaabulijjo, bo abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu beesanga mu matigga n'obulabe obusingako olw'ekika ky'emirimu gyabwe gye bakola nga beeyambisa ebintu bya digito. Mu kitundu kino, tujja kunnyonnyola ekiyitibwa okwesanga mu matigga g'okutuusibwako obulabe era tutunuulire amatuluba g'obulabe mu mpuliziganya ya tekinologiya mu mbeera y'ensi gye tulimu kati. Ojja kuyiga engeri y'okuzuula ebintu byo ebisinga okukuteeka mu matigga era n'okumanya amakubo ageetaagibwa okukendeeza ku mbeera y'obulabe eno.

### EBIRUUBIRIRWA EBITAANO MU KWERINDA/ BUKUUMI

Ekitundu ekisigadde eky'ekitabo kino kijja kulambulula ebiti bitaano (5) eby'okwerinda mu nkozesa y'empuliziganya y'ebintu bya digito nga byonna awamu y'engeri y'okwekuumamu mu by'okola mu kuwuliziganya ng'okozesa ebintu bya tekinologiya wa digito.

Essuula zino tezigendereddwaamu kulambulula kalonda yenna, era kizibu okusomesa obukodyo ne buggwaayo mu miko gy'empapula gino kuba pulogulaamu kalimagezi zikyuka buli kiseera. Wabula tujja kujuliza ebiwandiiko ebirala eby'okweyambisa nga byo bizzibwa buggya olw'ebipya ebiba bizze. Ebiruubirirwa Ebitaano mu Kwerinda bye bino:

## Obukuumi obusookerwako ku bintu ebikozesebwa mu kuwuliziganya

Tuvunaanyizibwa okukuuma ebintu byaffe bye tukozesa mu kuwuliziganya (so si byo okutukuuma!), naye tumanyi okubikozesa obulungi? Tukola ekimala okubikuuma mu mbeera ennungi gye birina okukozeserezebwamu nga tebisobola kukwatibwa biwuka n'obulabe obulala obuyinza okubituukako? Mu kitundu kino, tujja kwogera ku ngeri ezisingayo obulungi mu kukozesa pulogulaamu kalimagezi.

## Enkuuma ya fayiro (data) eziterekeddwa ku byuma bikalimagezi, ku buti obutereka (flash disks), obuuma obutereka fayiro (external drives) ne ku ssimu ez'omu ngalo

Fayiro (data) ziterekebwa ku kompyuta yo ennyangu y'okutambula nayo (laptop), kompyuta y'oku mmeeza, essimu ey'omu ngalo, essimu ekika kya iPad, obuuma obutereka fayiro (external hard drives), n'obuti obutereka fayiro (USB thumb drives). Singa omuntu yali wa kufuna bintu bino, oba okukoppa fayiro okuziggyako n'engalo oba okuyita mu ngeri y'omukutu omulala, omuntu oyo aba asobola okusoma (n'okukyusa) fayiro ezo? Mu kitundu kino, tujja kwogera ku kiyitibwa 'okwekisiza' (encryption) n'ebikolebwa mu kwekisiza, ebikuuma fayiro ku bintu byo by'okozesa mu kuwuliziganya, we biterekebwa, oba ku mikutu gy'empewo ez'omu bbanga ezitereka fayiro (cloud). Okwongereza kwebyo, obukuumi ku fayiro (data) buyingirirwa bw'oba olina kkopi emu ey'ebiwandiiko eby'omugaso olwo kkopi eyo n'ekubulako olw'okutaataaganyizibwa ebiwuka n'esanguka, okubbibwa, okwonooneka oba emitawaana emirala egya kompyuta. Tujja kutunuulira entereka ya fayiro (data) awalala okuzitaasa okubula n'okuteeka essira ku bikolebwa mu kutereka ebiwandiiko ebyo awalala.

## Enkuuma ya fayiro (data) ezitambulira mu mikutu egiyungibwa n'amayengo g'empewo

Kompyuta n'essimu zaffe ezisinga zikola ogw'okuwuliziganya ne binnaabyo ebirala okuyita mu Yintaneeti n'emikutu egiyingiddwa n'amayengo g'empewo. Empuliziganya ebaawo okuyita mu mikutu egiwerako gamba nga ebbaluwa z'oku yintaneeti (email), okubikkula entimbe za yintaneeti (web browsing), obubaka/mesegi z'oku yintaneeti, okukuba essimu ku yintaneeti (voice over IP), n'obubaka obwa bulijjo obw'oku ssimu ne mesegi empandiike (nga bwe binnyonnyolwa mu kitundu ekikwata ku Nkuuma y'Essimu). Tujja kutunuulira enkula y'ebika by'empuliziganya bino n'okutegeera engeri z'okwekuuma nabyo naddala mu mbeera y'okulingiriziibwa n'okulondoolwa okugenda kweyongera buli olukya.

## Enkuuma y'akawunti z'emikutu gy'empuliziganya

Tukakasa tutya nti akawunti zaffe ez'oku yintaneeti n'ezitaliiko teziyingirwamu ekivaako okubulwa fayiro, okuggyibwako obwannannyini bwazo, n'omuntu omulala okwefuuliramu ky'atali okukoleramu ebikolobero? Ebintu ebiyinza okukolebwa gamba nga okutondawo paasiwaadi enzibu okumanya, enkola esooka okukakasa paasiwaadi ez'emirundi ebiri n'okumanya bwe bakuuma paasiwaadi, bye binnyonnyoddwa mu kitundu kino.

## Enkuuma y'Essimu

Essimu ezaasooka (ez'okwogererako n'okuweereza obuweereza mesegi) tebaazikola mu kulowooza ku nkuuma yaazo ey'okwekisiza. Essimu ezaakazibwako smartphones zajja ne bye zisobola okukola ebipya kyokka n'obulabe nabwo bwajjirako. Mu kitundu kino tusoma engeri z'okwerinda ku nsonga zonna ezikwata ku by'essimu z'omu ngalo.

## ENGERI Y'OKUZOZESAAMU EKITABO KINO

Lowooza ku kitabo kino ng'ekikuwerekerako ku lugendo lw'okuwuliziganya mu ngeri esingako obulungi nga weeyambisa ebintu bya tekinologiya wa digito. Tugasseeko eby'okujulizaako ebiwerako by'osobola okusanga ku yintaneeti mu bujulizo wansi ku miko gy'ekitabo era emirundi egisinga ojja kuba olina okugenda ku bibanja bya yintaneeti bino okufuna okunnyonnyolwa mu bujjuvu ku buli kitundu mu kitabo kino. Kyokka era ebibanja bya yintaneeti bino biyinza okuba nga tebimala n'olwekyo ng'olina okugenda ku yintaneeti ne weeyambisa embikkuliro ezinoonya bw'oba wa kufuna mawulire agasingawo n'engeri y'okuvvuunuka ebikusoomooza by'ogenda osanga era ebigenda bijja.

# OKWEKENNEENYA EMBEERA EY'AMATIGGA N'OBULABE

Tewaliiwo kkubo limu ery'enkomeredde ery'okwekuumisa ng'okozesa yintaneeti. Okwekuuma ng'okozesa tekinologiya wa digito tekiri ku bikozesebwa wabula ensonga enkulu eri ku kutegeera amatigga n'obulabe bw'osanga n'engeri gy'obuvvuunuka. Okwerinda obulungi, olina okuzuula ky'osaanye okukuuma ne gw'okitangira. Amatigga n'obulabe bikyuka okusinziira ku kitundu ky'olimu, ky'okola ne gw'okola naye. Noolwekyo, okuzuula engeri z'okugonjoola ensonga eno ezisingayo obulungi, olina okwekenneenya amatigga n'obulabe bw'olimu.

Mu kwekenneenya kuno, waliwo ebibuuzo ebikulu bitaano by'olina okwebuuza:

1. Kiki ky'oyagala okukuuma?
2. Oyagala kukikuuma/kukitangira eri ani?
3. Kiki ekikuleetera okwagala okukikuuma?
4. Ebiyinza okuddirira bya bulabe bwenkana wa singa olemwa okukikuuma?
5. Buzibu bwenkana wa bw'osobola okugumira okuyitamu okusobola okutangira obulabe obwo?

Bwe twogera ku kibuuzo ekisooka, tuba twogera ku kintu eky'omuwendo ekikuyamba okukola emirimu gyo. Ekyomuwendo kye kintu ky'olina okukuuma. Bwe twogera ku kwerinda mu tekinologiya wa digito, ebintu eby'omuwendo bye twogerako zitera kuba fayiro/ekintu kyonna mu ngeri y'obubaka obuweerezebwa. Okugeza, ebbaluwa zo ez'oku yintaneeti (emails), abantu bo b'olina (nnamba zaabwe ne email zaabwe), mesegi z'oku yintaneeti, ne fayiro ezitali zimu byonna biba bya muwendo. Ebintu ebikalu by'okozesa mu kuwuliziganya nabyo bya muwendo.

Wandiika olukalala lwa fayiro z'okuuma, w'ozitereka, asobola okuzituukako, era n'ekiziyiza abalala okukituukako.

Okusobola okuddamu ekibuuzo ekyokubiri, "Oyagala kukikuuma eri ani?," kikulu okumanya ani oyo ayagala okukulumba oba okulumba fayiro/ebintu byo by'otereka/by'oweereza mu tekinologiya wa digito, oba mu ngeri ennyangu, omulabe wo y'ani? Omulabe ye muntu oba ekintu ekirala kyonna ekiteeka ebintu byo eby'omuwendo (fayiro/obubaka) ne by'okozesa mu matigga/bulabe. Ebyokulabirako by'abalabe mwe muli ebitongole by'obwannannyini, abakolera gavumenti, omuntu alumika ebyama byo oba omukutu ogukozesebwa abantu.

Kola olukalala lw'abo abayinza okwagala okusomola fayiro (data) zo oba obubaka bw'owuliziganya n'abalala. Ayinza okuba omuntu ssekinnoomu, ekitongole kya gavumenti oba ekitongole ky'obwannannyini.

Obulabe kye kinti ekibi ekiyinza okutuuka ku bintu eby'omuwendo. Waliwo engeri eziwerako omulabe z'ayinza okuyitamu okukuteeka mu matigga/bulabe. Okugeza, omulabe ayinza okusoma obubaka bwo obw'ekyama bw'owuliziganya n'abalala nga buyita mu mukutu, oba basobola okusangula oba okulwaza/okutaataaganya fayiro (data) zo. Omulabe era asobola okulemesa engeri gy'oyinza okutuuka/okufuna fayiro zo.

Ebigendererwa by'abalabe bikyuka nnyo era ng'obulabe bwabwe n'engeri gye balumbamu bw'ekyuka. Gavumenti egezaako okulemesa akatambi akalaga effujjo lya poliisi okutambuzibwa eyinza okukasiimuula oba okufuna engeri gy'ekendeeza ku ngeri gye kayinza okufunika. Mu ngeri y'emu era, omulabe wo munnabyabufuzi ayinza okwagala okufuna ebyama by'olina n'abifulumya ggwe nga tokimanyiiko.

## Wandiika ebintu omulabe wo by'ayinza okwagala okukola nga yeeyambisa fayiro (data) zo ez'ekyama.

Obuzobozi bw'omulabe wo akulumbye mu kukutuusaako obulabe nakyo kikulu okulowoozaako. Okugeza, essimu yo ey'omu ngalo ekwata amaloboozi n'obutambi bw'etyo era bw'esobola okukwekyusiza n'ekwanika oba okukikukola. Omuntu alumika ng'asinziira ku yintaneeti eteyungiddwa na waya (ey'ekika kya Wi-Fi) asobola okugwa ku bintu byo eby'enkiso. Ne Gavumenti yo esobola okubigwako mu ngeri ate ey'amaanyi.

Okuddamu ekibuuzo ekyokusatu, oteekeddwa okulowooza ku matigga n'obulabe bw'olimu. Okwesanga mu mbeera y'obulabe kye kiraga nti obulabe ku kintu kyo eky'omuwendo bwandigwawo essaawa yonna era kirina akakwate ku busobozi bw'okubaawo. Wadde nga kkampuni y'essimu kwe weeyunze erina obusobozi okulaba fayiro (data) oba by'owuliziganya n'abalala, emikisa mitono nnyo yo okukwata ebintu byo eby'ekyama n'ebyanika mu lujjudde.

Kikulu nnyo okwawula wakati w'okutya obulabe obuyinza okugwawo n'emikisa gy'okwanika obubaka obuli ku ssimu yo oba fayiro zo (data). Wadde obulabe bw'otya era kye kintu ekibi ekisobola okugwawo, emikisa gy'obulabe obwo okugwawo kye kisinga obubi. Okugeza, waliwo okutya nti woofiisi yo bandigimenya, naye emikisa gya kino okubaawo mitono ddala mu kifo mw'olina abakuumi oba baliraanwa mikwano gyo b'okolagana nabo obulungi okusinga mu kifo gy'otolina b'okolagana nabo era nga bakulaba ng'omulabe waabwe.

Okwekenneenya emikisa gy'obulabe okugwawo ne kwe buva kintu ekirina okukolebwa ku mutendera gw'omuntu ssekinnoomu ate nga ggwe wennyini gwe kikwatako ggwe olina okufaayo; kuba si buli muntu nti alina by'alowoozaako ng'ekikulu oba okulaba obulabe mu ngeri y'emu ng'omulala bw'abulaba. Abantu bangi basanga okutya okw'engeri emu nga tebayinza kugumiikiriza mikisa gya bulabe kugwawo ne bwe giba mitono gitya. Kino kiri bwe kiti lwa nsonga nti okutya obuti obulabe kiyinza okuba nga tekyenkana bulabe buno nga buguddewo. Mu ngeri endala, abantu tebalowooza ku bulabe bwa maanyi kuba okubutya si kizibu gye bali.

**Kati ka tulabe engeri y'okukwatamu ensonga z'okutya obulabe okugwawo**

Singa woofiisi yo/yammwe erimu akawunti z'abantu abalonkoma abali b'enguzi mu kitongole ekivunaanyizibwa ku mirimu n'abakozi, wandyetaaga okwebuuza bino wammanga:

- Woofiisi yeetaaga abakuumi ne kkamera enkessi ebikola essaawa 24?
- Luggi lwa kkufulu kika ki lwe tuyinza okukozesa?
- Twetaaga obukuumi obusingawo obw'ekika ekya waggulu ng'oggyeeko oluggi n'ekkufulu zaakwo ez'amaanyi?
- Bye tugezaako okukuuma bya mugaso gwenkana wa/ki?
  - Obujulizi obuyinza okumalawo enguzi mu kitongole ky'emirimu n'abakozi
- Okutya kuli ludda wa?
  - Abasongeddwamu ennwe mu kulya enguzi bajja kugezaako okumenya bafune fayiro zino.
- Mikisa gyenkana wa egy'abasongeddwamu ennwe okumenya ne bayingira woofiisi? Emikisa mingi ekyo okubaawo?
  - Singa abasongeddwamu ennwe mu kulya enguzi bafuna obujulizi buno, basobola okutuusa obulabe ku bantu abaabalonkoma?
  - Basobola okubba fayiro ne basaanyaawo obujulizi obuyinza okubalumiriza.

Bw'omala okwebuuza ebibuuzo ebyo, awo obeera mu busobozi okuzuula emakubo g'ogenda okukozesa okuziyiza obulabe. By'olina bwe biba bya muwendo naye ng'emikisa gy'okuyingirirwa ne bituukibwako mitono, awo oboolyawo teweetaaga kuteekamu ssente nnyingi nnyo mu kugula kufulu ez'amaanyi. Wabula mu ngeri endala, emikisa gy'obulabe okugwawo bwe giba mingi, wandyetaaga okufunayo kufulu ezisingayo ku katale, oboolyawo n'ogattako n'obukuumi obulala obw'amaanyi nga kkamera.

Kyenkana buli kimu mu bulamu kyetooloolera ku tekinologiya ne Yintaneeti okuteekawo, okutereka n'okutambuza obubaka. Ababikozesa bonna basinziira ku bintu eby'enjawulo ebikozesebwa mu kuwuliziganya. Bino musobola okubaamu kompyuta z'oku mmeeza, kompyuta ennyangu okutambula nazo (ekika kya 'laptop'), essimu ekika kya 'seereza' (smartphones) oba ebintu ebirala. Obungi bwabyo bweyongedde n'ebyo ebiyitibwa ebya yintaneeti nga mu ngeri eyo, kumpi buli kimu (omuli essimu yo, emmotoka yo, essaawa ne firiigi!) bisobola okuyungibwa ku yintaneeti n'obusobozi bw'okuweereza n'okufuna obubaka oba ekintu kyonna ekiweerezebwa mu kuwuliziganya.

# OBUKUUMI OBUSOOKERWAKO KU BINTU EBIKOZESEBWA MU MPULIZIGANYA YA DIGITO

## Ebitundu bitaano mu kwerinda ku bikozesebwa mu mpuliziganya ya tekinologiya wa Digito

**KINO KIKULU:** Ebinnyonnyoddwa mu bitundu bino wammanga okusinga bya kikugu era bisobola okubaamu obulabe. Okukola enkyukakyuka mu bintu by'okozesa mu kuwuliziganya kiyinza okuvaamu ensobi oba singa tekikolebwa bulungi, wandifiirwa fayiro zo (data) ne zibula.

Kya magezi okunoonyereza ku makubo gonna ageetaagibwa mu kubaako ekikyusibwa mu ngeri y'ekikugu okusinziira bwe kituukagana n'ekintu kyo ky'okozesa mu kuwuliziganya n'embeera eriwo. Funa w'otereka fayiro (data) zo ez'omugaso awalala okuzitaasa okubula, paasiwaadi zo empya zikuume bulungi (okufuna amagezi ku kino, soma ekitundu ekyogera ku Nkuuma ya akawunti z'emikutu egikozesebwa mu kuwuliziganya), era sala amagezi ofune obuyambi obw'ekikugu bwe kiba kyetaagisizza.

Okwongereza kw'ebyo, amateeka ku bukuumi n'okwerinda mu tekinologiya owa digito gakyukakyuka okusinziira ku nsonga ez'enjawulo. Awo nno, buli muntu alina okumanya obulabe bw'alimu okusinziira ku mbeera ye oba embeera gye yeesangamu.

Ebintu bye tukozesa mu kuwuliziganya tubyesiga ne tubiterekamu ebintu bingi ebyogera ku bitukwatako na ki kye tuli, ebifo we tuli, bye tuteekateeka okukola ne be tubiteekateeka nabo. Tewali kuwannaanya nti ebintu ebyo bye tukozesa, byetaagibwa nnyo abaagala okutulumba, okututaataaganya n'okutuyingirira.

Nga tulowooza ku mbeera eno, kya makulu eri abo bonna abeeyambisa tekinologiya ne Yintaneeti okubaako bye bamanya ebisookerwako n'obukugu obusaamusaamu okusobola okukuuma ebintu byabwe bye beeyambisa mu mpuliziganya bireme kugwa mu mikono gy'ababirumika, okulwazibwa ebiwuka by'oku yintaneeti, oba obulabe obulala bwonna obuyinza okukosa obulamu bwabwe oluvannyuma lw'okuyingirirwa oba okulumbibwa.
Obukuumi bw'ebikozesebwa mu kuwuliziganya obusookerwako buzingiramu empenda eziteeka ebintu byo mu mbeera ezibuwalira omulala okubiyingirira.



## NNEEKUUMA NTYA ERI EBIWUKA EBIRWAZA KOMPYUTA N'EBIKOZESEBWA EBIRALA MU MPULIZIGANYA?

Ebiwuka by'oku yintaneeti bikozesebwa okulumya abakozesa kompyuta. Enkola eno ey'obulabe yeeyolekera mu ngeri ez'enjawulo omuli okutaataaganya enkola ya kompyuta, okusomola ebyama, okuyingirira omuntu akozesa kompyuta n'aweereza obubaka ne mesegi enkyamu oba okuyingirira pulogulaamu ez'ekyama ezeeyambisibwa abakozesa kompyuta n'ebirala. Ebiwuka ebisinga bya bumenyi bw'amateeka era okusinga bikozesebwa okufuna ebintu eby'enjawulo okuva mu bbanka oba engeri y'okuyingira n'okukozesa akawunti za email oba emikutu emitababantu (social media). Ebiwuka era byeyambisibwa gavumenti n'abantu abalala abatali ba gavumenti okusomola ebyama n'okuketta/okubega abakozesa kompyuta. Okugeza, mu 2015, kyategeezebwa nti ttiimu y'abakola ebiwuka yagezaako okutunda ebintu byayo eri Ethiopia, Sudan, Misiri (Egypt), Morocco, ne gavumenti ya Tunisia (eyali tennamaamulwako mu kwekalakaasa).[19]

Ebiwuka birina obusobozi okukola ebintu eby'enjawulo, okugeza; ekiwuka kiyinza okuyambako omuntu akuyingiridde okufuna ebiri ku kkamera eziddukanyizibwa ku kompyuta n'amaloboozi, okusannyalaza obubaka obukulaga nga bw'olina pulogulaamu ezirwanyisa ebiwuka (n'otosobola kubufunanga, okukoppa amakubo amangu ag'okutereka ebyama, okusomola email n'ebiwandiiko ebirala, okubba paasiwaadi n'ebintu ebirala.

### Pulogulaamu kalimagezi ezirwanyisa/ ezitangira ebiwuka

Olina okuteeka pulogulaamu kalimagezi ezitangira ebiwuka ku kompyuta yo n'essimu yo eya 'seereza'. Pulogulaamu ezirwanyisa ebiwuka zisobola bulungi okutangira ebiwuka ebisindikibwa mu butali bugenderevu nga bisobola okweyambisibwa abamenyi b'amateeka ku bantu. Wabula, pulogulaamu ezirywanyisa ebiwuka emirundi egisinga teziyamba, naddala ezo ezitundibwa ttiimu erumika ebyama.

Kuma mulwanirizi wa ddembe ly'abo abanyigirizibwa olw'ettaka. Yagula kompyuta empya emyezi mukaaga egiyise naye ekola mpola. Alaba obubaka bw'atategeera obututunuka obututunusi ne bujja ku lutimbe lwa kompyuta ye ate ne 'data' we amusobozesa okukozesa yintaneeti alaba ziggwaako mangu. Alina ebiwandiiko bya pulojekiti bye yali yatereka ku kati akatereka fayiro z'oku kompyuta (flash drive) naye mu ngeri y'olutentezi, nazo zibula okuvaako. Tategeera kigenda mu maaso kuba eno kompyuta mpya era yassaako pulogulaamu kalimagezi ze zonna ng'aziwanula okuva ku bibanja by'emitimbagano gya yintaneeti n'ezimu okuva mu mikwano gye be yeesiga.

**Kuma alabikirawo nti kompyuta ye erumbiddwa ebiwuka. Ebiwuka bulabe bwennyini eri abakozesa kompyuta bonna. Ebiwuka bisobola okuvaako fayiro okubula, kompyuta okukola empola, okubbibwa kw'ebiwandiiko n'okukettebwa.**

### Obubonero obulaga nti olumbiddwa ebiwuka

Bwe kiba kizibu okuzuula ebiwuka ng'okozesa pulogulaamu kalimagezi ezibirwanyisa, oluusi kisigala kisoboka okulaba obubonero obukulaga nti olumbiddwa ebiwuka. Okugeza, aba Google oluusi bakuwa obubaka obukulabula eri abakozesa Gmail nga bugamba nti bo bateebereza nti akawunti yo eya Gmail erumbiddwa abantu abakyamu abakolera gavumenti. Okwongerezaako, oyinza okulaba akataala akalaga nti kkamera yo ey'oku kkompyuta kweri kyokka nga tonnaba kugiteekako (wadde nga ebiwuka eby'amaanyi bisobola okugiggyako). Kino kimu ku biraga nti kompyuta yo erumbiddwa. Obubonero obulala tebutera kweyoleka mangu. Osobola okukiraba nga email yo ekozesebwa okuva mu kifo ekirala oba ebintu byo bye wateekamu ebikwata ku nkozesa yaayo nga bikyusiddwa okusobola okubiweereza ku email endala

Emitendera egisookerwako ku kwerinda ebiwuka ku kompyutayo girambika amadaala googoberera ng'okozesa Avast! Pulogulaamu eno ('Sofuti weya') ono wabwereere era amanyiddwa bangi abamukozesa ku madirisa ga kompyuta zabwe. Bisange ku mukutu gwa yintanenti : https://securityinabox.org/en/guide/avast/windows

19 Karsperksy ,What is malware and how to defend against it, http://usa.kaspersky.com/internet-security-center/internet-safe- ty/what-is-malware-and-how-to-protect-against-it#. WJwGt X _ 3Mo9, Accessed on the 8th Februar y 2017

gy'otomanyiiko. Bw'oba olina obusobozi okulondoola by'oweereza ku yintaneeti, obudde kw'olabidde ebintu bye weekengera kwe biweererezebwa n'obungi bwabyo bisobola okukuyambako okumanya nti olumbiddwa. Kompyuta yo erina okuba nga kati erina ekyokulwanyisa ekigiteekeddwaamu okutangira ebiwuka okugeza nga kyagikolerwamu (gamba ng'okuva obutereevu mu bakola kompyuta za pulogulaamu za Windows) oba ekyokulwanyisa ekika kya OS X (ekya kompyuta ekika kya Apple). Wabula era kyamugaso okuteekamu pulogulaamu endala ezigulwa obugulwa nga zisobola okukola ku yintaneeti.

## Abantu abakyamu bakozesa batya ebiwuka okunnyingirira?

Engeri esingayo ey'okulwanyisa ebiwuka mu kusooka kwe kubyewala okukulumba. Kino kisobola okuba ekizibu singa omulabe wo alina ebiwuka ebikambwe naddala ebyo ebirina obulabe obusinga ku bw'ebyo ebibadde bimanyiddwa. Kompyuta yo gitwalire mu ttuluba ng'ekikomera naye nga kuliko akalyango ak'ekyama akakubiddwako era ng'omulabe akazudde. Tosobola kwekuuma eri akalyango k'otomanyi akali ku kikomera kyo. Gavumenti n'ebitongole ebivunaanyizibwa ku kukwasisa amateeka bagezaako okweyambisa emiwaatwa mu kwerinda okubaako be balumbisa ebiwuka bya kompyuta. Abamenyi bamaeeka n'abantu abalala abalna ebigendererwa byabwe bazuula emiwaatwa gino gye basobola okuyitamu ne bakozesa pulogulaamu ez'amagezi ag'amaanyi okuteeka ebiwuka ku kompyuta yo. Wabula ebiwuka bino eby'amaanyi bizibu okugula era za buseere okuddamu okukozesa kuba emikisa mingi abantu gye baba nagyo okuzizuula. Awo nno, kitera nnyo okubaawo omulabe okukutega akakodyo n'ossa ebiwuka ku kompyuta yo ggwe kennyini.


Waliwo engeri nnyingi omulabe gy'ayinza okugezaako okukutega obulippo ggwe kennyini ne weeteera ebiwuka ku kompyuta yo nga totegedde. Bayinza okukutega n'olaba nga ky'owanula bwe kikutwala ku kibanja ky'olutimbe ekirala, oba okukutwala ku kiwandiiko ekya bulijjo, ekiri mu ngeri ya PDF (ekitambuzibwa nga bwe kikoleddwa), oba pulogulaamu ekoleddwa okukuyambako okukuuma kompyuta yo. Basobola okukulumba okuyita mu email (eyinza okulabika ng'eva ew'omuntu gw'omanyi), okuyita mu mesegi y'oku mikutu emitababantu nga Skype oba Twitter, oba okuyita mu kibanja kya yintaneeti ekikuweerezebwa ku mukutu gwo ogwa Facebook. Amaanyi g'obulumbaganyi gye gakoma, n'omulabe gy'akoma okwegendereza okukutega akalippo osobole okuwanula ekiwuka ku yintaneeti nga totegedde.

Okugeza, mu December 2014, Neamin Zeleke, akulira Ethiopia Satellite Television (ESAT) baamuweereza ekiwuka okuva mu woofiisi ye ey'omu Amerika (USA) n'engeri ya kalimagezi ekolera ku maanyi ga 'remote' okuva mu kibinja ky'abalumika ebyama (Hacking Team). Ekiwuka kyamuweerezebwa okuyita mu email eyaliko obubaka obwali ng'obulaga nti mulimu amawulire agakwata ku kulonda kw'omu Ethiopia. Mu 2013, omu ku bantu Zeleke be yali akola nabo naye yaweerezebwa ekiwuka bwe yaggulawo ekyalabika ng'ekiwandiiko ku lupapula olwabulijjo olwa kompyuta olw'ebiwandiiko ebiri mu fayiro ekika ekimanyiddwa nga 'microsoft word'.

Oluvannyuma baakizuula nti email yali evudde mu kibinja ky'abalumika ebyama abakozesa amaanyi ga 'remote'. Engeri esingako mu kusooka okutangira kompyuta okukwatibwa ebiwuka eby'engeri eno kwe kwewala okubikkula ebiwandiiko. Abantu abalina obukugu obusingako mu bya kompyuta balina oboolyawo bo kye bayita ebiwuka n'ekitali, naye obulumbaganyi obubaliddwa obulungi buba buzibu okutegeerwa.

Bw'oba okozesa Gmail, okuggulawo fayiro z'oku Google Drive ezisibiddwa ku email ze bakuweereza okusinga okuziwanula obuwanuzi (laba ekyokulabirako mu kifaananyi) kiyambako okukuuma kompyuta yo ssinga fayiro ezo zibaamu ebiwuka. Okukozesa embikkuliro ezisinga okubaamu obukuumi gamba nga Ubuntu, Chrome OS, oba Mac OS X kyongera ku mikisa gyo okwetangira ebiwuka okuweerezebwa mu ngeri y'obulippo obutegebwa ku yintaneeti. Kyokka ekyo nakyo kiyinza obutakutaasa ku balabe abalina ebiwuka ebikambwe ennyo.

Ekirala ky'oyinza okukola okukuuma kompyuta yo obutakwatibwa biwuka kwe kufuba okulaba nga pulogulaamu ebitangira gy'okozesa y'eriko (y'empya).




Bw'oba okozesa Gmail, osobola okulaba ebiri mu fayiro y'ekiwandiiko eno ng'onyiga ku kabokisi akali ku ddyo (sso si akawanula fayiro okulambiddwa n'akasaale akatunudde wansi).

Ekiwandiiko kijja kulabika ku lutimbe lwa kompyuta yo nga aba Google bakisengezze okusinga okukiwanula kyonna obulambalamba n'okikuba ku kompyuta yo. Kino kijja kukutaasa ku bulabe obuyinza okuba mu fayiro ekuweerezeddwa.

era n'owanula pulogulaamu kalimagezi eziri ku mulembe omupya ku budde obwo mu kwetangira ebiwuka. Ng'obulabe bwe bugenda buzuulwa buli olukya, kkampuni zisobola okugonjoola ebizibu ebyo ne zissaawo pulogulaamu kalimagezi eziri ku mulembe mu kutangira ebiwuka ebirwaza kompyuta. Kyokka tojja kuloza ku bibala by'omulimu gwabwe okuggyako ng'otadde pulogulaamu kalimagezi eziri ku mulembe mu kutangira ebiwuka ku kompyuta yo. Bangi balowooza nti bw'oba olina pulogulaamu ya Windows etennazzibwa buggya ku kompyuta yo, toyinza kussaako ngeri eri ku mulembe mu kwetangira. Kino si kituufu. Laba wammanga obubaka obulala mu kukuuma kompyuta yo obulungi okugitangira eri ebiwuka.

**Kiki kye nina okukola ssinga nzuula ekiwuka ku kompyuta yange?**

Ssinga osanga ekiwuka ku kompyuta yo, gikuulemu mu yintaneeti era lekeraawo okugikozesa mbagirawo. Buki lw'obaako eppeesa ly'onyiga ku budde obwo, tomanya oba oliko by'oweereza eri omulabe. Oyinza okwagala okutwala kompyuta yo eri omukugu mu byokwerinda kwa kompyuta, ayinza okuzuula ebisingawo ku kiwuka ekyo. Ssinga osanze ekiwuka, okukiggyako tekitegeeza nti kompyuta yo eri bulungi. Ebiwuka ebimu bikkiriza okubiggyako ng'oliko by'onyize kyokka ekyo tekitegeeza nti omulabe tataddeeko biwuka birala ssinga abeera mu mitambo gya kompyuta yo.

Tandika kompyuta gy'okakasa nti eteredde era kyusa paasiwaadi zo. Buli paasiwaadi gye wassaamu nga kompyuta yo erumbiddwa ekiwuka gibale ng'eyayingirirwa. Oyinza okusalawo okuddamu okukyusa pulogulaamu kompyuta zo mwe zikolera okusobola okuggyamu ekiwuka. Kino kijja kuggyamu ebiwuka ebiwera, naye ebimu naddala ebyo eby'amaanyi olumu biremeramu.

## OKUZZA OBUGGYA PULOGULAAMU EZIRWANYISA EBIWUKA

Obuzimbe/ebitundu ebikola kompyuta ne pulogulaamu kalimagezi eziteekebwako obuteekebwa tezeesigika. Buli kaseera wabaawo ensonga ezeekuusa ku kulemererwa okukola, amaanyi gaazo n'okwerinda kwazo olw'ebyo ebiziteekebwako (software). Muno mwe muli pulogulaamu ezitambuza kompyuta yo (Windows, OS X, Linux), essimu yo (ez'ebika eby'enjawulo gamba ng'eza Android, iOS, Windows Phone), pulogulaamu z'oteekako (Adobe, Java, Office, Chrome, Firefox, n'endala.). Waliwo abakugu abanoonyereza ku bulabe mu pulogulaamu ezitambuza kompyuta n'ebintu ebikozesebwa mu kuwuliziganya. Abanoonyereza bano bayinza okuba abantu abalungi abaanika ebikyamu mu lujjudde ne kiyambako abakugu abayiiya ebya kompyuta okuzibikira ebituli mu pulogulaamu zino kalimagezi eziteekebwa ku kompyuta. Kyokka era basobola okuba abakyamu abatunda bye bazudde eri abamenyi b'amateeka ne gavumenti, nga bano balina entegeka z'okweyambisa emiwaatwa gino egizuuliddwa okuyingirira abakozesa pulogulaamu kalimagezi zino.

Bw'oba oyagala okulaba engeri emiwaatwa egimu mu kwerinda eri ebiwuka, kyalira ku kibanja kino ekya yintaneeti ku ndagiriro https:// www.exploit-db. com/ obikkule olabe emiwaatwa egiriwo mu bintu ebiteekebwa ku kompyuta bye tukozesa. Kino kinnyonnyola lwaki buli kiseera tukubirizibwa okuzza obuggya pulogulaamu ezitambuza kompyuta n'ebyo ebiteekebwako.

Ekisooka ekirina okukolebwa okulaba nga pulogulaamu mw'okolera ezitambuza kompyuta yo zisobola okwezza obuggya zokka nga tewali aziragidde. Ekiddako, kebera olabe oba pulogulaamu z'oteeka ku kompyuta yo zeezo eziriko era ezituukana n'omulembe ku budde obwo. Olina okugezaako okuzza obuggya buli kimu kyokka okusingira ddala olina okufaayo okuzza obuggya embikkuliro ez'enjawulo ezikuyamba okukozesa yintaneeti (Chrome, Firefox, etc.), ssaako Adobe Reader, Adobe Flash ne Java.

Waliwo embikkuliro ey'obwereere ekuyambako okuzuula pulogulaamu ezikaddiye ku kompyuta yo. Flexera PSI[20] ekebera pulogulaamu z'otadde ku kompyuta yo n'ennamba z'ebika bya pulogulaamu ezo n'okukuyamba okukuwa endagiriro za pulogulaamu empya z'oyinza okuwanula. Pulogulaamu yo erwanyisa ebiwuka eyinza okuba ng'esobola okukola ekyefaananyirizaako ekyo wansi w'erinnya eddala gamba nga 'Smart Scan' oba 'Vulnerability Scan'.

## ENKWATA YA PULOGULAAMU N'EBINTU KOMPYUTA BYE ZIKOZESA

Olw'okuba pulogulaamu kompyuta ze zikozesa zirumbibwa ebiwuka era nga zeetaaga okuzzibwa obuggya buli kaseera, ekimu ku bintu ebisinga obwangu ebiyinza okukolebwa okuzikuuma kwe kwewala okumala gateekako pulogulaamu z'osanze.

Adobe Flash ne Oracle Java pulogulaamu ebbiri ezisangibwa ennyo nga zirimu ebituli. Oyinza nga nga zombi tozeetaaga ku kompyuta yo.[21] Genda ku lukalala lwo olwa pulogulaamu ezitambuza kompyuta yo ze wassaako (mu Windows: 'Add/ Remove Programs' or 'Uninstall or change a program') wekenneenye ebyateekebwa ku kompyuta. Waliwo pulogulaamu z'otomanyi mannya? Ezimu ziyinza okuba ez'omugaso okuyambako kompyuta yo okukola, naye bwe weekengera ekintu kyonna, olina okunoonyereza ozuule ekikyamu era osalewo

oba nga pulogulaamu eyo ogiggyamu oba nedda.

Okusinga weekengere pulogulaamu ezitaliiko gye zisibuka awandibadde abazivunaanyizibwako eziri mu ‘Publisher’ Column. Era noonyereza ku bintu eby’okweyambisa mu kubikkula embikkuliro nga byassibwako nga tokimanyiiko.

Oluvannyuma lw’okukebera pulogulaamu kalimagezi ezassibwa ku kompyuta yo, awo genda mu mbikkuliro (browser) onoonye omuko ku lutimbe okuli obuwakatirwa bwe wassaamu obuyamba ku pulogulaamu zo okukola obulungi (Extensions oba Plug-Ins) era nabwo obukebere.

Nga bwe guli ne ku pulogulaamu kalimagezi endala, ebintu by’oteeka ku kompyuta yo gye bikoma okuba ebitono kye kisingako okuba ekirungi, era oluna okufuba okulaba nga pulogulaamu z’oteeka ku kompyuta yo ziba ntono. Koma kw’ezo ze weekakasa ate nga zeesigika.


Pulogulaamu eziyambako zinnaazo za bulabe kubanga zisobola okusoma n’okukyusa ebintu nga bwe birabika ku lutimbe lw’embikkuliro (browser) era ne zeenyigamu nga paasiwaadi, okubba ebyama bya bbanka, n’obubaka bw’oweereza oba bwe bakuweereza ku mikutu emitababantu (social media).

**Ensibuko za pulogulaamu ezeesigika**

Pulogulaamu eziteekebwa ku kompyuta zirina okuva butereevu ku nsibuko yaazo awali abazivunaanyizibwako (abaazikola) abatuufu. Okugeza, kirungi okuwanula pulogulaamu ya Adobe Reader butereevu okuva ku kibanja ekiri ku ndagiriro www.adobe.com okusinga okugiwanula ng’ogiggya ku ndagiriro www.download.com oba awalala wonna. Mu ngeri y’emu, olina okwewala okuteeka pulogulaamu okuva ku buti obutereka fayiro obumanyiddwa nga flash drives oba okuva mu fayiro ezimanyiddwa nga ‘EXE’ ezikuweerezeddwa ku email oba mu mesegi z’oku yintaneeti.


Pulogulaamu eziteekebwa ku kompyuta zisobola okukyusibwamu oba okuba akatego ak’ebiwuka ne birwaza bulwaza kumpyuta yo.


Omulundi gwonna lw’ofuna omukisa okuzza obuggya pulogulaamu ezaateekebwa ku kompyuta, kikole. Singa osabibwa ‘okuzza obuggya kati’ pulogulaamu oba ‘oluvannyuma’, bulijjo zza buggya mu bwangu nga bwe kyetaagisa. Tokyongerayo! Bwe wabaawo bw’osobola okulondako zo zezze zokka obuggya, kiteekeko. Bw’oba enkola gy’oliko ya kusasula MBs oba GBs buli lw’okozesa yintaneeti, gezaako okulaba nga weeyunga ku kifo ekirina yintaneeti etesalikako oba gy’oyinza okufuna ku ‘bwereere’ gamba nga yintaneeti y’etterekero ly’ebitabo, woofiisi mw’okolera oba ‘cafe’ olwo otandike okuzza pulogulaamu zo ku kompyuta obuggya.




20 Flexera, “Stay secure by updating insecure programs on your computer ”, http://w w w.flexerasof t ware.com/enterprise/prod- ucts/software-vulnerability-management/personal-software-inspec- tor/, Accessed on the 8thFebruar y 2017

21 Google, Adobe Flash, Google Chrome includes a secured version of Adobe Flash inside of all of its updates




Okuwanula pulogulaamu (software) okuziteeka ku kompyuta naye nga kuliko by'owanulirako ebirala ebiteetaagisa kyokka nga kuliko ebigenderako bye bakusuubizza, tekyetaagisa era kiyinza okuba eky'obulabe eri kompyuta yo. Laba emboozi ku yintaneeti[22] ekwata ku ngeri y'okugezesa ku kuteeka pulogulaamu 10 ezisinga okuwanulwa ku yintaneeti okuva ku kibanja Download.com kyokka ne zitta bussi kompyuta ate mu ngeri embi ennyo!

Buli lw'oteeka pulogulaamu ku kompyuta, kebera azivunaanyizibwako gye zisibuka. Abakola pulogulaamu zino abeesigika 'bassaako emikono', ekiraga nti ziva mu bo era tezikwatiddwaamu mu kkubo nga zitambuzibwa. Geraageranya okulabulwa kuno ku lutimbe olwa kompyuta ey'ekika kya Windows olabe enjawulo wakati wa pulogulaamu 'eteekeddwaako omukono' n'eteteekeddwaako.

Jjukira, pulogulaamu ze weetaaga ezisinga zisobola okufunibwa ku bwereere butereevu okuva ku bibanja by'entimbe za bannyinizo abazivunaanyizibwako. Bw'olaba omukisa ogukuweereddwa okufuna eky'obwereere naye nga mu dda oyinza okukisasulira, kyekengere! Lowooza mangu ku nsonga ez'enjawulo olwo osobole okutaasa kompyuta yo esobole okusigaza emisinde gyayo kw'ekolera, amaanyi gaayo ogitaase eri ebiwuka ewangaale okumala ebbanga eriwera.

22 How-To Geek,Here's what happens when you install the top 10 download.com apps http://www.howtogeek.com/198622/her- es-what-happens-when-you-install-the-top-10-download.com-apps/, Accessed on the 8th Februar y 2017

# ENKUUMA Y'OBUBAKA (DATA) OBUTEREKEBWA KU BINTU EBIKOZESEBWA MU MPULIZIGANYA

## Ebitundu bitaano mu kwerinda ku bikozesebwa mu mpuliziganya ya tekinologiya wa Digito

### OKUKUUMA FAYIRO (DATA) ZO OBULUNGI MU NGERI Y'OKWEKISIZA (ENCRYPTION)

Abasinga ku ffe tuddira obubaka bwe tuwaanyisiganya n'abalala mu kuwuliziganya, ebikwata ku bantu be tukolagana nabo n'ebiwandiiko eby'omugaso ennyo nga bya mirimu gye tukola, ne tubitambuliza ku kompyuta ekika kya 'laptop', obuuma obutereka ebiwandiiko nga busonsekebwa busonsekebwa mu kompyuta wamu ne ku ssimu. Fayiro ezo zisobola okubaamu ebyama ebikwata ku mulimu gwo, ekitundu, enkolagana yo n'emikutu gy'oyitamu okuwuliziganya n'abalala n'ebikwata ku kulondoola eddembe ly'obuntu. Essimu, laptop, iPad oba obuti okuterekebwa fayiro bisobola okubbibwa oba ne kukoppebwako ebiriko mu butikitiki mpawebwaga.

Kompyuta n'essimu z'omu ngalo bisobola okusibibwa ne paasiwaadi, ennamba ez'ekyama (PIN) oba ekikolwa ekiba kiteekeddwa okukolebwa okusobola okweggula, kyokka bino tebikuuma fayiro (data) ziriko singa kompyuta oba essimu ezo ziba zibbiddwa. Kyangu nnyo okuggula ebintu bino wadde mulimu paasiwaadi kuba fayiro zo ziterekebwa mu ngeri ennyangu ey'okumanya we ziri n'okuzisoma mu kompyuta oba essimu oba awalala w'oba . Omulabe kyokka ky'aba alina okukola kwe kufuna ebiterekeddwaamu butereevu (okugeza ng'ayita mu kuyunga etterekero lya kompyuta yo ku kompyuta endala), olwo fayiro zonna ne zikoppebwa oba okukeberebwa awatali na kwetaaga paasiwaadi yo.

Bw'okozesa 'okwekisiza' (encryption), osobola okukifuula ekizibu eri abo ababba fayiro (data) n'ekigendererwa ky'okuzuula ebyama. Bwe weekisiza ebintu byo, omulabe wo aba teyeetaaga kintu ekyo kyokka ky'okozesa mu kuwuliziganya kyokka era aba alina okuba ne paasiwaadi yo okuggula fayiro 'ezikisiddwa'. Aba talina kkubo ddala. Waliwo embikkuliro ez'enjawulo eziyamba mu kwekisiza: ezimu nga zikisa ebiri ku kompyuta oba essimu yonna mu bujjuvu, eza fayiro oba 'folder' zokka n'ezisiba obubaka bw'owuliziganya n'abalala (ebijja okunnyonnyolwa mu ssuula eddako).

Daud akolera mu kimu ku bitongole by'obwannakyewa. Wiiki ntono eziyise, woofiisi zaabwe zaayingirirwa era kompyuta ez'oku mmeeza, kompyuta z'ekika kya laptop, kkamera n'essimu ez'omu ngalo ne bibbibwa. Kontulakiti z'ekitongole, abantu be kikolagana nabo, ebiwandiiko bya ssente, fayiro z'okunoonyereza n'ebizze bifulumizibwa byonna byabbibwa. Baali tebaliiko wantu walala we baterese fayiro ezo nga baziggya ku kompyuta yonna mu woofiisi. Abakulira ekitongole Daud mw'akolera beebuuza ekigendererwa ky'ababbi era beeraliikirivu nti ebyama bye babadde bakuuma biyinza okugwa mu mikono gy'abantu abakyamu.

Okubulwako fayiro (data) kiruma omuntu yenna kinnoomu oba ekitongole kyonna mu ngeri bbiri: oludda olumu, ofiirwa ebintu bingi eby'omugaso bye weetaaga olw'emirimu okutambula, ate ku ludda olulala, oba okitegedde nti omuntu omulala alina ebyama byo by'afunye awatali lukusa.

Daud alina okwaŋŋanga embeera y'obulabe eno mu ngeri eziwerako. Okwekisiza (encryption) y'enkola ey'okubuzaabuza fayiro (data) ne kiba nti omuntu yekka alina paasiwaadi entuufu y'asobola okuzisoma nga bwe zibadde. Alina okufuna ewalala w'atereka ebintu bye bulijjo ku bintu ebikwatikako ne ku yintaneeti.

Kyangu okukisa fayiro (data) zo zonna sso si zimu zokka. Kompyuta ezisinga n'essimu 'seereza' **zisobola okukkiriza okukisa ebiriko byonna** naye nga kino ggwe okisalawo. Okukisa/okusiba kompyuta oba essimu yonna kukakasa nti ebirimu tebisobola kufunibwa bantu batakkiriziddwa. Kino kikola mu ngeri nti buli ekiriko kibuzaabuzibwa era nga kyetaagisa paasiwaadi okukiggula osobole okukitegeera. Kino kikuuma kompyuta n'essimu ssinga ziba zibbiddwa oba nga ziwambiddwa.

Essimu eza pulogulaamu ya Android kino zikigaba awo w'olina okukyusiza ebikwata ku nkuuma y'essimu yo ("Security" settings) ate essimu ekika

kya Apple gamba nga iPhone ne iPad zikirina nga kiragiddwa nga "Data Protection", era zikiteekako zokka ssinga oba olina nnamba ya paasiwaadi gye wateekamu. Ku kompyuta ekika kya 'Windows Professional' enkola y'okwekisiza ebyama emankimanyiddwa nga BitLocker. Ku kompyuta ekika kya Mac, enkola eyo eyitibwa FileVault.

'Kanneekisize' (Cryptography) ly'essomo ly'ekinnasaayansi erisimbuka mu kannakubala eryekeneenya nnamba ezikozesebwa okusiba fayiro n'obubaka obw'ekyama. Okwekisiza ttabi lya ssomo lino erikwata ku kukisa/kusiba ekintu kyonna ng'omuntu atalina paasiwaadi tasobola kukifuna. Okuva edda, abantu bazzenga bakozesa engeri y'okubaako bye bakisa abalala mu kweweereza obubaka nga basuubira nti obubaka obwo tebujja kusomwa buli omu okuggyako oyo gwe buweerezeddwa.

Mu biseera bino, tulina kompyuta ezisobola okutuyambako mu kukisa/okusiba/okukweka ebintu byaffe. Tekinologiya ono ow'okukisa/okusiba ebyama ekika kya Digito agaziye okusinga ku bubaka obw'ekyama. Okugeza, okwekisiza kusobola okweyambisibwa mu ngeri endala n'emigaso emigaziko, gamba ng'okukuuma ebiwandiiko, okukakasa omuntu awandiise obubaka oba okutangira omuntu yenna obutamala gabikkula kibanja kya yintaneeti eky'engeri yonna.

Olw'embeera ezimu, okwekisiza kusobola okukolebwa kompyuta ng'ekikola yokka awatali kusooka kulagirwa ate nga kwangu. Kyokka waliwo oluusi lw'olina okukwata amakubo agasingawo okukuuma fayiro (data) zo obulungi. Gy'okoma okukitegeera gy'okoma n'okukuuma ebintu byo obulungi mu ngeri etebenkedde.

Ku bivunaanyizibwako aba Linux, okwekisiza okujjuvu kutera kufunibwa ng'omaze okukyusa enkola yonna okuyita mu pulogulaamu eyitibwa LUKS. Pulogulaamu ezikola kun kola eno ey'okwekisiza gamba nga Veracrypt ne DiskCryptor nazo zisobola okukuyamba okufuna enkola eyo.

Pulogulaamu ezikisa/ezisiba kompyuta oba essimu mu bujjuvu era zisobola okweyambisibwa okusiba ebintu ebirala okutambulizibwa fayiro gamba ng'ebikozesebwa okukuuma fayiro ennene (external hard disks) n'obuti okuterekebwa fayiro okuyita mu kweyambisa pulogulaamu ya BitLocker To Go (Windows), Filevault (Mac) oba Veracrypt (Windows, Mac, ne Linux).

Obuzibu obumu mu kukisa/kusiba kompyuta yonna mu bujjuvu buli nti ssinga okakibwa okugiggula, fayiro zo zonna eziriko ziba zigenda kubagwa mu ttaano. Ekisingako kwe kugikozesa awamu n'enkola endala ey'okusiba fayiro oba 'folder' kinneemu zokka, nga wano osobola okuzitangira okugwibwako omuntu omulala yenna aba yasobodde okuggula kompyuta oba essimu ku mutendera ogusooka.

**Okukisa/okusiba fayiro ne 'folder'** kikusobozesa okusiba fayiro kinneemu oba ebitundu ebimu ebya kompyuta yo. Pulogulaamu esingayo esiba fayiro (ku kompyuta ez'ebika okuli Windows, Mac, ne Linux) bagiyita Veracrypt, nga lino ttabi eryetengeredde okuva ku pulogulaamu eyasuulwa

Pulogulaamu ya Veracrypt ekusobozesa okutondawo engeri ey'ekyama ey'okusiba fayiro zo nga ziringa ezitambuzibwa ku kati (USB flash drive) naye nga mu butuufu zisibiddwa mu fayiro emu ku kompyuta yo. Engeri endala ennyangu okukozesa y'emanyiddwa nga Axcrypt ng'eno ekola ku kompyuta za Windows zokka. Eno esibira fayiro zo mu ngeri nti okikola mu kunyiga amangu eppeesa lya ddyo (erikuwa eby'okulondako) ate era nga by'osibiddewo osobola okubiggula mu bwang wonna w'oyagalidde. Laba wammanga ebibanja bya yintaneeti ebikusobozesa okumanya ebisingawo ku nkola zino ez'okusiba kompyuta mu nkola y'okwekisiza.

Jjukira nti okukisa/okusiba kompyuta kulinga era kukozesa paasiwaadi. Towandiika wantu wonna paasiwaadi yo ku kapapula konna k'oteeka ku mutwe gwa kompyuta yo (monitor), oba okukuuma paasiwaadi zo mu katabo. Omulabe bw'afuna kompyuta yo, agezesa paasiwaadi ezitali zimu okutuusa lw'agwa ku ntuufu. Pulogulaamu ezimu zisobola okugezesa paasiwaadi ennyingi mu butikitiki butono ddala. Kino kitegeeza nti nnamba ya PIN ey'emiteeko ena (4) gyokka eyinza obutasobola kukuuma bintu byo okumala ebbanga eddene. Wabula paasiwaadi empanvu eremesa omulabe n'atayanguwa kugiggula. Paasiwaadi ey'obuwanvu bwa miteeko (characters) egisoba mu kkumi n'etaano (15) eba ya maanyi. Soma essuula ku Nkuuma ya Akawunti z'emikutu omuyitibwa okuwuliziganya okumanya ebisingawo mu kukola paasiwaadi ez'amaanyi.

# Pulogulaamu kalimagezi ez'okwekisiza n'engeri y'okuzikozesa

### Okwekisiza/okusiba Kompyuta

BitLocker (Windows) - Eno efunika mu bika byonna ebya pulogulaamu za Windows 7 ne 8 (Professional Versions of Windows 7 and

8), n'ebika bya Windows

8.1 n'ebirala ebyeyongerayo. Akatabo akalagirira enkozesa yaayo ennyangu kasangibwa ku kibanja kya yintaneeti HowToGeek[23] kw'ogatta n'endala emanyiddwa nga Windows Central ng'eno ekola ku Windows 10[24] kwokka. Wekkaanye nti pulogulaamu ya BitLocker yeetaaga akuuma akayitibwa TPM akabeera mu kompyuta ez'amaanyi. Obutabo bwombi buwa endagiriro ku nkozesa ya pulogulaamu ya BitLocker ku kompyuta ezitalina nkola ya TPM.

FileVault (Mac) - Full-device encryption is easy to set up on most Mac computers. Follow Apple's instructions to activate FileVault from your System Preferences.[25]

DiskCryptor (Windows)[26] - Soma endagiriro y'enkozesa yaayo okuva ku Electronic Frontier Foundation ku pulogulaamu ya DiskCryptor eya pulogulaamu y'okwekisiza ku kompyuta ekika kya Windows.[27]

Veracrypt[28] (Windows, Mac, Linux) – Eno pulogulaamu esobola okukisa/okubikka ebitundu ku tterekero lya fayiro oba etterekero lyonna (drive) n'obuuma obutereka fayiro. Endagiriro y'enkozesa yaayo esinga okuba obulungi esangibwa ku Security In A Box.[29]

### Okwekisiza/okusiba

### Essimu

Essimu ekika kya Android – Soma endagiriro nga bw'osobola okugikozesa okuva ku kibanja kya yintaneeti HowToGeek.[30]

Essimu ekika kya iPhone and iPad – Okussaamu paasiwaadi esiba essimu yo kijja kussaamu pulogulaamu y'okwekisiza/okusiba fayiro ezirimu. Manya ebisingawo mu katabo ka Electronic Frontier Foundation.[31]

### Ebyuma ebirala ebitereka fayiro wabweru wa kompyuta (External drives)

BitLocker To Go (Windows) – Ekisa ebiri ku byuma ebitereka ebweru wa kompyuta (external drives) ne flash drives ng'ekozesa pulogulaamu ya BitLocker To Go.[32]

Filevault (Mac) - Ekisa ebiri ku byuma ebitereka ebweru wa kompyuta (external drives) ne flash drives ng'onyiga ppeesa ku kompyuta erinoonya 'awasiba fayiro ('Encrypt…') olwo n'ofunayo paasiwaadi. Laba endagiriro y'enkozesa yaayo okuva mu Apple.[33]

Weetegererze: Kimanye nti okukisa/okusiba fayiro ku byuma ebirala ebizitereka ebweru wa kompyuta (external drive) bikola ku kompyuta ekika kya Macs oba Windows. Pulogulaamu ya Veracrypt y'ekikola ku kompyuta ez'ebika byonna.

23 How-To Geek, How to set ste up bitlocker encr yption on windows http://w w w.howtogeek.com/192894/how-to-set-up-bitlock- er-encr yption-on windows/,Accessed on the 8th Februar y 2017

24 Windows Central, How to use bitlocker encr yption on windows 10, http://ww w.windowscentral.com/how-use-bitlocker-en- cr yption-windows-10, Accessed on the 8th Februar y 2017

25 Apple, Use FileVault to encr ypt the startup disk on your mac, https://support.apple.com/en-us/HT204837, Accessed on the 8th Februar y 2017

26 https://diskcr yptor.net/

27 Electronic Frontier Foundation,How to: Encr ypt your windows device, https://ssd.eff.org/en/module/how-encr ypt-your- windows-device, Accessed on the 8th Februar y 2017

28 VeraCr ypt,Project description,https://veracr ypt.code- plex.com/, Accessed on the 8th Februar y 2017

29 Securit y in a box,Veracr ypt:Secure file storage, https://securityinabox.org/en/guide/veracr ypt/windows, Accessed on the 8th Februaur y 2017

30 How-To Geek, How to encr ypt your android phone http:// w w w.howtogeek.com/141953/how-to-encr ypt-your-android-phone- and-why-you-might-want-to/, Accessed on the 8th Februar y 2017

31 Apple, How to encr ypt your iphone, https://ssd.eff.org/en/module/how-encr ypt-your-iphone, Accessed on the 28th April 2016

32 Microsoft, Enable bitlocker on a USB Flash drive to pro- tect data, https://technet.microsof t.com/en-us/magazine/ff404223. aspx,

33 Apple, OS X El Capitan: Encr ypt removable disks or me- dia, https://support.apple.com/kb/PH21791?locale=en_US, Accessed on the 8th Februar y 2017


## ENTEREKA YA FAYIRO (DATA) AWALALA OKUZITAASA OKUBULA

Mu kukuuma ebintu byo (omuli fayiro n'ebirala) era kitegeeza nti oba mu busobozi obubifuna wonna w'oyagalidde. Kyokka bulabe ki obuliwo mu kufunika kw'ebintu byo (omuli fayiro n'ebirala)? Obulabe obusinga kwe kubbibwa kwa kompyuta zo okuva mu bifo eby'olukale oba ebitatuukibwamu bantu bangi. Wabula ebintu ng'ebiwuka, okufa kwa kompyuta, okwonoonebwa omuliro, amazzi, oba etterekero lyayo ery'omunda okwerema okukola, byonna bivaako okubula kwa fayiro (data). Okugonjoola ekizibu kino, weetaaga okutereka fayiro zo awantu awalala okuzitaasa okubula.

Awaterekebwa awalala okusinga wabeera byuma eby'ebweru wa kompyuta ebitereka fayiro (external hard drives), obuti obutereka (USB drives), ne ku bintu ebirala ebiyingizibwamu oba okuggyibwamu nga CD ne DVD. Jjukira nti bino nabyo bisobola okubbibwa, bw'otyo okubirizibwa okubikisa/okubisiba nga bwe kinnyonnyoddwa mu kitundu ekyakaggwa waggulu.

Okutereka fayiro zo awalala (awatali ku kompyuta) kyangu nnyo. Ekikolebwa wano kuba kukoppa bukoppi fayiro n'oziteeka ku kyuma ekyo. Wabula, waliwo enkola za pulogulaamu nnyingi ezisobola okuyambako mu kutereka ebintu awalala. Pulogulaamu ya Windows erina enkola ezizimbiddwa mu kompyuta munda (kyokka tezifunika ku kompyuta za Windows zonna): Pulogulaamu ya *Backup and Restore*[34] ejja kutereka ebintu byonna awantu awalala ku kompyuta yo nga wano w'osobola okubiggya ssinga fayiro ziba zikubuzeeko. Okwongereza ku ekyo, osobola okuzzanga obuggya enkola z'okutereka fayiro zo ne pulogulaamu ya *File History*[35] ejja kutereka ebika by'ekiwandiiko byo mu pulogulaamu nga bwe zigenda zikyuka.

Osobola okulondako ku pulogulaamu ezo. Kompyuka ekika kya Mac ezirina enkola ya OS X nazo zizimbiddwamu pulogulaamu etereka fayiro eyitibwa Time Machine[36] esobola n'okuyamba mu kutereka fayiro eziri ku byuma ebweru wa kompyuta (external hard drive) nga zino nazo zisobola okusibibwa. Oweebwa amagezi era okufuna enkola y'okutereka fayiro 'mu bbanga' ku woofiisi yammwe oba ng'omuntu ssekinnoomu oba okwegattira awamu (Cloud). Oyinza okukozesa pulogulaamu okuli DropBox, Google Drive, Copy, ne Onedrive. Bw'oba weekengera kkampuni eziyamba mu kutereka fayiro mu nkola eno (gamba nga Google, Microsoft, ne Dropbox) awo olina okulaba pulogulaamu ezitereka fayiro naye nga zisobola okuzikisa/okuzisiba ku kompyuta yo nga tonnaba kuzitereka mu bbanga (cloud) Soma ku pulogulaamu nga Mega, Sync.com, SpiderOak, ne Wuala ofune ebisingawo.



Waliwo pulogulaamu kalimagezi ezikisa/ezisiba fayiro yo ku kompyuta yo olwo bw'omala okugisiba n'ogikasuka mu tterekero lya Dropbox n'amaterekero amalala ag'omu bbanga (cloud): Laba ku pulogulaamu okuli BoxCryptor,[37] Duplicati,[38] ne Viivo.[39]

34 Microsoft, Back and Restore yout PC, https://support. microsoft.com/en-us/help/17127/windows-back-up-restore, Ac- cessed on 8th Februar y 2017

35 Microsoft, File histor y in Windows, https://support. microsof t.com/en-us/help/17128/windows-8-file-histor y, Accessed on the 9th Februar y, 2017

36 Apple, Time Machine, Time Machine https://support. apple.com/en-us/HT201250, Accessed on the 9th Februar y,2017

37 Boxcr yptor, Highest security for files in the cloud, https://www.boxcr yptor.com/, Accessed on the 9th Februar y 2017

38 Duplicati,Free backup software to store encr ypted back- ups online For Windows, macOS and Linux, www.duplicati.com, Accessed on 9th Februar y 2017

39 Viivo,Encrypt your files before they sync to Dropbox, Box, Google Drive, https://viivo.com/, Accessed on the 9th Februar y 2017

# Enkuuma ya fayiro (data) ezitambulira mu mikutu egiyungibwa n'amayengo g'empewo

## Okwerinda okw'Ebitundu Ebitaano mu Mpuliziganya ya tekinologiya w'ekika kya Digito

### ENGERI YINTANEETI GY'EKOLAMU

Yintaneeti gwe mukutu ssemakutu ogusaasaanya obubaka wakati w'abantu nga beeyambisa kompyuta.

Kompyuta zino ezikozesebwa abantu zikola mu ngeri; zikuŋŋanya obubaka obuba buterekeddwa ku kompyuta endala ekola nga 'ssekayunzi' ng'eno y'ebaako amayengo agayunga kompyuta ezo zokka eziba zikkiriziddwa. Kompyuta ekozesebwa omuntu n'eri 'ssekayunzi' eyamba okusindika obubaka zombi zirina olulimi lwa tekinologiya oluzigatta n'okuziyamba okukwatagana okugeza Hypertext Transfer Protocol (HTTP) ng'eno y'enkola eyamba kompyuta ezenjawulo okuwaanyisaganya obubaka wakati waazo. Obubaka bwonna obuba bukuŋŋaanyiziddwa butambuzibwa ku yintaneeti mu buwandiike: omuntu yenna alina enkizo ku mukutu ogwo (gamba nga kkampuni ekugabira yintaneeti, nnannyini kifo kyompyuta yo kw'eba eyungiddwa ku yintaneeti, n'enkumi z'abantu abalala abakozesa yintaneeti mu bifo ebyenjawulo) bonna basobolera ddala okugoberera obubaka bw'oba owandiise oba oyogedde sinakindi okukwata amaloboozi. Nga bw'olaba mu kifaananyi ku peegi 45, waliwo kompyuta endala nnyingi eziyamba okuyunga omuntu ku mukutu gwa yintaneeti gw'aba ayagadde. Abagezigezi ku yintaneeti oluusi bafuna omuwaatwa ne beegatta ku mukutu gw'oyungiddwa, abo nabo basobola okusoma n'okukyusa obubaka bw'oba owandiise ng'owuliziganya n'abalala.

Ekyomukisa, waliwo abalina emikutu gya yintaneeti "gissekayunzi' egikakasiddwa era egitabuusibwabuusibwa. Gino giyamba okukuuma fayiro y'obubaka obwenjawulo ku mikutu gya yintaneeti.

Tuteekwa okutegeera abantu abo kye bali na bye bakozesa.

Geraldina mulwanirizi wa buttonde bwa nsi. Yali atageka omusomo mu kitundu kye okubangula abantu ku nteekateeka za gavumenti empya ez'okuwaayo ekibira eri bamusigansimbi bakakkalabizeeko emirimu gyabwe.

Ono yabaga obubaka ku mukutu gwe ogwa email n'abuweereza abakulembeze b'omu kitundu ng'abannyonnyola ennaku z'omwezi n'ekifo mw'ajja okubasisinkanira boogeramu ku kiddako.
Ng'ebula ennaku mbale olukiiko lubeewo, kyamubuukako okuzuula nti bonna abakulembeze teri n'omu yafuna bubaka bwa email.
Nga wayise ennaku endala ziizo, abakungu mu Polisi baamukyalira mu makaage ne bamulabula obutaddamu kwettantala kutaataaganya nteekateeka za Gavumenti. Kyokka yasigala yeewuunya engeri Poliisi gye yafunamu obubaka bwa email obwekyama ate abantu be yagenderera okuweereza ne batabufuna!

**Ekyatuuka ku Geraldina bakiyita kulondoolwa. Omuntu asobola okulondoola empuliziganya yo ku mukutu gwa email kuba eba mu buwandiike.**


**Geraldina asobola okweyambisa enkola ya 'Twekisize' nga HTTPS, GPG ne VPNs okulaba nga by'ayogera n'abantu abalala bikuumibwa nga bya kyama okusobola okukakkalabya obulungi emirimu gye.**

### EMPULIZIGANYA N'ABALALA

Bukya luba nga lwa mmindi emikutu gy'empuliziganya ne yintaneeti bigonzezza okwogerezeganya wakati w'abantu abenjawulo Kyokka gye bikomye okugonza empuliziganya ate gye byongedde embeera y'obunkeke.

Bwe kakutanda n'otassaayo mwoyo kukukulira n'okwekengera amasimu g'okuba, mesegi z'owandiika, email, mesegi za kagwirawo, amasimu ga Whats App n'emikutu gya yintaneeti emirala, oyinza okugwa mu nvubo y'abagezigezi b'oku yintaneeti ne bagoberera buli ky'okola!

Engeri entuufu ey'okuwuliziganya n'abantu abalala y'eyo ng'oyogera n'omuntu liiso ku liiso mu buntu awatali kugattamu bya kompyuta oba okwekubira amasimu.




Enkola enyangu eraga engeri yintaneeti gy'ekolamu y'eyo ng'omuntu aggulawo omukutu gwa website okusoma amawulire nga bw'olaba mu kigaananyi.

Olwokuba nti kino ebiseera ebisinga tekisoboka, ekintu ekirala ekyandikoleddwa kwe kukweyambisa enkola ya 'twekisize' (end-to-end encryption) ng'owuliziganya ku mukutu gwa yintaneeti. Eno ekuyambako okwekuuma n'okutangira abagezigezi okugoberera obubaka bwo.


**Enkola ya 'twekisize' (end-to-end encryption) gy'ekolamu mu mpuliziganya**

Emikutu gy'empuliziganya ne yintaneeti bigonzezza okwogerezeganya wakati w'abantu abenjawulo ekitabangawo bukya luba nga lwa mmindi! Kyokka gye bikomye okugonza empuliziganya ate gye byongedde okussaawo obunkeke n'obuzzi bw'emisango. Singa tossaayo mwoyo kwekuuma amasimu g'okuba, mesegi z'owandiika, email, mesegi za kagwirawo, amasimu ga Whats App n'emikutu gya yintaneeti emirala, oyinza okugwa mu nvubo y'abagezigezi b'oku yintaneeti ne bagoberera buli ky'okola!

Engeri entuufu ey'okuwuliziganya n'abantu abalala y'eyo ng'oyogera n'omuntu liiso ku liiso mu buntu awatali kugattamu bya kompyuta oba okwekubira amasimu. Naye olwokuba nti kino ebiseera ebisinga tekisoboka, ekintu ekirala ekyandikoleddwa kwe kukweyambisa enkola ya 'twekisize' (end-to-end encryption) ng'owuziganya ku mukutu gwa yintaneeti. Eno ekuyamba okutangira abagezigezi okugoberera obubaka bwo n'okubatangira obukuketta.

Abantu babiri bwe baba baagala okuwuliziganya awatali kulingizibwa (okugeza Kamau ne Abuya) bateekwa okufuna obusumuluzo obugatta empuliziganya yaabwe nga bokka na bokka be basobola okumanya obubaka bwe bawaanyisaganya ku yintaneeti.

Abagezigezi (bayite abafere b'oku yintaneeti) tebasobola kulondoola bubaka wakati wa Kamau ne Abuya kuba bukwekeddwa mu nkola ya 'twekisize'. Kale tugambe nti basobola okugoberera fayiro y'obubaka naye tebasobola kububikkula kumanya.




Enkola ya 'twekisize' erimu emitendera mingi kyokka y'engeri yokka ekuwa obukuumi obwenkomeredde nga weeyambisa empuliziganya y'emikutu gya yintaneeti.

Emikutu gy'empuliziganya emirala nga Skype, gyesoma okukozesa enkola ya 'twekisize' etangira abayaaye b'oku yintaneeti kyokka mu butuufu tebalina. Enkola ya 'twekisize' okukola obulungi abagyeyambisa bateekwa okulaba nga bombiriri obusumuluzo bwe beeyambisizza okukukulira obubaka bukwatagana era nga bubagatta bokka na bokka. Emikutu gy'empuliziganya ku yintaneeti bwe gitaba na busobozi obukukulira obubaka wakati w'abantu abawuliziganya kiba kyangu Gavumenti okussa akazito ku bagiddukanya basobole okulondoola omuntu yenna gwe baba baagadde.

### Essimu ezikubwa

Buli lw'okuba essimu nga weeyambisa essimu ey'oku mmeeza oba ey'omu ngalo, kyangu nnyo okulondoolwa kuba essimu tezirina nkola ya 'twekisize'. Ye nno bw'oba weeyambisizza essimu ya 'buli wendi nkufuna kyangu nnyo okumanya by'oyogera kuba essimu yo eba eyungiddwa ku mirongooti. Kyokka buli lw'okuba essimu, kkampuni y'empuliziganya gye weeyambisa esobola okugoberera butereevu by'oba oyogera sinakindi ne Gavumenti oba ekitongole kyonna ekiba n'enkizo ku kkampuni eyo. Enkola ennyangu okulaba ng'empuliziganya yo terondoolwa kwe kukozesa VoIP.

VoIP (Voice over Internet Protocol) y'enkola y'okweyambisa tekinologiya w'eddoboozi eriyita ku yintaneeti ng'owuliziganya n'abalala. Kyokka oteekwa okuba omwegendereza ng'okozesa tekinologiya w'amaloboozi g'oku yintaneeti. Okugeza, Skype ne Google Hangouts kituufu bakuyamba okukisa abalala obutagoberera mpuliziganya yo n'omuntu omulala kyokka bo beene ate bagoberera butereevu amaloboozi gammwe! Noolwekyo, kiri eri ggwe okumanya mukuti ki ogukozesa enkola ya VoIP gw'oba weeyambisa. Okusalawo kuli gy'oli.



Enkola endala ennyangu ekuyamba okusalawo okulaba nga tekinologiya gwe weeyambisa ng'oweereza obubaka ku yintaneeti talondoolwa y'eya Electronic Frontier Foundation's Secure Messaging Scorecard.[41]

Emikutu emirala egiwa enkola ya 'twekisize' nga gyeyambisa tekinologiya wa yintaneeti ow'okukuba essimu:

- Ostel
- Silent Phone[42]
- Signal[43]

Kw'egyo waggulu, ogwa Signal gwe gusinga okukozesebwa okwetooloola ensi era guno gwe tubakubiriza okukozesa. Okweyambisa obulungi enkola ya 'twekisize' w'oku masimu agakubirwa ku yintaneeti (gamba nga Skype n'amalala), abantu abawuliziganya bateekeddwa okuba nga bombi bayungiddwa ku mukutu ogwo era nga gwe bakozesa okuwuliziganya.

### Obubaka obuweerezebwa (mesegi) ne mesegi z'oku yintaneeti

Obubaka obuweerezebwa ku masimu ne ku yintaneeti buggalirwa wabweru w'enkola ya 'twekisize' era kyangu nnyo okulondoolwa. Bw'oweereza omuntu omulala obubaka ng'okozesa essimu yo kyokka nga toyagala bantu balala kukulondoola, oteekwa okusooka okufuna pulogulaamu y'obubaka eya 'twekisize' so ssi kumala gaweereza mu nkola eya bulijjo. Ensangi zino, engeri yokka gy'osobola okuweereza obubaka ne butalondoolwa muntu mulala kwe kweyambisa embikkuliro y'ekika kya Silence app ekozesa tekinologiya wa Android, edda eyayitibwanga SMS Secure.

40 Skype, What is the cloud, https://support.skype.com/ en/faq/fa10983/what-are-p2p-communications, Accessed on the 9th Februar y 2017

41 Electronic Frontier Foundation, Secure messaging score-card, https://w w w.eff.org/secure-messaging-scorecard, Accessed on 9th Februar y 2017

42 Silent Circle, Silent mananger, https://w w w.silentcircle.com/ser vices#mobile, Accessed on 9th Februar y 2017

43 Electronic Frontier Foundation, How to use Signal on IOS, https://ssd.eff.org/en/module/how-use-signal-ios, Accessed on 9th Februar y 2017

44 Silence, Need some Privacy, https://silence.im/, Accessed on 9th Februar y 2017

Engeri endala gy'oyinza okuweerezaamu obubaka mu nkola ya 'twekizise' ne butamala galondoolebwa y'ey'okukozesa tekinologiya w'oku yintaneeti. Okugeza, abakozesa tekinologiya wa Android ne iOS[45] basobola okuwuliziganya nga beeyambisa enkola ya Signal.[46]

Off-the-Record (OTR) y'enkola ya 'twekisize' ekuuma obubaka ku yintaneti mu buliwo oba ekiseera kyennyini omuntu ky'aba abuweererezzaamu.

Bino wammanga bye bimu ku bikozesebwa mu kuweereza obubaka bw'ekika kya OTR:

- Pidgin (yeeyambisibwa ba Windows ne Linux)
- Adium (y'abo abakozesa OS X)
- ChatSecure (ekozesebwa abalina amasimu ga iPhone ne Android)
- Jitsi (yeeyambisibwa abakozesa tekinologiya wa Windows, Linux, ne OS X)
- Jitsi Meet (ekozesebwa abo abawuliziganya mu vidiyo ku yintaneeti)

**Email**

Emikutu gy'obubaka bwa 'Email' gikuyamba okusoma obubaka obuba bukuweerezeddwa mu kabookisi ko nga weeyambisa emikutu egikuyamba okubikkula obubuka obuba ku yintaneeti gamba nga Firefox oba Chrome. Emikutu egiyunga ku yintaneeti giwanirira omukutu gu 'ssekayunzi' ogwa HTTPS. Bw'oyunga kompyuta yo ku yintaneeti osobola okumanya oba omukutu gwa email gw'okozesa guyunguddwa ku yintaneeti naddala singa oggulawo email ne gutandika n'ebigambo bya 'HTTPS' waggulu (okugeza: https://mail.google.com).

45 Open Whispers systems, Privac y that fits in your pocket, https://whispersystems.org/#privacy, Accessed on 9th February 2017

46 Electronic Frontier Foundation, How to: use Signal on IOS, https://ssd.eff.org/en/node/61/, Accessed on 9th Februar y 2017

47 Electronic Frontier Foundation,How to: Use OTR for win- dows https://ssd.eff.org/en/module/how-use-otr-windows, Accessed on 9th Februar y 2017

48 Electronic Frontier Foundation, How to: Use the OTR for MAC, https://ssd.eff.org/en/module/how-use-otr-mac, Accessed on 9th Februar y 2017

49 Electronic Frontier Foundation, How to: Install and use Chat Secure, https://ssd.eff.org/en/module/how-install-and-use- chatsecure, Accessed on the 9th Februar y 2017

50 Jitsi, Open source video calls, https://jitsi.org/, Accessed on the 9th Februar y 2017

51 Jitsi, Jitsi meet, https://jitsi.org/Projects/JitsiMeet, Ac- cessed on the 9th Februar y 2017




Omukutu gwa email gy'okozesa bwe guba guwanirirwa HTTPS, naye nga bw'oggulawo tebyeggulawo, ddira ekigambo HTTP okusikize HTTPS oddemu buto olwo okubikkule omuko ogwo. Bw'oba oyagala okusigala ng'okozesa enkola ya HTTPS buli lw'oggulawo yintaneeti ku kompyuta oba ku ssimu yo, kijja kukwetaagisa okuggulawo pulogulaamu ya Firefox ne Chrome eziyungiddwa obutereevu ku HTTPS.

Egimu ku mikutu gya email egyeyambisa enkola ya HTTPS mulimu:


- Gmail
- Riseup
- Yahoo

Emikutu gya email emirala nga Hotmail gwo bw'oba oggulawo HTTPS okusobola okuyunga yintaneeti n'omukutu gwa email tosumbuukana byekolako byokka, tekikwetaagisa ate kuggulawo pulogulamu ya Hotmail.

## ENKOLA YA 'TWEKISIZE EY'EKIKA KYA TRANSPORT LAYER SECURITY (TLS) BY'EKOLA NA LWAKI OYINZA OKUGYETAAGA?

HTTPS, oluusi eyitibwa SSL oba TLS, ekuuma obubaka bw'empuliziganya yo okuba ey'ekyama wakati wo n'omuntu oyo gw'oyogerezeganya naye n'etangira abantu abalala obutamala geeyingiza mu mboozi zammwe. Kino kizingiramu n'abantu abakozesa yintaneeti y'emu eya Wifi gy'oba oyungiddwako nabo mu bifo ebyenjawulo gamba nga ku bisaawe by'ennyonyi, mu café ya yintaneeti, abantu ku ofiisi, oba ku ssomero, Gavumenti, oba ebitongoole ebikuumaddembe bonna tebasobola kulondoola mpuliziganya yo wamu n'obubaka bw'oweerezeganya n'omuntu omulala. Empuliziganya eweerezebwa ku mukutu gwa yintaneeti omuli peegi za yintaneeti ezenjawulo z'obikkula, emikutu gya email, wamu n'emikutu gy'obubaka bwa yintaneeti egiba giyungiddwa ku HTTP mu kifo kya HTTPS giba myangu okulondoolwa era kyangu omuntu omulala okugwa mu mboozi zo n'asomola ebyama byo!

Enkola ya HTTPS y'esinga obukuumi ng'okozesa yintaneeti era eno gye tukubiriza buli muntu okweyambisa. Nnyangu nnyo era yeefaananyirizaako omugoba w'emmotoka eyesiba olukoba ng'avuga olw'okwerinda akabenje.




Abantu ab'obulabe bongedde okweyambisa yintaneeti naddala okunafuya enkola ya HTTPS okulondoola empuliziganya wakati wa kompyuta yo n'endala z'oba oyungiddwaako okuwuliziganya. Mu ngeri eno, baggulawo yintaneeti ne bagissaamu satifikeeti za SSL enjingirire olwo ne beeyunga ku kompyuta okuyungiddwa yintaneeti yo era bw'ogaana okugoberera ebiragiro n'okulabulwa ebikuweebwa ng'oggulawo omukutu ogwo kyangu nnyo abantu ab'emitima emibi okuketta n'okulondoola byonna by'oba okola ku yintaneeti. Mu mbeera ng'eyo, kikulu nnyo obutamala gabikkula n'okuggulawo omukutu ogwo naddala ng'ofunye okulabulwa. Kyamagezi okulinda n'okuddamu okubikkula buto omukutu ogwo nga wayiseewo akabanga.

### Enkuuma ya email (GPG/PGP)

Waliwo ebintu enkola ya HTTPS by'etasobola kukola. Singa oweereza email ng'okozesa HTTPS, omukutu gwa email yo gufuna kopi y'obubaka obwo. N'olwekyo, ebitongole bya Gavumenti wamu n'ebikuuma ddembe bisobolera ddala okufuna kopi y'obubaka bwo na buli kimu ekibulimu. Mu Amerika, kkampuni za Email ezisinga zikozesa enkola egamba nti bajja kukubuulira singa Gavumenti ebasaba okumanya ebikwata ku email z'oba owanyisiganyizza n'omuntu omulala nga bagoberera amateeka, kyokka enkola zino ebiseera ebisinga tezigobererwa.

Kkampuni ez'emikutu gya email nga Google, Yahoo Microsoft, bafulumya obubaka mu lujjudde ne alipoota nnamutaayiika eziraga engeri Gavumenti mu nsi ezenjawulo gye zibawandiikira nga zisaba okuwaayo obubaka n'empuliziganya mu bantu bo banoonyeemu bye baagala kyokka oluusi batendewalirirwa olw'akazito akabassibwako ne babiwaayo!.

Bwe kiba nga mu be weekengera muzingiramu Gavumenti n'ebitongole ebikuumaddembe, wamu ne kkampuni z'emikutu gya email (oluusi nagyo egiteesigika) kitegeeza nti oteekwa buteekwa okweyambisa enkola ya 'twekisize giyite encryption ekozesebwa mu mpuliziganya ya email.

PGP soma (Pretty Good Privacy) y'enkola egobererwa okutangira obubaka bwo obutasomebwa muntu mulala atateekeddwa. Singa eba ekozeseddwa bulungi, essaawo obukuumi obwamaanyi mu mpuliziganya yo n'omuntu omulala. PGP oluusi eyitibwa GPG (Gnu Privacy Guard).

Ebisingawo ku ngeri gy'osobola okussa embikkulizo ya PGP/GPG eya email ku komptyuta yo, laba endagiriro ya Mac OS X, Windows[56], ne Linux[57].

Okukozesa embikkulizo ya PGP/GPG ku mukutu gwa yintaneeti nga weeyambisa email yo, weekenneenye omukutu gwa Mailvelope[58] browser plugin oba kale goberera ebisingawo ku email eziweerezebwa omukutu gwa ProtonMail.[59]

53 Google, Transparency report to information,https://www.google.com/transparencyreport/ , Accessed on 9th Februar y 2017
54 Yahoo, Transparency Report over view, https://transpar- ency.yahoocom/ , Accessed on the 9th Februar y 2017
55 Microsoft, Our commitment to transparency, https:// www.microsoft.com/about/corporatecitizenship/en-us/reporting/ transparency/, Accessed on the 9th Februar y 2017
56 Electronic Frontier Foundation, How to: Use PGP for MAC OS X, https://ssd.eff.org/en/module/how-use-pgp-mac-os-x, Accessed on the 9th Feburar y 2017
57 Electronic Frontier Foundation,How to: Use PGP for Linux https://ssd.eff.org/en/module/how-use-pgp-linux, Accessed on the 9th 2017
58 Mailvelope, https://w w w.mailvelope.com/ ,Accessed on the 9th Februar y 2017
59 ProtonMail, Secure Email, https://protonmail.com/,Ac- cessed on the 9th Februar y 2017

Mu bukuumi obw'ekika kya PGP, buli ludda lufuna obusumuluzo akamu kabaggalirayo mwembiriri ow'ebweru n'atamanya kye mwogerako ate akandi ne kawa enkizo abantu abalala okwegatta ku mpuliziganya yammwe singa muba musazeewo bakkirizibwe. Okunnyikiza enkola ya PGP, aba Tactical Technology Collective bakuwa obubaka mu vidiyo obunnyonnyola obuyitibwa 'Decrypting Encryption' nga buno bulaga engeri y'okukuumamu obubaka ku mayengo g'empuliziganya nga bwa kyama wakati wammwe.[60]

## ENKOLA YA 'TWEKISIZE' (END-TO-END ENCRYPTION) BY'ETESOBOLA KUKOLA

Enkola ya 'twekisize' ekuuma ebyo byokka ebikuyamba ng'oweereza n'okufuna obubaka so ssi ebyo ebituufu ebiri mu bubaka. Teyamba kukukulira bubabaka bulala obutandiragiddwa muntu mulala okugeza ng'emitwe gya email. Tekuyamba kukukulira muntu gw'oyogera naye n'ekiseera kye mwogereramu.

Metadata (soma obubaka obulala obukwata ku bubaka obuba buweerezeddwa) ebiseera ebisinga bulaga lwatu kalonda yenna akukwatako oluusi ne bwe kiba ng'ebikulu ebiri mu bubaka obwo bya kyama!

Obubaka obulala obwekusifu obukwata ku bubaka (Metadata) ku ssimu z'okuba buwa omuwaatwa abantu abalala okumanya by'oyogerako. Okugeza:

- Abalondoola bakimanya nti wakubye essimu ku ssaawa 8:24 ez'ekiro ng'ozzaamu omuntu amaanyi n'okulaga nti mwayogeredde eddakiika 18, kyokka tebasobola kumanya bye mwayogeddeko.
- Bakimanya nti wakubidde leediyo emu mu pulogulaamu y'ebyobufuzi, naye tebasobola kumanya bye mwayogedde era bisigala nga bya kyama.
- Bakimanya nti wayogedde n'abavunaanyizibwa ku bikwata ku bulwadde bwa siriimu kyokka, ne dokita wo, wamu ne kkampuni yo eya yinsuwa kyokka tebasobola kumanya bye mwayogeddeko.
- Bakimanya nti wakubiddwa essimu okuva ku kitebe ky'ob'oludda oluvuganya Gavumenti nga bakubaganya ebirowoozo bya 'tubalemese', oluvannyuma n'okubira mukama wo kyokka bye mwayogedde ku lukomo lw'essimu bisigala nga bya kyama era Gavumenti tesobola kubimanya.
- Bakimanya nti wakubidde omusawo w'endwadde z'abakyala, mwayogeredde eddakiika 30 era olwamaze n'okubira avunaanyizibwa ku nkola y'ekizaalaggumba mu kitundu kyo kyokka teri n'omu amanya bye mwayogedde.

Kasita okozesa essimu yo okuwuliziganya n'omuntu omulala, kalonda akwata ku kifo w'okubidde ye metadata.

Mu 2009, munnabyabufuzi Malte Spitz okuva mu kibiina kya Green Party yakuba kkampuni y'amasimu eya Deutsche Telekom mu mbuga z'amateeka ng'abawaliriza bamukwase fayiro y'ebyo bye yayogerera ku ssimu ye mu bbanga lya myezi mukaaga, oluvannyuma bye yakwasa olupapula lw'amawulire olumu e Girimaani. Fayiro ezo zaalaga entambula ze zonna mu bbanga eryo era oluvannyuma yayogera kalonda yenna akwata ku musango guno nga byonna kwe biri ku yintaneeti.[62]



60 Tactical Technology Collective, Decr ypting Encr yption, https://tacticaltech.org/projects/decr ypting-encr yption, Accessed on 9th February 2017
61 Zeit Online, Tell- on Telephone, http://w w w.zeit.de/dat- enschutz/malte-spitz-data-retention,Accessed on 9th Februar y 2017
62 Ted, Your phone company is watching, http://w w w. ted.com/talks/malte_spitz_ your_phone_company_is_watching?lan- guage=en, Accessed on the 9th 2017

## ENGERI Y'OKWEWALA OKULINGIRIZIBWA KU MIKUTU GYA YINTANEETI OMUYITIBWA OKUWULIZIGANYA

Ebitongole bya Gavumenti, kkampuni, amasomero, wamu n'abantu ssekinnoomu abakozesa yintaneeti mu bifo eby'olukale beeyambisa pulogulaamu za kompyuta ezenjawulo okutangira abantu obutamala gabikkula mikutu gyabwe egya yintaneeti. Kino kye bayita okuziyiza abantu obutamala gayingirira mikutu gyabwe kwe bawuliziganyiza. Okuziyiza abalingiriza kijjira mu bika ebyenjawulo. Oluusi emikutu gya yintaneeti gyonna gigaanibwa okuggulawo, ate olundi balondamu gimu na gimu, ate olulala giziyizibwa okuggulwawo nga beeyambisa ebigambo ebirondemu, ebyo buli lw'obissaamu tosobola kuggulawo mukutu ogwo. Ensi emu esobola okutangira abantu baayo okuggulirawo ddala ate oluusi ne bagaana ebimeeza bya Facebook ebimu obutaggulawo ate oluusi ne batangira kigambo ku kigambo okugeza basobola okutangira ekigambo kya 'okulya ebisiyaga' nga buli muntu akissaamu okussa ku mukutu gwa 'Facebook' oba ku mukutu gwa yintaneeti gwonna tasobola kusukkawo era tafuna bubaka busingawo.

Si nsonga obubaka bukuŋŋaanyiziddwa butya, naye osobola okwewala okulingizibwa. Enkola ey'okwewala okulingizibwa ekola mu ngeri nti owugula omukutu gwo ogwa yintaneeti ne guba waggulu w'emikutu gy'abo abakulondoola era ne bwe bagezaako batya tebasobola kukulondoola. Wabaawo omukutu gwa 'proxy' ogutaloopa kifo mw'oli nga guno gw'okozesa okuyisaamu obubaka bwo n'otamala galondoolebwa.

Ebintu ebikozesebwa okuwuggula abandiringirizza empuliziganya yo tebiwa bukuumi busingawo okukira ku obwo obulambikiddwa waggulu naddala singa oba weeyambisizza enkola y'okukuŋŋunta nga weeyambisa ebigambo.

### Obukodyo obusaamusaamu

Enkola ya HTTPS etangira abalumbaganyi okulondoola omukutu gwo kuba tebasobola kumanya bigambo ki ebikwekeddwa by'okkozesa okunyweza ebyokwerinda by'omyukutu gwo.

Kyokka singa weekengera omukutu gw'oggaliddeyo osobola obikkula yintaneeti n'ebigambo bino, https:// mu kifo kya http://.

Kozesa enkola ya **HTTPS Everywhere**[63] okubikkulanga ennyukuta HTTPS ku mikutu egyenjawulo.

Engeri endala gy'osobola okukozesa okwewala okulingizibwa kwe kukyusakyusa link kw'oyingirira ku mukutu gwa yintaneeti. Okugeza bw'oggulawo omukutu gwa 'Twitter' nga weeyambisizza ennyungisizo/linki ya http://twitter.com[64], omulundi omulala osobola okugiggulawo nga weeyambisa linki ya http://m.twitter.com[65], ng'eno y'ekozesebwa abakozesa yintaneeti y'amasimu. Abakozesa enkola y'okuyiziyiza abalingiriza ebifa ku yintaneeti beeyambisa olukalala lw'emikutu gya yintaneeti egy'obulabe egiba giwereddwa. Olukalala lw'emikutu egyo kwe basinziira okumanya mukutu ki omutuufu n'ogutali.

### –Omukutu gwa yintaneeti ogutaloopa kifo mw'oli (Web-based Proxies)

Omukutu gwa yintaneeti ogutaloopa kifo mw'oli gamba nga http:// proxy.org/)66 kuyamba okuyita ku ggeeti eziba zissiddwawo bannaynini mukutu n'oyitawo awatali kutangirwa.

Okukozesa omukutu gwa yintaneeti ogutaloopa kifo mw'oli, kwe kweyambisa endagiriro esengejjeddwa; eyo ekuyamba okulaga ebyo by'oyagala.

Emikutu gya yintaneeti egitaloopa kifo mw'oli giyamba okubikkula emikutu egikukuliddwa kyokka tegissaayo bukuumi eri oyo akugabira yintaneeti ekintu ekyobulabe kuba asobola okulondoola byonna by'okola.

63 Electronic Frontier Foundation, Https ever y where, https://w w w.eff.org/https-ever y where, Accessed on 9th Februar y 2017
64 Twitter, https://twitter.com/, Accessed on 9th 2017
65 Twitter, Login https://mobile.twitter.com/home, Ac- cessed on 9th Februar y 2017
66 Proxy, Proxif y, http://proxy.org/, Accessed on the 9th 2017

Ekirala, tegisobola kukuyamba kuggulawo mikutu gya yintaneeti mirala egiba gatangiddwa okuggulibwawo.

Ekisembayo, emikutu gya yintaneeti egitaloopa kifo mw'oli gya bulaba eri oyo agyeyambisa kuba tosobola kukola kintu mu kyama olw'ensonga nti byonna by'okola biba biterekebwa butereevu ku mukutu.

## Okukyusa erinnya eriraga ekifo w'osangibwa ku yintaneeti (DNS)

Emirundi mingi, gavumenti zikozesa enkola y'okutangira emikutu gya yintaneeti egimu nga giwa kkampuni ezigaba yintaneeti ebiragiro ebikakali okubaga ekiwandiiko okuli olukalala lw'emikutu egikyusa amannya g'ebifo we gisangibwa egiyitibwa *Domain Name Service* (DNS). Emikutu gya DNS gino giyamba ali ku yintaneeti ali ku yintaneeti okuzuula ebikwata ku mikutu gya yintaneeti emirala gy'aba amanyi ne we gisangibwa. Okugeza, bw'owandiika ku yintaneeti ebigambo (IP address) ya
212.58.244.20. Kino kisobola okuwudiisa kompyuta yo n'okukulowoozesa nti obolyawo omukutu gwa BBC gw'oyagala okubikkula teguliiyo.

Okuyita ku mbeera eno, osobola okukyusakyusa erinnya eryo ly'osanze ku kompyuta eriraga eriraga ekifo kompyuta yo w'eyungiddwa ku yintaneeti. Kino Google ekikola, egaba ebifo by'olukale bibiri ebirambika engeri gy'osobola okutereka fayiro n'obubaka bw'abo abakozesa yintaneeti. Ku bino kuliko; 8.8.8.8 ne 8.8.4.4. Enkola ya DNS ey'olukale esobola okukozesebwa buli muntu y'eya[68] 208.67.222.222 ne 208.67.220.220. Eno nayo eyamba okutangira emikutu gya yintaneeti egy'obulabe eri komptyuta zo eziyungiddwa ku yintaneeti.

Enkola eno ekyusa erinnya eriraga ekifo w'osangibwa ku yintaneeti osobola okugyeyambisa ku kompyuta za ofiisi yo oba ezo ez'ekifo ky'olukale okuganyulwa bonna ababa bakozesa kompyuta eziyungiddwa ku mukutu ogwo.

By'oteekeddwa okugoberera nga weeyambisa enkola y'okukyusa erinnya eriraga ekifo w'osangibwa ku yintaneeti **osobola okubisanga ku** mukutu gwa https://use.opendns.com.[69]

## Okukweka emikutu gy'okozesa ne giraga nti oli mu ggwanga ddala (Virtual private networks)

Omukutu ogukweka eggwanga n'ekifo w'osinzidde okufuna yintaneeti (VPN) guweereza fayiro za yintaneeti n'oli nnannyini mukutu gwa VPN mu nsi endala. Omukutu guno ogwa VPN bw'ogukozesa ng'ogoberedde emitendera emituufu, osobola okugweyambisa okusoma email zo, okuwuliziganya n'abalala ku mikutu egiweereza obubaka ku yintaneeti nga Whats App, okuwuliziganya n'abalala mu maloboozi agayitira ku yintaneeti, n'ebintu ebirala.

Omukutu ogukweka w'osinzidde okukozesa yintaneeti gukuyamba okukozesa obulungi yintaneeti awatali nsiitaano.

Egimu ku mikutu gya yintaneeti egy'obwereere kuliko; Betternet[70], Psiphon[71], BitMask[72], ne Opera[73].

Okumanya ebisingawo ku mikutu gya VPN, goberera[74]. Wabula egimu ku mikutu gya VPN giddukanyizibwa abantu abakyamu, noolwekyo oteekwa okwegendereza buli mukutu gw'ogendako.

67 Google, Public DNS, https://developers.google.com/speed/public-dns/ ?hl=en, Accessed on the 9th 2017
68 Open DNS, https://use.opendns.com/, Accessed on the 9th February 2017
69 Open DNS, https://use.opendns.com/, Accessed on the 9th Februar y 2017
70 Betternet, Online security and privacy for all devices and Platform, https://w w w.betternet.co , Accessed on the 9th Februar y 2017.
71 Psiphon, Beyond borders, https://w w w.psiphon3.com/,Accessed on the 9th February 2017
72 Bitmask, Encr ypted communication for mere mortals (superheroes welcome, too) https://bitmask.net , Accessed on the 9th Februar y 2017
73 Opera, Unblock the web for free, https://w w w.opera. com/apps/vpn , Accessed on the 9th Februar y 2017
74 Torrentfreak, What Are The Best Anonymous VPN Ser- vices? https://torrentfreak.com/which-vpn-ser vices-take-your-anonymi-ty-seriously-2014-edition-140315/ Accessed on December 12, 201

### Okukweka ekifo mw'oli gw'owuliziganya naye aleme kukitegeera (Tor)

Omukutu gwa Tor gwa bwereere era gukweka erinnya lyo bw'oba ku yintaneeti ate kyangu nnyo okuyita ku miwaatwa n'emiziziko egiba giteereddwaawo abaddukanya yintaneeti mu kifo mw'oli olwo n'oggulawo omukutu gwonna gy'oyagala. Bw'okozesa omukutu guno, obubaka bw'oweereza omuntu omulala bubaako obukuumi obwekitalo ate nga bukwekeddwa. Kino kiyamba okukweka ekifo mw'oli n'erinnya lyo kuba kompyuta kw'okolera, gye wasembyewo okukozesa ng'oli ku yintaneeti so si eno gy'oliko.

Omukutu gwa Tor bw'ogweyambisa obulungi osobola okuyita ku miziziko egiba giteereddwawo abaddukanya yintaneeti mu kifo w'osinzidde olwo n'oggulawo omukutu gwonna gy'oyagala. Kyokka oluusi sipiidi ya yintaneeti omukutu kwe gutambulira etera okusooba.

Yiga engeri gy'okozesaamu omukutu ogukweka w'oli ng'owuliziganya n'omuntu omulala n'aba Electronic Frontier Foundation.[75]

75 Electronic Frontier Foundation, How to: Use Tor for Windows
https://ssd.eff.org/en/module/how-use-tor-windows#overlay=en/node/57/
Accessed on the 9th Februar y 2017

# OKUKUUMA AKAWUNTI Z'EMIKUTU GY'EMPULIZIGANYA

## Okwerinda okw'Ebitundu Ebitaano mu Mpuliziganya ya tekinologiya w'ekika kya Digito

**Okutondawo paasiwaadi ez'amaanyi**

Olw'okuba nti kizibu okujjukira paasiwaadi ennyingi, abantu oluusi enkozesa ya paasiwaadi ebakaluubiriza.

Olw'okuba nti kumpi buli mukutu gw'oggulawo bakusaba paasiwaadi, kino kizibuwalira abantu abamu oli ne yeesanga ng'akemeddwa okweyambisa paasiwaadi y'emu ku akawunti n'emikutu egyenjawulo kuba yo asoboola okugijjukira.

Kyokka eno enkola ssi nungi n'akamu kuba akawunti ezo zonna kuba abakulondoola ne bamala bagigwako basomola ebyama byonna by'oba okukulidde ku akawunti zo ezenjawulo.

Okwewala okukozesa paasiwaadi y'emu ku mikutu egyenjawulo kikuyamba okunyweza eby'okwerinda byo ku yintaneeti, wadde nga kizibu okujjukira paasiwaadi ennyingi z'oba okozesezza ku mikutu egyenjawulo.

Eky'omukisa nti waliwo tekinologiya akuyamba okutereka paasiwaazi zo zonna mu kifo kimu w'osobola okuzisanga ate nga ggwe wekka aziraba. Kino kikifuula kyangu okwewala okukozesa paasiwaadi y'emu ku buli mukutu. Tekinologiya ono akuwa omukisa okulondawo paasiwaadi gy'onyigako olwo n'ekutuusa mu kifo awali paasiwaadi zo zonna n'ekulaga eyo gy'oba weerabidde.

Okugeza, KeePassX gwe gumu ku mikutu egikuyamba okutereka paasiwaadi zo ez'emikutu egyenjawulo ku kompyuta yo. Bwe weeyambisa KeePassX, paasiwaadi zo zonna ziterekebwa nga tomanyi. Buli lw'oggulawo omukutu omupya ne bakusaba paasiwaadi KeePassX egikuterekera nga tomanyi. Kyokka eky'obulabe, singa omukutu guno gumala ne gugootaana sinakindi okuggalawo, paasiwaadi zo zonna ozifiirwa!

Seseko y'akulira ekitongole kya Sexual minorities. Lumu, , yafuna obubaka bwa email ku ssimu ye nga bamulabula nti email ye ebuzaako essaawa 4 zokka eggweeko singa takola kyetaagisa mu budde obwo. Ku nkomerero y'obubaka bwa email waaliwo endagiriro ya linki gye baamuteerako okugoberera okwewala okuggalibwawo. Obutakissaako nnyo birowoozo yaggulawo endagiriro ya linki eyamuweebwa ng'efaananira ddala eyo eya Gmail.

Mu bwangu ennyo yayingizaamu erinnya lya email ne paasiwaadi kyokka tewali kyabaawo. Yeeyongerayo n'okusoma obubaka ku email ye.

Oluvannyuma, yafuna lipooti nti omukutu gwa kkampuni gy'akolera gwalumbiddwa abagezigezi b'oku yintaneeti ne baggala buli kimu, takyasobola kubaako ky'aggula.

Wano we yategeereza akulira mu kkampuni nti yafunye email emusaba okukyusa paasiwaadi ye.

**Seseko yagwa mu katego k'abafere b'oku yintaneeti era bwe baamala okuwamba obuyinza ku email ze zonna, baali basobola okulumba ekitongole kyonna ne bagootaanya enkola y'emirimu.**

**Waliwo enkola Seseko gye yandyeyambisizza okwewala obutaddamu kulumbibwa mu ngeri eri ng'eyo. Enkola eno y'eyokugatta paasiwaadi ya kompyuta yo ng'ekwatagana n'essimu yo ey'omu ngalo. Kino kikuyamba obuggumiza eby'okwerinda ku mikutu gyo naddala okunyweza okuggulawo email zo omala kufuna bubaka ku ssimu yo obukusaba okukakasa oba ddala ye ggwe ayagala okuggulawo email zo!.**

Okukozesa tekinologiya atereka paasiwaadi kikuyambako okulondanga paasiwaadi enzibu. Kino kikulu kuba ebiseera ebisinga, abeeyambisa yintaneeti batera okukozesa paasiwaadi ennafu ezirondoolwa amangu singa oli aba asazeewo okumanya by'okola. Okugeza paasiwaadi nga

"password1," "12345," n'ezo eziraga ennaku z'omwezi emyaka n'ennaku z'omwezi mwe wazaalibwa, amannya ga muninkini wo, oba ag'ensolo yo kyangu nnyo abantu abalala okuzigwamu ne bamanya by'okola. Kyokka singa oba weeyambisizza tekinologiya atereka paasiwaadi, kyangu nnyo okumanya ekifo okukozesa paasiwaadi enkali ng'eno "vAeJZ!Q3p$Kdkz/CRHzj0v7," omuntu yenna gy'atasobola. Tobaamu kutya kwonna, paasiwaadi ng'eyo waggulu ggwe gy'olaba ng'enzibu tekinologiya wa paasiwaadi agikuterekera n'otagyerabira.

## Okutondawo paasiwaadi ez'amaanyi


Paasiwaadi ntono z'otalina kukwata mu mutwe era eziri ng'ezo ziteekeddwa okuba enkakali nga kizibu omuntu okumala gakulondoola.

Kompyuta akaco kano zanguyirwa okumanya paasiwaadi n'ebwebwa nnyimpi nga ya bigambo 10 n'okukka wansi Kino kitegeeza nti paasiwaadi ennyimpi okugeza nQ\m=8*x oba !s7e&nUY oba kale gaG5^bG, kompyuta ezibuwalirwa okutereka fayiro zaazo kuba ziba nnafu ate nga nnyimpi.

Waliwo emitendera mingi gy'oyinza okugoberara okufuna paasiwaadi enzigumivu etamala galondoolwa. Enkola ennyangu y'eya Arnold Reinhold's "Diceware."[76]

Enkola ya Reinhold ekuyamba okutondawo paasiwaadi etamala galondoolebwa ekola mu ngeri nti osuula dayisi bw'egwa olwo n'olonda ebigambo ebyenjalo bye weeyambisa okukola paasiwaadi eŋŋumu. Mu kaweefube w'okunyweza ebyokwerinda ku yintaneeti yo, wandikozesezza paasiwaadi ya bigambo mukaaga ekitono ennyo.

Mu kifaananyi wansi tukulaga engeri ennyangu gy'osobola okulonda ebigambo bya paasiwaadi yo nga weeyambisizza enkola ya Arnold Reinhold '[77]




Singa oba weeyambisizza tekinologiya akuyamba okutereka paasiwaadi zo zonna, oteekedwa okwegendereza obutamala gassaako bintuntu kuba kyangu nnyo okuyingirira paasiwaadi zo n'ozifiirwa zonna. Kompyuta oteekeddwa okugikuuma butiribiri okwewala okulingizibwa.

### Paasiwaadi ez'emirundi egisukka mu gumu (Multi-factor authentication) ne paasiwaadi ez'omulundi ogumu (one-time passwords)

Tekinologiya w'emikutu mingi akola mu ngeri nti okuggulawo omukutu ogwo bakusaba okuyingizaamu paasiwaadi emirundi ebiri (kitera kukozesebwa Google egatta email ku ssimu yo ne kiba nti bw'oba oggulawo email bakuweereza obubaka ku ssimu yo olwo bw'okkiriza nti ye ggwe n'eryoka eggulawo, bw'otakkiriza teggulawo). Akakodyo ka kino kwe kutangira abantu aboobulabe abayinza okuyingirira empuliziganya yo oba okuwamba omukutu gwo. Ali ng'oyo ne bw'ofuna omuwaatwa okukozesa kompyuta yo, tasobola kumala gayingira mu mikutu gyo.

76 Diceware, What is a passphrase, http://world.std. com/~reinhold/diceware.html , Accessed on the 9th Februar y 2017

77 Electronic Frontier Foundation, How to: Use Tor for Win- dows, https://ssd.eff.org/en/module/how-use-tor-windows#over- lay=en/node/57/ , Accessed on the 9th Februar y 2017

Kino kitegeeza nti omubbi asobola okubba kompyuta ya laaputoopu yo kyokka yo essimu yo bw'aba nga tagibbye, kitegeeza nti tasobola kuggulawo paasiwaadi ya laaputoopu zo okuggyako ng'afunye obubaka ku ssimu ye.

Obuweereza obw'ekika kino bukolebwa ng'okwataganye bulungi n'abo abakozesa enkola eno. Tosobola kubyekoleranga era kyandibadde kya buvunaanyizibwa okukozesa emikutu egibulina.

Emikutu egimu nga Google, gikuwa omukisa okufuna paasiwaadi omulungi gumu. Kino kitegeeza nti oteekeddwa okuwandiika ku kapapula oba okubaako w'ogitereka obatagyerabira kuba ekola omuludi gumu. Kino kitegeeza nti oli ne bw'abba essimu yo oba laaputoopu yo tasobola kugyeyambisa kuba talina paasiwaadi yaayo.

**Okutiiisibwatiisibwa mu ngeri y'okutuusibwako obulabe oba okusibibwa mu kkomera**

Ekisembayo, kimanye nti engeri eri emu yokka ababbi mwe basobola okufunira paasiwaadi yo: Abazigu basobola okukutiisatiisa okuwaayo paasiwaadi yo. Bw'ofuna embeera ng'eno baga engeri gy'ogenda okwongera okukwekamu fayiro eziri ku kompyuta yo eba ewambiddwa oba ng'ekuggyiddwako so si kumala gawaayo paasiwaadi.

Emikutu mingi akaco kano gikuwa enkola y'okuyingira omukutu ng'okozesa kompyuta wamu naddala ng'ogulawo email yo okusoma obubaka. Okumanya ebisingawo ku n kola eno, genda ku mukutu guno: https://www. turnon2fa.com. Osobola n'okweyambisa akawunti zo okuli; Google [78], Yahoo[79], Facebook [81], ne Twitter [81]!

Weetegereze: Ekirala ky'osaanidde okumanya kiri nti okubuzaabuza obujulizi singa oba obuulirizibwako guba musango era n'ebiguvaamu biyinza okukuviirako okuggalirwa naddala singa gavumenti y'eba ewambye laaputoopu yo ng'erina by'eyagala okukubuulirizaako.

78 Google, 2-step verification, https://w w w.google.com/landing/2step/ , Accessed on the 9th 2017
79 Yahoo, Signin, https://login.yahoo.com/account , Ac- cessed on the 9th Februar y 2017
80 Faccebook, Introducing login approvals, https://w w w. facebook.com/notes/facebook-engineering/introducing-login-ap- provals/10150172618258920, Accessed on the 9th Februar y 2017
81 Twitter,Get started with login aprovals, https://blog. t witter.com/2013/getting-star ted-with-login-verification , Accessed, on the 9th Februar y 2017

# ENKUUMA Y'ESSIMU

## Okwerinda okw'Ebitundu Ebitaano mu Mpuliziganya ya tekinologiya w'ekika kya Digito

### EBIZIBU EBYETOOLOOLERA KU SSIMU Z'OMU NGALO

Essimu z'omu ngalo zigonzezza ebyempuliziganya. Ng'oggyeeko okwekubira amasimu ne muwuliziganya mu maloboozi, essimu y'emu ekuyamba okufunira munno ku mikutu emirala egya yintaneeti gamba nga Whats App mw'oyita okuweereza munno obubaka mu bigambo, amaloboozi oba vidiyo.

Eky'obulabe kiri kimu, essimu z'omu ngalo tezassibwako nnyo magezi mangi kutangira bantu balala abalingiriza n'okulondoola by'okolerako era n'ebyokwerinda byazo binafu! Omuntu bw'aba asazeewo akulondoola n'amanya empuliziganya yo n'abantu abalala. Kino kintu kya bulabe nnyo!

Amasimu agasinga tegawa muntu buyambi singa aba alumbiddwa okwefaananyirizaako tekinologiya wa kompyuta ne laaputoopu; kuba kizibu okukyusa tekinologiya w'essimu yo, kizibu okulondoola abo ababa bakulumbaganye, so nga kizibu okuziyiza kkampuni z'empuliziganya gy'okozesa obutakulondoola.

Ebimu ku bizibu ng'ebyo waggulu osobola okubigonjoola ku masimu agamu nga weeyambisa tekinologiya ow'ekyama kyokka amasimu agasinga obungi kino kizibu okukola.

Mu ebyo ebiddako wammanga tukulambululidde ebimu ku bintu ebiyamba abantu abalala okwanguyirwa okulondoola essimu yo.

#### Okulondoola ekifo essimu w'eri

Ekimu ku bintu ebifuula essimu ez'omu ngalo okuba ez'okulabe y'engeri ennyangu gye ziraga ekifo mw'oba osinzidde okuwuliziganya n'omuntu omulala si nsonga oba obudde bwa misana oba kiro! Waliwo emiwaatwa mingi omuntu omulala gy'asobola okuyitamu okulondoola essimu yo.

Fayed akola gwa kulwanirira ddembe lya buntu n'okulaga obwenkanya n'amazima mu nkola y'emirimu. Mikwano gye mingi badduse mu ggwanga lyabwe lwa kutya kuyigganyizibwa Gavumenti.

Ebiseera ebisinga akubira mikwano gye egiri mu buwaŋŋanguse n'okubaweereza obubaka ku ssimu okubategeeza embeera nga bw'eyimiridde mu ggwanga lye baddukamu. Ebiseera ebimu abaweereza emboozi n'obubaka by'atasobola kuweereza abo abali mu ggwanga lye olw'okwewala okulingizibwa.

Kyokka lumu Poliisi yamukwatira mu maka ge n'emuggalira n'atwalibwa ne mu mbuga z'amateeka n'avunaanibwa omusango gw'okuwuliziganya n'abatujju n'ekigendererwa ky'okusuula Gavumenti eriko!

Mu kkoti, obumu ku bujulizi obwalagibwayo ge maloboozi g'amasimu ge yakubiranga banne ebunaayira wamu n'obubaka mu mesegi ng'afokooterera Gavumenti n'engeri gy'eyisaamu abantu.

**Fayed kale singa yamanya bw'oba oweereza obubaka obuli ng'obwo tosaanidde kweyambisa masimu na mesegi kuba byangu okufuna fayiro zaabyo. Singa yamanya, ebyo byonna tebyandimutuuseeko.**

#### Okulondoola omulongooti essimu kw'eyungiddwa


Omukutu gw'empuliziganya gusobola okumanya w'oli buli lw'ossaako essimu yo naddala ng'oli ku mayengo g'empewo. Kino kiri bwe kityo kubanga enkola y'essimu yazimbibwa mu ngeri esikira ku mirongooti.

Engeri kkampuni z'empuliziganya kw'oli gy'esobola okukola kino y'ey'okulondoola emirongooti egyenjawulo essimu yo kw'esikira olwo ne bazuula wooli era kyangu nnyo okukufuna bwe baba baagadde.

Olw'okuba nti Gavumenti y'etwala kkampuni z'empuliziganya kyangu nnyo okuziwaliriza okuwaayo obubaka ne fayiro z'omuntu yenna gwe baba baagadde okunoonyerezaako. Mu 2010, Malte Spitz munnamateeka e Girimaani yeeyambisa etteeka erifuga ebintu ebyekyama n'awaliriza kkampuni y'ebyempuliziganya okumuwa fayiro z'amaloboozi ge gonna ku ssimu ye bw'atyo n'abifulumiza ku mukutu gwe ogwa yintaneeti okulaga engeri kkampuni z'emukutu gy'empuliziganya gye zirondoolamu abantu. (Osobola okubikkula wano n'olaba engeri kkampuni y'essimu gye yalumikangamu emboozi ze n'entabula ze) [82] Gavumenti nayo kyangu nnyo okufuna fayiro z'abantu ab'enjawulo b'eba eyagadde era ssi kipya kuba kikolebwa mu mawanga ag'enjawulo.

Enkola endala gavumenti gy'eyitamu okulondoola okufuna olukusa olulumika essimu z'abantu z'eyokusaba obuyinza ku mulongooti mw'esabira kkampuni y'essimu okuwaayo olukalala lw'amasimu gonna agaakozeseddwa ku mulongooti ogumu wamu n'obudde mwe gaakozeseddwamu. Kino Gavumenti ekikozesa nnyo bw'eba erondoola abantu abeenyigidde mu musango oguba gwazziddwa mu kitundu ekyo gamba nga okwekalakaasa. Eba eyagala kumanya ani yabaddewo mu budde obwo. (Kigambibwa Gavumenti ya Ukraine yeeyambisa enkola eno mu mwaka gwa 2014, okuzuula abantu abenjawulo abeetaba mu kwekalakaasa nga bawakanya enkola za Gavumenti.)

Waliwo ne tekinologiya omulala owa IMSI ebitongole ebikuumaddembe gwe byeyambisa okuketta abantu naddala abazzi b'emisango. Tekinologiya wa IMSI akola mu ngeri baddira ekyuma ne bakissa mu kitundu kye baagala okulondoola ebikolebwayo.




Ebizuuliddwa Malte Spitz ebiragala entambulaze n'essimu ze yakuba. Osobola okubifuna nga bya bbanga lya myezi 6 okuva ku mukutu gwa Zeit ku yintanenti.[83]

Ebyuma bino birina obusobozi okulondoola omuntu yenna gwe byagadde kyokka byo tosobola kubirondoola wadde okukimanyaako nti bikulondoola. Kyokka ebiseera ebimu bw'oggyako tekinologiya wa 2G ku ssimu yo kikuyamba okuwuggula ebyuma bino n'otalondoolwa naye oluusi kiyinza obutasoboka okusinziira ku maanyi ga tekinologiya w'ebyuma bya IMSI.

## Engeri obubaka n'embikkuliro (apps and web browsing) gye biroopa ekifo akozesa ekifo w'ali

Essimu ez'omulembe kati zikuwa enkizo okwesalirawo ekifo mw'oli nga weeyambisa tekinologiya wa GPS. Embikkulizo nazo ziraga ekifo mw'oli ne maapu w'osangibwa.


Ezimu ku mbikkulizo zisukuma obubaka obwo butereevu ku mulongooti gwa kkampuni z'empuliziganya gy'okozesa ne kyanguyiza abantu abalala okukulondoola bwe baba baagadde. (Kkampuni ezikola embikkulizo zino ziyinza okuba ng'ekigendererwa kyabwe si kulondoola mayitire ga bakasitoma baazo wabula okubanguyiza okumanya wa we bali kyokka kizibu okumanya oba ddala tebakulondoola sinakindi okuwaayo ebikukwatako n'amayitire go naddala singa Gavumenti ebassaako akazito okukikola).

82 Zeit Online, Betrayed by your own data, http://www. zeit.de/digital/ datenschutz/2011-03/data-protection-malte-spitz ,Accessed on the 9th Februar y 2017

83 Zeit online, Tell-all telephone, http://www.zeit.de/dat- enschutz/malte-spitz-data-retention , Accessed on the 9th February2017

Kale amasimu g'omulembe tetugaanye gakuyamba okumanya embeera y'obudde mu bitundu ebyenjawulo, okukulaga wooli kyokka okwekuuma obulungi kyabuvunaanyizibwa obutamala gaggulawo buli kika kya mbikkulizo okwewala okulingizibwa.

Emirongooti egirondoola ekifo w'osinzidde okuweereza obubaka tegikoma ku kulaga kifo w'oli, wabula osobola ogugweyambisa okumanya ebyafaayo by'abantu ab'enjawulo n'ebyo bye bakkiririzaamu, gukukwanaganya n'abantu abalala n'okumanya kye baliko. Okugeza osobola okweyambisa enkola eno okuzuula oba ddala abantu b'onoonyerezaako bali mu mukwano, okuzuula abeetabye mu lukiiko lw'embaga oba ani eyeetabye mu kwekalakaasa sinankindi okuzuula ebyama ku mboozi emu ebiba bikukuliddwa munnamawulire.



## Okuggyako essimu

Waliwo okutya nti essimu zisobola okweyambisibwa okulondoola omuntu wadde nga togyeyambisizza kukuba masimu. Olw'okwewala ebiri ng'ebyo, abantu naddala abo abatera okunyumya emboozi ez'ekyama okugeza nga boogera ku mukulembeze omu mu Gavumenti, bakubirizibwa okuggyako essimu sinakindi okuggyamu eryanda nga mumaze okunyumya emboozi ez'ekika ekyo.

Ekigendererwa kya kwewala kulondoolebwa singa baba bakwekengedde. N'olwekyo okuggyako obuggya essimu tekimala wabula n'okuggyamu eryanda lyayo kikulu kuba kisannyalaza emikisa gy'oyo ayagala okulondoola amayitire go. Tekinologiya ow'ekikula ekyo asobola okukuyamba obutalondoolebwa kyokka takola ku buli ssimu era tekimanyiddwa oba ddala oyinza obutalondoolebwa singa oli aba asazeewo!

Okuggyako amasimu kiriko emitawaana! Okugeza abantu mu kitundu ekimu bwe baggyako amasimu omulundi gumu, kkampuni y'empuliziganya esobola okwekengera embeera eno ne kigireetera okuteebereza nti oboolyawo bonna balinnye ennyonyi, oba bali balaba firimu n'ebintu ebirala. Engeri eyandibadde ennyangu y'eya buli omu okuleka essimu ye mu kisenge ekirala okwewala okulondoolebwa.

## OBUKESSI/OBWAMBEGA KU MPULIZIGANYA Y'OKU SSIMU

ESSIMU mu kusooka zaali tezikoleddwa mu ngeri esobola kuyamba bannyinizo butalumikibwa nga baliko bye boogera. Kino kyali kitegeeza nti omuntu omulala yali asobola okuwulira bye bagamba munne ku ssimu.

Kyokka embeera eno ekyuse ensangi zino. Essimu kati zissibwamu obuuma obutangira abantu abalala okuwulira ebiba bizoogerebwako oba okumanya ebiziriko okugeza ebifaananyi n'amaloboozi.

Wadde embeera eri bw'eti, essimu zino tezikoleddwa bulungi kutangira balumika era nga kino olumu kiri bwe kiti olw'akazito gavumenti ke zissa ku makampuni g'amasimu. Noolwekyo mu mawanga agamu osanga essimu nga ziriko tekinologiya atangira okulumika ng'ate mu malala tekuli. Kino kitegeeza nti mu mawanga agamu omuntu asobola okweyambisa tekinologiya wa leediyo okulumika essimu.

Wadde amakampuni g'amasimu galina tekinoligiya atangira okulumika essimu kyokka weekanga mu mawanga agamu takozeseddwa. Kyokka era ab'amakampuni g'amasimu nabo olumu babeera n'obusobozi okulumika n'okuwuliriza ebyogerwa n'ebiwerezebwa ku masimu n'okumanya ani yaweereza ani obubaka n'okwogera naye.

Bino bisobola okuweebwa gavumenti. Kyokka mu mawanga amalala gavumenti zisobola okulumika ebyuma by'amakampuni g'amasimu okufuna bakasitoma baabwe bye boogera.

Abakozesa essimu balina okukyessaamu nti ebintu bye boogera ne bye baweereza bisobola okulumikibwa kuba obukugu bw'okutangira kino tebunnaba kuba bwa waggulu nnyo mu bitundu by'ensi ebisinga obungi.

Kyokka embeera eno esobola okukyuka singa oba weeyambisa egimu ku mikutu egiriko obusobozi okugaana okulumikibwa. Kyokka okutangira okulumikibwa kuno kugenda kukyukakyuka okusinziira ku mukutu gw'ebyempuliziganya gw'okozesa ng'oyogera oba ng'osindika obubaka.

## OKULWAZA ESSIMU EBIWUKA

Essimu zisobola okufuna obuwadde bw'ebiwuka (vayiraasi) singa azikozesa alimbibwa ne yeeyambisa emikutu gy'empuliziganya naddala embikkulizo nga tamanyi nti waliwo eyakikoze mu bugenderevu asobole okulumika essimu.

Era okufaanana ku kukozesa kompyuta, omuntu akozesa essimu basobola okumutega akakodyo ne bamuteerako tekinologiya asobola okuloopa buli ky'ayogera oba ky'aweereza.

Ekyokulabirako tekinologiya ow'ekimpatiira asobola okweyambisibwa okulumika okumanya ebifaananyi oba obubaka obuli ku ssimu y'omuntu. Era kisoboka n'okulondoola kamera oba amaloboozi g'oku ssimu n'okumanya wa agikutte w'ali oba okukyusa essimu n'olemwa okukola emirimu gyayo mu bwesimbu.

Akakodyo kano kabadde keeyambisibwa Gavumenti mu mawanga ag'enjawulo okubega abantu nga yeeyambisa essimu zaabwe ze beegulira.

Kino kireetera abantu abamu okuba ku bunkenke nga batya nti bye boogerera mu bisenge byabwe nga waliwo essimu bisobola okwekwata ku butambi. Kino era kireetera abamu okussa essimu zaabwe ewala naddala nga banyumya emboozi ze baba tebaagala balala kuwulira oba okulumika. Abamu baziggyirako ddala.

Abantu abamu tebakkiriza kuleeta ssimu mu bifo ebimu awasuubirwa nti ziyinza okuloopa ebyama byabwe naddala nga zikwata ku butambi bye baba boogera.

Waliwo n'okutya nti abagezigezi basobola okweyambisa obukugu ne bategа nnannyini ssimu akakodyo n'alowooza nti essimu evuddeko ng'ate ewulira bulungi by'aba ayogera. Kino kireetera abamu okuziggyamu obwanda okukasiza ddala nti zivuddeko.

# ESSIMU EKIKA KYA ‘SEEREZA’: EMBIKKULIRO (APPS) N’EBIKOLEBWA OKUNYWEZA OBUKUUMI BW’ESSIMU

Obumu ku bukodyo obukozesebwa okutangira okubba ebyama by’abantu ku kompyuta busobola okuyamba n’abo abakozesa essimu.

Akamu ku bukodyo buno ka kweyambisa bukugu bwo mu by’essimu okulaba nga tesobola kweyambisibwa kulumika byogerwa oba ebigiriko ng’ebifananyi n’amaloboozi. Abakozesa omukutu gwa Google ku masimu basobola okugweyambisa okutuukiriza kino.

## Obukuumi obusookerwako obw’essimu

Okutangira abalumika essimu osobola okweyambisibwa obumu ku bukodyo buno wammanga;

### Okweyambisa akakodyo k’okusiba olutimbe lw’essimu (screen)

Akakodyo kano kayamba nti omuntu atali nnannyini ssimu ne bw’aba agifunye tasobola kugitinkuula kunoonya bigiriko na bigikwatako.

Osobola okukozesa ekigambo oba ennamba ze weemanyidde wekka oba okukozesa akakodyo ke wemanyidde wekka mu ngeri gy’oyisa olugalo ku ndabirwamu y’essimu mu nkola ey’okuseereza ng’ogisumulula.

Ku ssimu empya osobola n’okweyambisa ekinkumu kyo, oba ffeesi yo okuggulawo essimu. Kyokka eky’okukozesa okuseereza olugalo ku ssimu tekisaanye kwessibwako nnyo mulamwa kuba kisobola okuleka ebizigo ku ndabirwamu y’essimu omuntu ayagala okumanya ebikukwatako n’ayanguyirwa okugiggulawo.

Era osobola okweyambisa akakodyo k’okufuna ekiseera ekigere ky’omala nga tokutte ku ssimu ne yeesiba yokka ng’okugisumulula gwe wekka alina okukikola.

Kyokka wadde enkola y’okusiba endabirwamu y’essimu eyamba okutangira abantu abatali bannaannyini yo okumanya ebigiriko, kirungi ne weeyambisa n’obukodyo obulala okwongera okukuuma ebyama byo.

### Essimu yo gikuume nga nnamu bulungi

Osobola okweyambisa essimu yo okufuna enkola endala ez’omulembe ezisobola okweyambisibwa okusiba essimu yo b’otoyagala kumanya biriko ne balemwa okubimanya.

Osobola n’okwemanyiiza okutankuula pulogulaamu/embikkulizo eziri mu ssimu yo okumanya amakubo amalala mw’oyinza okuyita okugisiba n’okutangira abaagala okulumika ebiriko obutatuukiriza bigendererwa byabwe.

Kyokka ebika by’essimu ebimu naddala ebiriko tekinologiya wa Android biremererwa mangu okuweereza enkola ey’omulembe esobola okweyambisibwa okutangira abalumika era ng’engeri y’okwewalamu okulumika essimu yo ya kugula kika kya ssimu kipya.

### Toteekako mbikkuliro (Apps) okuva awantu awatali watongole

Embikkuliro z’oku yintaneeti (Apps) zisobola okubaamu ebinamba ebibba data oba fayiro zo okuva ku ssimu yo. Wadde ng’ezimu zikkirizibwa ku ntimbe kwe ziwanulwa nga Google Play store oba the Apple App store, olina okwekomako n’owanula awo wokka awatongole aweekakasibwa gamba nga ku lutimbe lwa Amazon Store, Samsung Store, ne F-Droid.85 Entimbe ezitali ntongole era eziteekakasibwa ziyinza okukuyamba okuwanula embikkuliro (apps) ku bwereere wadde ng’awalala zitundibwa, naye jjukira oyinza okukisasulira okuyita mu kusaasaanya ennyo ssente mu kuggyako ebiwuka ku ssimu yo oba okubulwa fayiro (data) zo.

Mu ngeri y’emu, kya makulu okumanya embikkuliro ezaateekebwa ku ssimu yo n’osobola okuggyako ezo z’otomanyi oba z’oteekakasa buvo bwazo. Kino kikuyamba okutereeza emisinde essimu yo kw’eddukira era ne kikutaasa mu kukuuma ebyama byo n’okukendeeza ku mbikkuliro z’olina okuzzanga obuggya buli kiseera.

### Ggyako pulogulaamu ya ‘bluetooth’ esobozesa omuntu omulala okulaba ebiri mu ssimu yo ng’asinziira ku ssimu endala egiriraanye

Okusinziira ku nkola y’essimu yo, enkola ya ‘Bluetooth’ (ekusobozesa okugabana obutereevu ebiri mu ssimu yo n’ensala egiriraanye) eba ya kugabana bugabanyi fayiro ebbanga lyonna.

Kino kiteeka essimu yo mu bulabe kuba omuntu amanya ebiri mu ssimu yo. Kyokka essimu ezimu kino oba olina kukissaako bussa n'ogiragira ekikole era okakase essimu endala gy'ogabana nayo mu kabanga akatono ng'oteekamu ennamba (code).

## Enkuuma ya fayiro (data) eziri ku ssimu yo

Essimu enkola empya eza 'seereza' (smartphones) zikusobozesa okusiba fayiro zo mu bujjuvu ku mutwe gwazo awamu. Genda mu kibanja ekyogera ku nkuuma y'essimu yo okulaba oba kino kisoboka. Jjukira nti awatali kukisa/kusiba biri ku ssimu yo, omulabe asobola okusumulula paasiwaadi gye wateekamu eggula olutimbe lwayo ng'asomye ebiri ku tterekero ly'essimu bw'aba akozesa pulogulaamu ezeekikugu ennyo.

Ng'osibye ebiri ku tterekero ly'essimu yo, paasiwaadi eggula olutimbe lw'essimu efuuka engeri yokka ey'okukebera ebirimu. Essimu yo eyinza okuba erina obusobozi obulala obulemesa omulabe era n'eggalawo bw'aba anyize emirundi egitali gimu nga bigaana mu kugezaako okugiggula. Oyinza n'okugitegeka mu ngeri nti esiimuula ebiri ku tterekero oluvannyuma lw'omuntu okugezaako okugiggulawo emirundi egiwera nga bigaana.

Essimu yo bw'eba teriiko w'osobola kusibira tterekero lyayo ery'omunda, osobola okusiba data (fayiro) eziriko ng'okozesa embikkuliro (apps) gamba ng'okozesa pulogulaamu ya Silence86 (esiba mesegi ekika kya SMS) ne CameraV87 (esiba ebifaananyi ssimu).

## Enkuuma ya fayiro (data) ezitambulira ku mikutu gya yintaneeti

Essimu y'emu ku ngeri ezikozesebwa okuwuliziganya, naye nga bwe kyogeddwaako waggulu, essimu ezikubwa n'obubaka bwa mesegi (SMS) bisobola okuyingirirwa. Awo nno, kozesa embikkuliro (apps) ku ssimu yo okusobola okuwuliziganya n'abalala. Wadde nga Skype ne Facebook Messenger zisobola okukuuma obubaka bw'owaanyisiganya n'abalala obutagwibwamu balabe, messegi era zisobola okuterekebwa era ne zisomebwa ku bibanja byokka eby'abavunaanyizibwa mu kugaba emikutu egyo. Pulogulaamu eziyambako mu kwekuuma kuliko Signal by Open Whisper Systems88 (ey'essimu za Android neiPhone) ng'osobola okukuuma essimu zo z'okuba ne mmesegi z'oku yintaneeti.

Okusobola okukuuma byonna by'oyisa ku yintaneeti n'okukweka ekifo mw'oli oba ebikukwatako ab'entimbe za yintaneeti baleme kubirala, osobola okukozesa enkola ya VPN ku ssimu yo eya 'seereza'. Psiphon[89] ye pulogulaamu ya VPN esinga okukozesebwa eyakolerwa abalwanirizi b'ensonga ez'enjawulo abaagala okukuuma ebintu byabwe bye bayisa ku yintaneeti. Ekika ekirala ye Betternet.[90] Embikkuliro ya Opera nayo egaba VPN ku ssimu za Android ne iPhones.[91] ku bwereereo. Oyinza n'okusasulira VPN ekuwa emisinde gya yintaneeti emingiko.

Pulogulaamu ya 'Tor' ekusobozesa okukweka ekifo mw'oli gw'owuliziganya naye aleme kukitegeera nayo ekola nga VPN. Eno efunika ku ssimu yo ey'ekika kya 'seereza' ng'ogiwanula ku mbikkuliro (apps) bbiri eziyitibwa Orbot[92] ne Orweb.[93]

84 Aftenposten, Sources: We were pressured to weaken the mobile security in the 80's, http://w w w.aftenposten.no/verden/Sources-We-were-pressured-to-weaken-the-mobile-security-in-the-80s-98459b.html , Accessed on the 09th Januar y.2014.

85 F-Droid is an alternative app market which only hosts free and open source apps. Learn more and download the market app at w w w.f-droid.org , Accessed on the 9th Februar y 2017

86 Silence, Need some privacy, https://silence.im/ , Ac- cessed on the 9th Februar y 2017

87 Google, CameraV: secure visual proof, https://play. google.com/store/apps/details?id=org.witness.informacam.app , Accessed on the 9th Februar y 2017

88 Open whisper systems, https://whispersystems.org/ , Accessed on the 9th February 2017

## Okukuuma akawunti z'emikutu egikozesebwa mu kuwuliziganya

Essimu ey'omu ngalo esobola okukuuma akawunti zo ne zitayingirwamu. Osobola okuteekamu enkola za mirundi ebiri ezeetaagisa bw'oba wa kugiggula, era wano oba ofuna obubaka obukutegeeza nga waliwo omuntu aggudde akawunti ezo ng'akozesa essimu oba ekintu ekirala. Wano omulabe ne bw'abba paasiwaadi yo, ajja kuba tasobola kuggula ssimu ne paasiwaadi ey'omulundi ogumu. Bw'oba otambula nnyo era ng'omanyi togenda kubeera nga weeyunze ku mukutu gy'ovudde ku butaka bwo mu nkola ya Roaming, osobola okuteekamu pulogulaamu emanyiddwa nga Authenticator App. Google Authenticator weeri ku ssimu ekika kya Android94 n'eza iOS.95 Pulogulaamu eno ejja kukuwa nnamba wonna w'oli mu nsi era tolina kuba nga weeyunze ku yintaneeti okusobola okukola.

Electronic Frontier Foundation's Secure Messaging Scorecard.[96] ya mugaso mu kukuyamba okumanya oba pulogulaamu za mesegi mu ssimu yo ziriko engeri gye zisobola okukuumibwa n'okusigala nga za kyama.

Facebook ekusobozesa okufuna nnamba z'ogisibisa mu mbikkuliro (app) yaayo yennyini.

**Obukuumi obulala mu nkozesa y'essimu**
Okwongereza ku nsonga z'okwerinda n'obukuumi ezoogeddwaako waggulu, essimu yo esobola okukuyamba okukola emirimu gyo obulungi ng'ate tewali akuyingirira. Wansi z'embikkuliro/pulogulaamu (apps) ez'omugaso ku nsonga zino:

**Panic Button**[97] eno pulogulaamu esobola okussibwako okuyita mu kunyiga emirundi egiwerako eppeesa erissaako n'okuggyako essimu yo. Nga eteereddwaako, ejja kuweereza obubaka bwa SMS ku nnamba ze wateekamu okumanya ekifo ky'olimu. Eyamba okuzuula omuntu ekifo ky'alimu era esangibwa ku ssimu ekika kya Android.

**CameraV**[98] ekola ku bifaananyi ne vidiyo kw'osobola okulabira ekifo omuntu akozesa essimu we yakubira ebifaananyi ebyo oba okukwata vidiyo ezo mu kukozesa yintaneeti ekika kya wifi oba enkola ya bluetooth ne celltown data, okufuna obujulizi obutabuusibwabuusibwa. Ekozesebwa okuzuula oba ebifaananyi ebikubiddwa n'essimu ne vidiyo ezikwatiddwa n'essimu oba bituufu oba nedda gamba nga mu kkooti z'amateeka. Eri ku ssimu ekika kya Android.

**Mobile Martus**[99] eno ekuŋŋaanya 'data' n'eyunga ku tterekero ggaggadde erimanyiddwa nga Martus.[100] Esobozesa omukozesa okuweereza by'azudde mu kifo gy'akolera mu ngeri eteyingiriddwa. By'aweerezza bigenda mu pulojekiti ekola ng'ebikuŋŋaanyiza awamu olwo alipoota gy'aweerezza n'esangulwa mbagirawo ku ssimu baleme kumukwata nayo. Efunika ku ssimu ekika kya Android.

**Umbrella**[101] eno ekozesebwa ku bwereere ku ssimu ekika kya Android. Eriko emiramwa egy'okuyiga mingi ku nkozesa y'ebintu bya digito, ssaako obukuumi mu nkola y'emirimu n'ey'ekitongole mu ngeri ennyangu okutegeera. Erimu by'osobola okukebera ku nkalala ez'omugaso bw'oba oteekateeka n'okussa mu nkola entegeka z'okwekuumisa n'okwerinda. Soma ebisingawo okuva ku mutimbagano gwa Security First.[102]

89 Psiphon, keeping the web world wide, https://psiphon.ca , Accessed on the 9th February 2017
90 Betternet, Online security and privacy for all devices and platforms, https://w w w.betternet.co/ , Accessed on the 9th February 2017
91 Opera, Unblock the web for free, https://w w w.opera. com/apps/vpn , Accessed on the 9th February 2017
92 Guardian Project, Orbot, Tor for Android https://guard- ianproject.info/apps/orbot/ , Accessed on the 9th February 2017
93 Guardian Project, Orbot, Tor for Android https://guard- ianproject.info/apps/orbot/ , Accessed on the 9th February 2017
94 Google, Play, Google authenticator, https://play.google. com/store/apps/details?id=com.google.android.apps.authentica- tor2&hl=en , Accessed on the 9th February 2017
95 https://itunes.apple.com/en/app/google-authenticator/id388497605?mt=8
96 Electronic Frontier Foundation, Secure messaging scorecard https://w w w.eff.org/secure-mes- saging-scorecard , Accessed on the 9th February 2017
97 Panic Button, Turns your mobile into a secret alarm, https://panicbutton.io/, Accessed on the 9th February 2017
8 Google play, CameraV secure visual proof https://play.google.com/store/apps/details?id=org. witness.informacam.app&hl=en , Accessed on the 9th February 2017
99 Google play, Mobile Martus, https://play.google.com/store/apps/details?id=org.martus. android&hl=en , Accessed on the 9th February 2017
100 Martus,Information is power, https://w w w.martus.org/ , Accessed on the 9th February 2017
101 Google play, Umbrella security made easy https://play.google.com/store/apps/details?id=org.secfirst.umbrella , Accessed on the 9th February 2017
102 https://secfirst.org/

# EBIWANDIIKO EBIRALA EBY'OKUJULIZAAKO

Ekitabo kino ntandikwa butandikwa. Soma ku biwandiiko ebirala ebinnyonnyola ku nsonga ezoogeddwako okuva awalala awalagiddwa wammanga:

- **Security in a Box**[103] - Tactics chapters and step-by-step guides on how to use many of the softwares discussed in this booklet. See also their Community Guides for African Environmental Rights Defenders[104] and Sexual Minorities.[105]
- **Surveillance Self-Defense**[106] - Chapters on protection against surveillance and how-to guides on software.
- **Digital First Aid Kit**[107] - A how-to guide to responding to various types of digital attacks.
- **SaferJourno**[108] - Digital security training manual specifically for teaching journalists.
- **Level-Up**[109] - Digital security training curriculum for trainers
- **SAFETAG**[110] - Digital security auditing framework for security professionals
- **VirusTotal**[111] - Scan file or URL link for malware
- **The Digital First Aid Kit**[112] - Digital Defenders Partnership
- **Umbrella**[113] is a free self-guided learning app available for Android.

103 Security in a box, Digital security tools and tactics, https://securityinabox.org/en , Accessed on the 9th 2017
104 Security in a box, Tools and tactics for environmental rights defenders in Sub-Saharan Africa https://securityinabox.org/en/eco-rights-africa , Accessed on the 9th Februar y 2017
105 Security in a box,Tools and tactics for the LGBTI community in Sub-Saharan Africa https://securityinabox.org/en/lgbti-africa , Accessed on the 9th Februar y 2017
106 Electronic Frontier Foundation, Sur veillance self defense, https://ssd.eff.org/ , Accessed on the 9th Februar y 2017
107 Digital Defenders Par tnership,The digital first aid kit, https://w w w.digitaldefenders.org/digitalfirstaid/ , Accessed on the 9th Februar y 2017
108 SaferJourno, Digital security resources for media trainers, https://saferjourno.internews.org/ , Accessed on the 9th Februar y 2017
109 LevelUp, Resources for the global digital safety training community, https://w w w.level-up.cc/ , Accessed on the 9th Februar y 2017
110 Safetag, A security audit frame work,Project of Internew, https://safetag.org/ , Accessed on the 9th 2017
111 Virus total, Analyzes suspicious files and URLs, https://w w w.virustotal.com/ , Accessed on the 9th Februar y 2017
112 Digital Defenders Par tnership,The digital first aid kit, https://w w w.digitaldefenders.org/digitalfirstaid/, Accessed on the 9th Februar y 2017
113 Google play, Umbrella securit y made easy https://play.google.com/store/apps/details?id=org.secfirst.umbrella , Accessed on the 9th Februar y 2017

DefendDefenders (LwaniriraAbalwanirizi) (pulojekiti eyindira mu Buvanjuba bwa Afirika n'ekitundu ekyetondese obuyembe mu buvanjuba bwa Afirika (Horn of Africa) ng'egenderera kulwanirira ddembe ly'Abalwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu). Pulojekiti eno egenderera okunyweza n'okuteeka amaanyi mu mulimu gw'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu mu kitundu kya Afirika kino mw'eyindira. Kino kikolebwa okuyita mu kukendeeza ku miwaatwa egibaviirako okwesanga mu matigga n'okutuusibwako obulabe ng'okutulugunyizibwa n'okwongera ku busobozi bwabwe mu kulwanirira obululungi eddembe ly'obuntu.

DefendDefenders ly'eggwandiikiro okutudde ekitongole kya EHAHRD-Net, omuli ebitongole 75 ebirwanirira eddembe ly'obuntu mu mawanga 11 mu kitundu ky'Obuvanjuba ne Horn of Africa. Amawanga gano mwe muli; Burundi, Djibouti, Eritrea, Ethiopia, Rwanda, Somalia (ng'eri wamu ne Somaliland), South Sudan, Tanzania ne Uganda.

www.defenddefenders.org
+256 393 265 820
info@defenddefenders.org
@ehartrdp
/ defenddefenders